# *Lwaki Tetuli Kibiina Kya Ddiini?*

Ndi wa mukisa okukomawo ku kituuti wano nate, oluvannyuma lw'ebbanga, ndowooza, nga lya myezi esatu nga ssiriiwo. Bukaamuje bubadde n'ekiseera ekizibu ddala, era nange bwentyo. Ha, naye, mpulira nga mpummuddemu, kati, era kikuleetera okuwulira nga oyagala okuddamu okwenyigira mu buweereza nate. Era kati nsuubira okutandika mu wiiki eno ejja, ekiro ky'Olw'okusatu luno olujja, o—okuba n'olukuŋŋaana olw'okudda obuggya wano wennyini mu kkuŋŋaaniro. Era Katonda bw'anaaba ayagadde, nninamukko . . . Mukama yansuubizza obuweereza obw'enjawulo era obuggya. Era bw'Anaaba asiimye okukola atyo, o—obuweereza obw'ekika ekyo nsuubira okubutandika wiiki eno ejja, nga ntandikira wano mu kkuŋŋaaniro, okusookera ddala.

2 Ate ekirala, ssirinaayo nkuŋŋaana zonna ze nteekateeka kuba nazo, okuggyako mu Australia ne New Zealand, mu mwezi gwa Janwali guno ogujja. Ow'oluganda Osborn naye asaba okuba n'olukuŋŋaana olw'awamu lwe nnali nnamusuubiza emabegako, mu Tulsa, naye nga lwakubaawo oluvannyuma, naye olwo tetunnalukakasa.

3 Eky'amazima kyabadde kirungi, Ow'oluganda Jeffreys, okukukwatako mu ngalo emabega wali, n'okuwulira mutabani wo nga ayimba oluyimba olwo, nga naawe bw'okuba ekivuga. Nkyagala nnyo ekyo, taata n'omutabani. Mmwe temukyagala? “Omwana mukulize mu kkubo ly'asaanidde okutambuliramu.” Bwe kiri, Mw. Guenther, mmwe—mmwe mukimanyi nti kituufu, mwembi. “Omwana mukulize mu kkubo ly'asaanidde okutambuliramu, ne bw'aliba akaddiye talirivaamu.” Era ekyo kituufu. Wayinza okubaawo ekiseera ye w'ayinza okulivaamu, naye lyo teririmuvaamu. Mukiraba? Lubeerera li—lijja kumusigalamu. Okuyigirizibwa okwo okw'omu buto na buli kimu kye yayigirizibwa okukola, amazima bijja—bijja kumusigalamu. Kati, kino ki . . .

4 Nsisinkanye Ow'oluganda Jeffreys ebweru wali, ne ŋŋamba nti, “Ow'oluganda Jeffreys . . .” Ndowoozezzaamu muli, omanyi, bulijjo nsanyuka okulaba ku baganda bange ababeera bazze okutukyalira, naye ow'oluganda okujja okutukyalira akawungeezi nga kano! Akawungeezi nga kano katera kubeera k'abo abasabira wano mu kkuŋŋaaniro, okujja wano nga enkuŋŋaana ez'okudda obuggya tezinnatandika. Kano ke kawungeezi . . . Twagala tukozese akawungeezi ka leero,

n'olw'enkya ku makya, n'akawungeezi k'enkya, twogere ku bye tukkiriza wano mu kkuŋŋaaniro, o—okubyejjukanya nate. Tulina ezimu ku nzikiriza ezitasangika, eziwuniikiriza ennyo nnyini, naye mu ngeri emu oba endala tuzisanga mu Bayibuli eno. Zirabika nga mweziri.

5 Kale kati, bwe waba waliwo ow'oluganda oba mwannyinaffe nga mugenyi, alina ekibiina ky'eddiini mw'ava, oba—oba atakkiriziganya naffe, nga atudde wano okuwuliriza bino akawungeezi kano, twagala otegeere nti oyanirizibwa n'essanyu. Okiraba, oyanirizibwa n'essanyu lingi ddala. Naye kati nsuubira. . .Kino tutera okukimyumyulira ddala. Kale ssinga kirabika nga ky'otakkiriziganya nakyo, kati, awo, ggwe kola nga bwe nkola bwemba ndya ppaayi ey'ensaali. Bwemba ndya ppaayi ey'ensaali, nga eyo y'esinga okumpoomera, bulijjo, bwemba. . .Bwemba ndya ppaayi, ne nnuma akasigo, ppaayi yonna ssigisuula eri. Nsu—nsuula busuuzi kasigo eri ne ŋŋenda mu maaso na kweriira ppaayi. Kale, oba kiringa bw'obeera olya enkoko. Kati, mwenna muwoomerwa enkoko, olaba. Naye bw'oluma eggumba, tolekera awo kulya, wabula eggumba olyebalama bwebalami n'ogenda mu maaso na kweriira nkoko. Kati, bw'otyo bw'obeera okola akawungeezi kano, bye njogera, ggwe. . .bw'obaako ne ky'owulira, gamba bugambi nti, "Kati, ssi—ssi. . .wano ntuddewo butuuzi, nga bwe bayigiriza ku Njigiriza entonotono ez'ekkanisa, mu nkuŋŋaana zino essatu eziddako. Bali mu kwejjukanyamu bwejjukanya ku bye—bye bakkiriza, na kubiyitaayitamu."

6 Ate kyenkana engeri yokka gy'oyinza okuleeteramu omuntu okuzikkiriza Ezo, kwe kuzikkaatiririza ddala n'amaanyi okutuusa lw'akitegeerera ddala nti Ebyo by'ebintu ebituufu. Eyo y'engeri yokka gy'oyinza okukinnyikiza. Kiringa mukwano gwange, Mw. Wood gwe mbaddenga naye bwe yagamba nti; ssinga omala gakomerera musumaali ne gutaggwerayo, olubaawo ne lusigala nga lwonna lulagaya, embuyaga ebeera ejja kulusuula wansi mu kaseera mpa we kaaga. Naye oteekwa okugukomerera ne gubulirayo, lwonna ne lunywera wamu. Kale bwe nnaatuuka ne nkambuwala ku bimu ku bintu bino, n'eri mmwe abagenyi abatudde wano akawungeezi kano, nna—nnaaba ssigezaako kubasammula eri. Wabula nja kuba ngezaako kukkaatiriza bukkaatiriza kye tukkiriza eri ekkanisa eno. Mwenna ekyo abakitegedde obulungi, mugambe nti, "Amiina." [Ekibiina kigamba nti, "Amiina."—Omuk.] Kale. Ekyo—ekyo kirungi. Kale kati ekyo temukinvunaana. Nate—nate n'ekirala. . .Bino babikwata ku ntambi z'amaloboozi, n'ebirala, kibeere nti oluvannyuma, ssinga baliba beetaaze okumanya kiki ddala kye tukkiririzaamu, na musingi kika ki kwe tuyimiridde, entambi ezo ziriba zisobola okukitegeeza. N'ekirala kino tukikola buli luvannyuma lwa kiseera, kubanga wabeerawo abantu abapya abajja ne—ne tweyongera mu maaso.

Kati tetujja kusobola kukwata ku Njigiriza zonna ez'ekkanisa, naye waliwo ezimu ku zo ze twagala o—okuba nga twogerako. Kale kati, ku Lw'okusatu akawungeezi, lwo, lutandika . . .

7 Kati, ku Mmande n'Olw'okubiri, nja kubaako gye ŋŋenda, okusaba, okusobola okwetegekera olukuŋŋaana olw'okuwonyezebwa. Musobola n'okukuba amasimu, oba kyonna kye mwagala okukola, ne muyita abantu bonna be mwagala okuyita, okujja mu kudda obuggya kuno kwe tugenda okuba nakwo. Ate mubagamba obutajja nga bapapa, si bya kujja, nga bagamba nti, "Kale, kati nja kugendayo nsabirwe, akawungeezi ka leero. Awo akawungeezi k'enkya, bibe nga . . . " Tokola otyo. Jangu otuule owulirize okumala akabanga, kubanga twagala tutwale obudde bwaffe Ekigambo ekyo tukirambulurire ddala bulungi okutuusa ssetaani lw'anaabulwa n'akaagaanya we yeekyusiza. Era bw'onooganya okukkiriza kwo okweta ne kwemalayo, okutuusa lw'onaatandika muli okukkiriza, n'oganya entegeera y'omutima gwo okukola, awo okukkiriza kwa Katonda kuba kujja kunyweza okukwo. Olwo ofulume nga oteredde. Okiraba?

Kubanga, okukkiriza kwo nga ggwe tekulina kya maanyi kye kujja kukola. Entegeera y'omutima gwo erina okugenda okukkiriza kwo gye kulaga, olwo okukkiriza kwa Katonda ne kugoberera ne kubinyweza byonna. Okiraba? Naye, okukkiriza kwo bwe kuba kugamba nti, "Ha, weewaawo, kati nkirina!" Nga ate entegeera y'omutima gwo yo, enkasi egikuba ekuzza mabega, nga bw'egamba nti, "Ssimanyi oba ku nze kinaakola." Awo ddala, kuba tekujja kukola. Mukiraba? Kale nno luno twagala lubeere lukuŋŋaana lwennyini olw'okuwonyezebwa. Era nga ssinnabaako muntu yenna gwe nsisinkana mu woofiisi, n'ebirala byonna, olw'okuwonyezebwa, manya olw'enkuŋŋaana zino empya, njagala bategeerere ddala kiki ekiba kibaleeseeyo. Kale mujjukire, mujje mutukyalireko, era tunaasanyuka okubalaba.

8 Kati mujjukire, kati, enkya ku makya, tugenda kweyongera mu maaso n'Enjigiriza y'ekkanisa. N'akawungeezi k'enkya bwetutyo. Kati mwanirizibwa okujja, era buli muntu asobola okujja. Buli omu tumusanyukira bulijjo. Naye kati, kino, eky'akawungeezi kano, kigenda eri ba mu nju eri abantu b'omu kkuŋŋaaniro wano, abo—abo abakulidde mu Njigiriza eno. Kubanga, bwe tugenda ebweru, mu njiri ey'ebweru, twogera bwogezi ku Njigiriza za Byawandiikibwa, ziri ddala ezisookerwako. Naye wano mu kkuŋŋaaniro, tulina ebyaffe bye tulowooza ne bye tukkiriza, nga e—nga e—nga ekkanisa, era ebyo bye tugenda okwogerako, akawungeezi kano.

9 Kati nga tetunnabikkula Kigambo Kye eky'omukisa, tuyinza okukoteka ku mitwe gyaffe okumala akaseera ne tusaba?

10 Katonda ayinza byonna era ow'amaanyi, Ggwe, ensi

bwe yali tennatandika kwetooloolera ku kaweke akasirikitu akaasooka, Wali Katonda. Tokyukangako n'akatono. Era ne bwe waliba tewakyaliwo buweke obwo obusirikitu kugiwanirira, nga tewakyali na nsi ya kuwanirirwa, olisigala Oli Katonda. Oli wa mirembe na mirembe, era okuva emirembe n'emirembe. Ggwe Katonda. Tolina lunaku lwe watandikirako, newankubadde enkomerero y'obulamu. Olibaawo lubeerera. Era, Kitaffe, nga bw'Otaliiko kkomo, nga ate ffe tuliko ekkomo, kye tuva tusaba okusaasira Kwo Okutukuvu, ai Katonda, nga tukitegeera nti omwoyo gwaffe guno gwa kuyingira mu Butaggwaawo, okuva mu mbeera eno ey'ebiseera, okuyingira mu Butaggwaawo. N'olwekyo, Mukama, tuli wano okwekebejja obulokozi bwaffe, okulaba bwe tuyimiridde mu maaso g'Ekigambo Kyo, n'okulaba bwe tuyimiridde mu bintu ebiba bitutuuseeko. Tutambulira mu ebyo ebikusanyusa? Emyoyo gyaffe gikwatagana n'Omwoyo Gwo? Era enjigiriza yaffe ekwatagana ne Bayibuli eno? Era, Kitaffe, leka byombi tubyekkaanye, nkaliriza, mu nkuŋŋaana zino essatu ezijja. Kituwe, Mukama.

11 Wa omukisa omusumba wa wano, abadiikoni, abayima, n'ekisibo kyonna, abantu bonna abasabira mu kkanisa eno. Ennaku zonna ze mmaze wano, Mukama, waliwo bangi, bangi be ssimanyi na kumanya mannya gaabwe, wadde gye bava, naye nkakasa nti Omanyi byonna ebibakwatako. Era tuli wano lwa kigendererwa kimu kyokka ekyo, akawungeezi kano, Mukama, kwe kussa ekimu ku Kigambo ekiwandiike. Era tuwe Omwoyo Omutukuvu mu bulamu bwaffe, tutuule ntende, nga tutegeera bulungi, era mu kutya Katonda, twekebejje obulamu bwaffe okusinziira ku Kigambo Kye. Kituwe, Mukama.

12 Era mu kizimbe kino, akawungeezi kano, Mukama, mulimu baganda bange ab'ebiti eby'enjawulo eby'e—eby'ekkanisa. Era, Mukama, nkikwebaliza okuba nti bali wano okussa ekimu. Oba oli awo tuyinza obutakkiriziganya ku nnono entonotono ez'Enjigiriza. Naye mu nnono eyo esinga obukulu ey'ensonga, tuyimiridde wamu mu bumu nga ab'oluganda abeegasse. Ekyo, Ai Katonda, leka kinyweze enkolagana za—zaffe, ne . . . era ebisiba eby'ekisa kya Katonda n'okwagala bitukkeko mu bungi. Kaakano, nga tukitegeera, Mukama, nti guno mulimu munene nnyo omuntu obuntu okugukola, kubanga kye tutunuulidde wano, akawungeezi kano, ye wa emmeeme ezo ez'okugenda mu Butaggwaawo gye zikomekkerereza. Kye tuva tusaba nti Omwoyo Omutukuvu ayingire butereevu mu Kigambo, akirambulule era akinnyonnyole mu ngeri Ye, gye tuli, ebintu by'Ayagala tutegeere. Kituwe, Mukama. Era essatu . . . enkuŋŋaana zino bwe zinaaba ziwedde, tusaba tugende nga tuli ekkanisa ezziddwaamu amaanyi, nga tugattiddwa wamu, okusobola okugatta emitima gyaffe n'ebigendererwa byaffe byonna wamu, ne batuuze bannaffe ab'Obwakabaka bwa Katonda, tweyongere mu maaso nga bwe kitabangawo.

13 Njagala okukwebaza, Mukama, wano mu maaso g'ekkanisa n'a—n'abantu abali wano, olw'okumpa wiiki eziwerako ez'okuwummula okulungi. Mpulirira ddala bulungi akawungeezi kano olw'Okubeerawo Kwo n'emikisa Gyo. Ai Katonda, tusabira ow'oluganda wano, ow'oluganda agenda emitala w'amayanja, munda eyo mu mawanga ago, agakuttemu ekizikiza, obulamu bwe gye bugenda okubeerera mu matigga. Ai Mukama, wa omukisa muganda waffe Jeffreys nga bw'agenda, ne mutabani we, ne mukyala we, era omuwe amakungula ag'amaanyi. Leka awaguze okuyita mu kizikiza okutuusa Ekitangaala ky'Enjiri lwe kinaayaka okumpi n'ewala. Tuwulire, Kitaffe, kubanga okwegayirira kuno tukusabye mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, Omwana Wo. Amiina.

14 Kati, akawungeezi kano, nga nsoma okuva mu ka Bayibuli kange aka Scofield. Nnaakasussa emyaka abiri mu etaano, gye buvuddeko. Naye nkyasobola okukasoma, wabula amaaso geeyongera okuyimbaala. Kale nnafunyeeyo gaalubindi ezisoma bwe mba nsoma, era akawungeezi kano ŋŋenda kulaba bwe zikola, omulundi gwange ogusookera ddala.

Kati nnina eby'okuyigako, nga kino, nti, "Ekkanisa eteekwa . . ." Ha, bintu bingi, ssinga tusobola okubikwatako. Ekimu ku byo nti, "Lwaki tuyitibwa Kkanisa? Lwaki tetuli kibiina kya ddiini? Lwaki—lwaki tukkiririza mu bukuumi obw'Obutaggwaawo obw'emmeeme y'omukkiriza? Lwaki tunenya abakazi ababuulizi? Lwaki tubatiza tunnyika? N'ekigamba nti Ekkanisa eriyita mu Kibonyoobonyo?" N'eby'okuyigako bingi bye nnina wano, ndowooza mpeza nga kkumi na bitaano oba kkumi na munaana, eby'okwogerako mu biro ebitonotono ebijja.

15 Kale ndowozaamu, akawungeezi kano, okusookera ku, okutandika ne, kirabika nga Mukama atadde ku mutima gwange eky'okuyigako kino, ekya . . . *Lwaki Tetuli Kibiina Kya Ddiini?* Ensonga lwaki . . . Kati, tetulina mutawaana gwonna na bantu balala bali kibiina kya ddiini. Tetubalinaako mutawaana gwonna, naye njagala kunnyonnyola lwaki tetwegatta ku kibiina kya ddiini kyonna. Nnayawulibwa mu buweereza mu kkanisa y'Ababaputisiti, nga bwe mumanyi. Ate Obubaputisiti si kibiina kya ddiini, tebwali kibiina kya ddini, okutuusa jjuuzi, era kati nabwo bufuukidde ddala kibiina kya ddiini nga ebirala byonna. Naye, ensonga lwaki tetwafuuka kibiina kya ddiini . . .

16 Kati, tuli kibiina. Tuli kibiina, ekyawandiisibwa wano mu—mu kkooti, nga ekibiina, ekibinja ky'abantu abeegatta awamu okusinza Kristo, wabula tetuli kibiina kya ddiini. Tewali muntu agenda kutubaako na buyinza bwa nkomeredde, mukiraba. Si kibiina kya ddiini. Wabula ki—kibiina bubiina, nkolagana ey'awamu ey'okussa ekimu kw'abakkiriza Abakristaayo. Abantu bajja wano ku kkanisa. Era eno n'efuuka ekkanisa

yaabwe gye bayita ekkanisa mwe basabira bwe babeera baagadde okujja, kasita babeera abalamu.

17 Era ba ddembe okujja wano ne batakkiriziganya na buli kimu kye tubuulira. Ekyo tekirina kabi konna. Osigala, kasita obeera nga oli Mukristaayo, nga otabagana, era okolagana bulungi n'abalala bonna. Okiraba? Ssinga ŋŋamba nti nzikiririza mu kubatiza nga onnyika mu mazzi, nga ate ggwe okkiririza mu kumansira bumansizi, n'onywerera ku ekyo, tujja kusigala kye kimu nga gy'oli nti tukkiriziganya. Tuyinza okuba nga tetulaba kye kimu, ddala. Naye kasita obeera nga oli waaluganda Omukristaayo oba mwannyinaffe, oyanirizibwa n'essanyu, olaba, buli muntu yenna.

18 N'olw'ekyo tetulina kibiina kya ddiini kyonna, kubanga ndowooza nti ekibiina ky'eddiini kyawulayawula obwa sseruganda. Abamu ku bo bajja kugamba nti, "Ffe, olwo olukuŋŋaana telutukwatako. Olwo lukuŋŋaana lwa Bamesodisiti." "Ndaba, abo Babapusiti. Tetulina. . . Ffe tuli Bamesodisiti. Ffe ebyo tebitukwatako." Ow'oluganda, kasita Kristo aba nga abirimu, biba—biba bitukwatirako ddala. Tuba tulina okuteekamu. . . Guba—guba Mubiri gwa Kristo nga gwe—gwe gubonaabona. Ate ekyo nkiraba nnyo mu bitundu eby'enjawulo ensangi zino, engeri gye tu. . . Kati, Kristo takikolangako, n'omulundi n'ogumu, okusengeka ekkanisa yonna okubeera ekibiina ky'eddiini. Kati, njagala kikakate.

19 Kati, kati, ŋŋenda kubasaba akawungeezi k'enkya, bwe wabaawo ekintu kyonna ku bintu bino ky'oyagala okumanya, okugeza nga ebyafaayo ebimu bye njuliza, oba ekintu ekirala kyonna. Ssirina budde bumala kubiggusiza ddala, bwe nkikola mba ssijja kugenda ku kya kuyigako kirala, kubanga awo obeera osobola okumala wiiki eziwerako ku ky'okuyigako ekyo kye kimu. Naye bw'oba ne ky'oyagala okumanya nga ekifo, oba ekintu kyonna, mbuuza bubuuza, okiteeke wano ku—ku mmeeza, nja kukikwanukula.

20 Kati, ekibiina ky'eddiini ekisingayo obukadde, era ekkanisa y'ekibiina ky'eddiini gye twasookera ddala okuba nayo, ye ekereziya Katolika. Yasengekebwa mu ngeri eyo nga wayiseewo emyaka ebikumi bisatu n'omusobyo oluvannyuma lw'okufa kw'omutume eyasembayo okufa. Ekyo ddala bwe kiri. Ekyo okisanga mu kitabo ekiyitibwa Nicene Fathers, ne mu byafaayo ebyawandiikibwa Josephus, ne, ha, bangi ku—ku bannabyafaayo ab'amannya. Mukiraba? Era okutuukira ddala ku—ku. . . ku mirembe gy'ekkanisa gyonna, okutuukira ddala ku kufa kw'omutume eyasembayo okufa, n'emyaka ebikumi bisatu nga abatume bamaze okufa, tewaaliwo makanisa ga bibiina bya ddiini. Obukatuliki y'ekkanisa ey'ekibiina ky'eddiini eyasooka.

21 Ate Ekkanisa z'enzikiriza eziwakanya Obukatuliki by'ebibiina by'amadiini ebyekutula ku kibiina ky'eddiini.

Okuddaabulula okwasooka okujja, kwali kwa Luther; okwa Luther bwe kwavaawo ne wajja Zwingli, okwa Zwingli bwe kwavaawo ne wajja Calvin, ne kugenda nga kweyongerayo bwe kutyo. Okutuuka ku Kudda obuggya kwa Wesley, n'oluvannyuma okwa Alexander Campbell, John Smith, n'abalala, olaba, n'abalala bonna. Era ebibiina ebikyasembyeyo bye tulina kaakati gy'emitendera egitali gimu egy'omulembe gw'Ekipentekoote.

22 Era nzikiriza nti mu buli mulembe Katonda abaddenga akola. Naye mwali mukyekkaanyizza nti, buli mulundi ekkanisa lw'eremererwa, era kasita bagunjaawo ekibiina ky'eddiini bati mbagirawo batandikirawo okugwa? Era buli lwe bagwa, eyo ekkanisa Katonda taddamu kugisitula nate. Efiirawo. Kati mmwe mu. . .Bwe muba mwagala okumanya ebyafaayo ebikwata ku ekyo, tu—tusobola okubireeta, ebiraga nti—nti tewali kkanisa yonna, tekibangawo mu byafaayo by'amakanisa, ekibiina ky'eddiini kyonna lwe kyali kigudde ate ne kiddamu ne kisituka. Ababaputisiti, Abamesodisiti, Abapulesibeteriyani, Abaluzalaani, ka kibe kiriwa kyonna, bwe byagwa, awo we byakoma. Kati, ekyo bwe kiri. Kati, kino, kati mba—mbagambye, mwesabike ebijaketi, kubanga kino tugenda kukinnyikiza. Mukiraba? Tekibangawo, n'omulundi n'ogumu. Omuntu buli lwe yavangayo nga ssekinnoomu n'asimba ekkanisa, awo we yatandikiranga.

23 Katonda akolagana na bantu kinnoomu, so si na kibiina kya ddiini. Tewaliiwo mulembe gwonna Katonda lwe yali akolaganyeeko na kibiina kya ddiini. Lubeerera akolaganyenga na muntu kinnoomu. Mu Ndagaano Enkadde, yakolagananga na muntu kinnoomu. Mu Ndagaano Empya yakolagananga na muntu kinnoomu. Mu buli mulembe gwonna, abaddenga akolagana na bantu kinnoomu, so si bibiina by'amadiini. Kati, n'olw'ekyo, Katonda bw'aba nga mu kibiina ky'eddiini taliimu, olwo nze ate kingasa ki okuba n'akakwate nakyo nga ekibiina ky'eddiini? Kati, ssoogera ku bantu bali mu kibiina kya ddiini ekyo, njogera ku kibiina ky'eddiini nga kyo, kubanga mu bibiina by'amadiini ebyo byonna mulimu abantu ba Katonda.

24 Kati, Katonda taganya kintu kyonna kubaawo okuggyako nga akiwaddeko okulabula. Ssikkiriza nti waliwo ekintu kyonna e. . .

25 Kati, okugeza nga bwe tuba n'ensonga ezigolokoka, mu makanisa, nga jjuuzi tulina gye twalina ekwata ku musaayi n'amafuta, n'ebirala. Era mumanyi n'ebbaluwa ya "Ow'oluganda Branham Omwagalwa", n'ebirala bwe bityo. Naye ensonga lwaki ebyo nnabiwakanya, lwakuba tebiri mu Kigambo. Era eyo ye nsonga lwaki mpakanyiza ddala ekibiina ky'eddiini, kubanga tekiri mu Kigambo. Ate nga kiteekwa okuba n'omusingi kwe twesigamya okukkiriza kwaffe. Kati

nga bwe kiri nti tetusobola kubaako kibiina kya ddiini kwe tukwesigamya, tulina kukwesigamya ku Kigambo kya Katonda. Kubanga Ekyo gwe musingi gwokka, kye Kigambo kya Katonda.

26 N'ekirala bwe kiba nga Ekigambo kya Katonda tekyogera ku kibiina kya ddiini, wabula nga kiwakanya buwakanya kibiina kya ddiini, kitegeeza tulina kwogera nga Ekigambo bwe kyogera. Si nsonga omulabirizi yenna, oba omuntu yenna ky'agamba, oba omuntu yenna ky'alowooza, oba omusajja omuntumulamu yenna ky'agamba, oba ekintu kyonna kye kigamba, bwe kiba nga tekikwatagana na Kigambo kya Katonda, kitegeeza kikyamu. Mukiraba? Kiteekwa okuba nga kikwatagana, Ekigambo kiteekwa okuba nga ky'eky'enkomeredde. Ekigambo kya Katonda kye kiteekwa okuba amiina ey'enkomeredde.

27 Kati mujjukire nti, ssirina muntu yenna gwe nnyambulako bukristaayo (ekyo mukitegeere bulungi) abali mu bibiina by'amadiini. Mulimu emitwalo n'emitwalo gy'emmeeme ez'omuwendo mu bibiina by'amadiini ebyo, nga baana ba Katonda. Naye eky'okubaawula n'okubasosola, ekyo nkiwakanya. Era n'Ekigambo kya Katonda kikiwakanya.

28 Era nzikiriza nti tewaliiwo kabondo ka nzikiriza konna kaliwo mu nsi olwa leero, tewaliiwo kabondo ka nzikiriza konna kaali kabaddewo mu nsi, nga Ekigambo kya Katonda, tekyakalagulako nti kalibaawo. Nzikiriza nti Ekigambo kya Katonda kigabirira buli kintu kyonna kye tuba twetaaga, wano wennyini mu Kigambo. Okuviira ddala . . . we tutandikira okutuuka ku nkomerero, byonna bisangibwa munda mu Kigambo kya Katonda. Nate era nzi—nzikiriza nti bwe kiba mu Kigambo kya Katonda, tuba tusaanye . . . Kiragula. Era Ekigambo kya Katonda kulabula.

29 Kati, tomala gasoma Kigambo kya Katonda nga asoma olupapula lw'amawulire. Ekigambo kya Katonda okisoma ku bwa Mwoyo Mutukuvu, okiraba, kubanga Omwoyo Omutukuvu Yennyini nga ayogera okuyita mu Kristo. Kristo yeebaza Katonda kuba ebintu bino yabikweka amaaso g'abagezi n'abakalabakalaba, n'abibikkulira abaana abato abasobola okuyiga. Kati, mukiraba, nti tewaliiwo bya kubeera nti watendekebwa, tewaliiwo bya kugunjaawo kibiina kya ddiini. Waliwo engeri emu yokka ey'okutereeza, eyo nga, kwe kukulemberwa Omwoyo wa Katonda. N'obumanyirivu obwo bwe wafuna buteekwa okukwatagana n'Ekigambo kino. Okiraba? Awo nno obeera okifunye. Mukiraba?

30 Nga bwe tunakkirirako wano mu ddakiika entonotono kati, tukolagana n'abantu aba—aba . . . Abamu ku bo bagoberezi abakakali ab'enzikiriza ey'Ekikaluviini, abamu ku bo bagoberezi abakakali ab'enzikiriza ey'Ekiruminiya, n'e—n'engeri ezitali zimu. Kati, bulijjo, ekintu ne bw'okyabuluzaamu

obuwayi obutono okwenkana wa, kisigala kirina enjuyi bbiri. Ekyo bwe kiri. Ate bombi balina ensonga zaabwe kwe beesigama. Naye, ensonga eri nti, Amazima g'ensonga gali wa? Awo we tulaga, we tulowooza nti, olw'ekisa kya Katonda, tubalaga Amazima g'ensonga. Kati leka tulabe. . .era wano wennyini we nnajja ezimu ku njigiriza z'ekkanisa zino ze nnawandiika.

31 Leka tubikkuleko mu Bayibuli zammwe, eddakiika ntono, mwenna kaakati. Leka tugende mu Kubikkulirwa, essuula 1; manya Okubikkulirwa essuula, ey'e 17, gye tuba tutandika nayo. Era leka tutandikirewo okusoma tulabe kaakano wa amakanisa gano we gaatandikira, na—na biki ebyagatandikawo. Kati, Bayibuli buli kimu ekiragulako. Eragula ku biro bye—bye tulimu. Kale kati, Okubikkulirwa, essuula ey'e 17, bwe muba musobola. Mbadde ŋŋambye ya 13, eyo si gye mbadde ntegeeza, eyo ekwata ku. . .Eyo tujja kugikwatako oluvannyuma, nayo, eyo y'ekwata ku bunnabbi bwa Amerika. Naye muwulirize bulungi kati.

> *Ne wajja* gyendi *omu ku bamalayika omusanvu abaalina ebibya omusanvu, n'ayogera nange, ng'agamba nti. . . Jjangu wano; nange nnaakulaga. . .omusango gw'omwenzi omukulu atuula ku mazzi amangi:*

32 Kati mujjukire, kino kiwulikika nga ekyama ekikusike. Kaakati omukazi ono omwenzi, kati, kino bwe tuba ab'okukiyigirizaako, mulina okusooka okuzuula obubonero buno kye butegeeza. Kati, *omukazi,* mu Bayibuli, kifaananyi kya "kkanisa." Ekyo bameka abakimanyi, nti tuli Mugole? Ekkanisa Mugole.

33 "Jangu wano nange nnaakulaga omusango." Kati, waliwo omusango ogugenda okulangirirwa ku mwenzi omukulu, omukazi atali mulongoofu atuula ku mazzi amangi. Kati, *omukazi* kabonero akooleka "ekkanisa," ate *amazzi* kabonero akooleka "abantu." Kati, ssinga mwetegereza, mulabe, ne, n'olunyiriri olw'e 15 nga bwe mukyali ku luno, olunyiriri olw'e 15, essuula y'emu.

> *N'aŋŋamba nti, Amazzi ge walabye, omwenzi w'atudde, be bantu. . .n'ebibiina. . .n'amawanga,* n'olulimi. (Mukiraba?)

34 Kati, ekkanisa eno ennene, omukazi ow'ekitalo, kati mujjukire nti mukazi mwenzi. Kati omukazi bw'aba kifaananyi kya kkanisa, (ate nga Ekkanisa ya Kristo Mugole, Omugole omutukuvu), kati wano waliwo omukazi atali mutukuvu. Kitegeeza nti ono mugole, atali mulongoofu, akyerimbikamu obwerimbisi. Mukiraba? Kati, era kiki ky'akola? "Atuula ku," oba okubeera *waggulu,* kitegeeza, "okuba n'obuyinza ku mazzi amangi." Amakulu nti, alina obuyinza mu mawanga gonna

n'ennimi n'abantu. Muntu wa kitalo nnyo, ekyo omukazi ono ky'ali.

Kati, *bakabaka b'ensi gwe baayenda naye,* . . .

35 "Kubanga bakabaka b'ensi benze," abasajja bannaggagga, abasajja ab'amaanyi ekyo bakikoze. Oyinza otya okwenda, kabaka ayinza atya, okwenda n'ekkanisa? Bwenzi bwa mu mwoyo. Bwa mu mwoyo! Obwenzi kye kiki? Kwe, kale, kiringa omukazi obutaba mwesigwa eri bba. Omukazi okwebaka n'omusajja omulala ate nga alina bba. Kati, n'ekkanisa eno, nayo ye—yeerimbika mu ky'okubeera Omugole wa Kristo, nga ate bw'eyenda ne bakabaka b'ensi, n'obulamu bwaayo obucaafu bw'etambuliramu, ne bye yeeyita eby'obutali bulongoofu. O, Kya buziba era Kinyuvu. Njagala nnyo Ekigambo. Kati mwekkaanye.

> . . . *bakabaka b'ensi gwe baayenda naye, n'abo abatuula ku nsi ne batamiira omwenge gw'obwenzi bwe.*

36 "Omwenge" gwe ky'ekyo kye yali agabula, okutamiiza kwe nti, "Ffe Kkanisa! Ffe tukirina." Mukiraba? Kati, ekyo kikubemu akafaananyi mu birowoozo byo kati. Kale. "Kati yeeti-. . ."

37 Kati, malayika yagamba Yokaana nti, "Nnaakulagaga omusango guno ogujja eri ekkanisa eno ey'amaanyi." Kaakati mwetegereze.

> *N'antwala mu ddungu mu Mwoyo: ne ndaba omukazi* atudde *ku nsolo emmyufu,* . . .

38 *Ekimyufu,* mu Bayibuli, kiraga "bwakabaka." Langi eyo eya *scarlet* etegeeza "kimyufu." Ate *ensolo* kifaananyi ekyoleka "obuyinza."

Mwali mwetegerezza, nti ensolo eyali mu Kubikkulirwa, 13, yava mu nnyanja. Kale bw'olaba ensolo eva mu nnyanja, kyali kitegeeza nti amaanyi gano gaali gava mu bantu.

Naye mu Kubikkulirwa 13, omwana gw'endiga guno bwe gwavaayo, gwava mu nsi, so si mu bantu, Amerika. Naye ate, oluvannyuma, gwalina amayembe abiri amatono, obuyinza mu by'obufuzi ne mu by'eddiini. Ne gufuna obuyinza, ne gwoogera nga ogusota ogwagusooka bwe gwakola. N'olw'ekyo mulina okubaako ne we mukiwandiika, twolekedde okuyigganyizibwa okw'eddiini nga kulimu ebintu by'ebimu bye baakola mu Rooma enkaafiiri emyaka mingi egyayita edda, kubanga kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA.

Kati mukyetegereze. "Atudde ku nsolo, amaanyi."

39 Mwali mwekkaanyizza Lebbeeka? Erieza we yamusisinkanira, kyali kiseera kya kawungeezi, n'anywesa eŋŋamiya amazzi. Kubanga, Erieza yagamba nti, "Omuwala anajja n'anywesa eŋŋamiya eno amazzi, oyo y'anaaba . . .

nange n'ampa ne nnywa, oyo gw'onaabeera Olonze, Mukama, okubeera omugole w'omuddu Wo, Isaaka." Aba akyasaba, Lebbeeka n'ajja n'asena amazzi n'amuwa n'anywa, n'anywesa n'eŋŋamiya. Mwetegereze, eŋŋamiya yali nsolo. Era ensolo y'emu eyo gye yali anywesa amazzi, y'eyamwetikka okumutwala eri omugole we, Isaaka.

40 Ne, leero, amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu, Ekkanisa g'enywesa era g'esinza, kye Kintu ekijja okugisitula okugiggya ku nsi kuno, okusisinkana Omugole. Mazima, Isaaka yali bweru mu nnimiro, akawungeezi. Mukama tetumusisinkana waggulu mu Kitiibwa. Abaefeeso, essuula ey'oku 5, egamba nti tulimusisinkana mu bbanga. Ha, ekyo kireetera Abamesodisiti okwetegeka okuleekaana. Kirowozeeko! Mukiraba? Mukama . . .

Isaaka yali afulumye ennyumba ya kitaawe, nga ali bweru mu nnimiro we yalabira Lebbeeka nga ajjira ku ŋŋamiya. Era Lebbeeka olwamulabako ati, yamwagalirawo, n'abuuka ku ŋŋamiya n'adduka n'agenda gy'ali okumusisinkana. Ekyo bwe kiri. Eyo gye tusisinkanira Mukama waffe. Era eŋŋamiya yennyini gye yanywesa amazzi, ye yamwetikka okumutwala eri bba.

Era Amaanyi gennyini Ekkanisa g'esinza, ensi g'eyita obuzoole, ago Ekkanisa g'esinza, ge Maanyi ge gamu agajja okusitula Ekkanisa waggulu mu bbanga, "Okusisinkana Mukama waffe mu bbanga." Omwoyo Omutukuvu! Mukiraba? Waliwo . . .

Ate, mulabeeyo, Lebbeeka yali tamanyanga ku musajja yenna.

41 Naye ono omukazi mwenzi, gwe twogerako wano. Kati, mutegedde amaanyi kye gategeeza kati? A—amaanyi, ekyo, ensolo, ky'etegeeza. Omukazi yali atudde ku nsolo emmyufu. Kati, eyo eba nsolo kika ki? *Emmyufu,* ago gaba maanyi ga "bugagga". Olwo eno ebeera egenda kuba kkanisa kika ki kati? Kkanisa ngagga, era kkanisa nnene, era kkanisa y'amaanyi, nga n'ettutumu lyayo limaamira ebibiina n'abantu. Era bakabaka b'ensi bakoze nayo obwenzi obw'omwoyo, abo be bantu ab'amaanyi ab'ebitiibwa ku nsi. Kati tugenda kugitegeera kiki ky'eri, mu kaseera katono, era tulabe n'ebikwata ku bibiina by'amadiini bino.

> *Omukazi ng'ayambadde olugoye olw'effulungu* (lwambalwa bwakabaka), *. . . ng'ayambadde* langi *ey'effulungu n'emmyufu, . . . era n'ayonjebwa ne zaabu n'amayinja ag'omuwendo omungi . . . ne luulu, ng'alina mu mukono gwe ekikompe ekya zaabu ekijjudde emizizo, ye mpitambi ey'obwenzi bwe:*

42 Yali akutte ki mu mukono gwe? Enjigiriza ye, gy'agabira abantu mbu, "Ye ffe Kkanisa. Ye ffe *kino*." Era atamiizizza

bakabaka b'ensi, bw'atyo. "Ye ffe *kino*. Ye ffe maanyi ag'ekitalo! Tumaamidde buli ggwanga. Ye ffe kkanisa esingayo okuba ey'amaanyi. Jangu, weenywere ku . . . Kwata, ttululako. *Ggwe* nywako. *Ggwe* nywako." Kiikyo, mulaba. Era yalina mu mukono gwe ekikopo. Mulabeeyo.

> *Omukazi ng'ayambadde* langi *ey'effulungu n'emmyufu, . . . era n'ayonjebwa ne zaabu n'amayinja ag'omuwendo omungi ne luulu, ng'alina mu mukono gwe ekikompe ekya zaabu ekijjudde emizizo, ye mpitambi ey'obwenzi bwe:*

43 Kati, ab'emikwano, bye tusoma si lupapula lwa mawulire olufuluma buli lunaku. Tusoma Kigambo kya Katonda Ekitaggwaawo era eky'omukisa. Eggulu lyonna n'ensi biriggwaawo, naye Ekigambo ekyo kirisigalawo. Bwe kiri.

> *Ne ku* mutwe gwe *erinnya eriwandiikiddwa, nga kuwandiikiddwaako erinnya,* manyanga, *EKYAMA, BABULOONI EKINENE, NNYINA W'ABENZI,* ERA OW'OMUZIZO *GW'ENSI*.

44 Kati, emabegako, ssirowooza nti kyali mu kkanisa wano, naye nnabuulira ku ky'okuyigako ekigamba nti, *Ebiwandiikiddwa N'omukono Ku Kisenge,* n'empa ebyafaayo ebikwata ku Babulooni. Kati, buli kabondo ka nzikiriza konna akaali kagunjiddwaawo, na buli ddiini yonna na buli kabondo ka nzikiriza konna akali mu nsi leero, byatandikira mu Lubereberye. Kati, ssinga mufuna ekitabo kya Hislop ekiyitibwa *Babulooni Ebbiri,* bwe muba mwagadde okukirondoola mu byafaayo, oba ebimu ku bitabo ebyo ebirungi, musobola n'okuzuula buli kabondo ka nzikiriza konna ke mwagala okuzuula. Ŋŋenda kubazzaayokko emabega mu ddakiika ntono, ku ky'abakazi ababuulizi, mulaba, mbalage wa wennyini we kyatandikira, mulaba, eri mu Lubereberye. Ne ku bintu bino ebitali bimu, engeri gye byatandikamu okuva mu Lubereberye. *Olubereberye* kitegeeza "entandikwa." Ekyo bameka abakimanyi nti bwe kiri? Olubereberye y'entandikwa. N'olwekyo, buli kimu ekiriwo, kyalina okubaako n'entandikwa.

45 Bwe ntunuulira omuti . . . Mbaddeko mu kibira emirundi egiwerako okumala ebbanga lya myezi, nga ebiri, esatu. Ntunuulira omuti, nga bwe guli omulungi. Ne ngulaba, ne gugwa; omulala ne gumera mu kifo kyagwo, bulamu obugenda bweyongerayo. Ekyo ne nkirowozaako. Naye omuti ogwo gulina we gwatandikira. Guteekwa okubaako n'entandikwa. Era engeri yokka gye gwasobola okuteekateekebwa okuba omuti, oba okuba omuvule, oba omuti gwe bayita biici, oba omulibine, oba olukindu, oba kyonna kye gwali, waalina okubaawo Amagezi ag'ekikugu emabega waakyo. Oba ssinga waaliwo gumu, nga muvule gumu gwe guliwo, buli kintu kyonna mu

nsi kyandibadde muvule. Naye Ekintu, eky'amaanyi, Amagezi ag'ekikugu, gaalina okubisengeka.

Erinnya Lye Ettukuvu lyebazibwe! Y'asengeka omwezi n'emmunyeenye mu nsengeka y'ebyaka mu bwengula. Buli kimu y'Akisengeka mu kifo kyakyo. Era n'Ekkanisa Ye ajja kugiruŋŋamya mu butebenkevu. Ejja kukyuka nga Ye bw'ayagala Ekyuke; ebuvanjuba, ebugwanjuba, oba mu bukiikakkono, oba mu bukiikaddyo, oba kyonna ky'Ali. Ebirowoozo byaffe bwe tunaabiggyamu endowooza zino ez'ebibiina by'amadiini ne twebbika mu bujjuvu mu Kalivaaliyo. Ajja kugiruŋŋamya, ssinga tuba bawulize nga emiti n'ebitonde Bye ebirala. Tolabangako mwezi nga gugamba nti, "Nze akawungeezi ka leero ssigenda kwaka. Mmwe ezimu ku mmunyeenye mwake mu kifo kyange." Naye ffe, ha, tetuli bwetutyo, mukiraba.

46 Kati, Babulooni, mwetegereze Babulooni w'erabikira. Erabika nga Bayibuli etandika. N'erabika mu makkati ga Bayibuli. Era n'erabikira ne Bayibuli gy'ewunzikira. Kati, waliwo ekintu. Kati, yatandika na Nimuloodi. Nimuloodi ye yatandikawo Babulooni mu Kiwonvu kya Sinali, okuliraana Omugga Tigris ne Fulaati. Nga Fulaati guyitiramu ddala. Era—era nga buli luguudo lwonna, mu ggwanga eryo lyonna, lukomekkerereza Babulooni. Era buli emu ku wankaaki ezo yali eweza fuuti nga bibiri obugazi, wankaaki ezo ezaali zaakolebwa mu kikomo ekizigule. Era nga bw'oyingira mu kibuga Babulooni, buli luguudo nga lukomekkereza wali ntebe ey'obwakabaka.

47 Kati, osobola okugenda e Rooma, leero, era buli luguudo lukomekkereza luyingira Rooma. Era waliyo akabumbe ka biikira Maria akeesimbye mu buli nsonda, awali ekkoona, nga asitudde omwana Kristo mu mukono gwe, nga asonze e Rooma. Mukiraba? Erabika Bayibuli, w'etandikira; n'erabika mu makkati ga Bayibuli; era yiino ne wano Bayibuli w'ewunzikira.

Kati njagala ŋŋende mu maaso nsome, okumala eddakiika entonotono, musobole okufuna omusingi gwa kino. Mukiraba? Kale. "Ne ndaba omukazi," kati mwetegereze eyo, "kkanisa." Buli lwe mulaba *omukazi*, mulowooze bulowooza ku "kkanisa." Mulaba?

> . . .*ne ndaba omukazi* ng'atamidde *omusaayi gw'abatukuvu,* . . .

48 Kaakati, ekigambo *omutukuvu* kiva wa? Ekigambo *omutukuvu* kiva mu kigambo "eyatukuzibwa," oba "eyanaazibwa," eyatukuzibwa. Kale.

> . . .nnamulaba nga atamidde *n'omusaayi gw'abatukuvu,* . . .

49 Kati, omukazi ono bw'aba nga kkanisa, eyigganyizza abatukuvu. Ate ye kkanisa esingirayo ddala obunene. Erina obuyinza ku nsi yonna. Etudde ku mazzi amangi. Era e… Bakabaka b'ensi benda nayo. Naye kati, ye ani? Kirimu engeri y'ekyama. Kati Omwoyo agenda ku…Mumanyi, wateekwa okubaawo ebirabo eby'omwoyo mwenda mu kkanisa; eky'amagezi, n'ekirala eky'okutegeera, n'ekirala eky'okuwonya, n'ebirala *bwe bityo*.

> *…n'omusaayi gw'abajulirwa ba Yesu:…*

50 Kirabika tebaafangayo nnyo ku Yesu bye yayogera. Wabula nga ekereziya by'egamba bye bikulu. Bwe kiri. Era, ekyo nakyo kituufu.

> *…bwe nnamulaba, ne nneewuunya okwewuunya okunene.*

51 "Nneewuunya okwewuunya okunene. Ne…Yaliko e—e—ekintu ekiwuniikiriza, ne ntuuka okwewuunya engeri gye ya…" Kaakati leka nnyimirire mu ngatto za Yokaana ngezeeko ekyo okwongera okukirambulula katono, mulaba. Yokaana yagamba nti, "Wuuyo atudde awo. Yeerimbika mu ky'okubeera ekkanisa Enkristaayo. Asobola okukozesa ssente zonna eziri mu nsi. Bakabaka b'ensi bonna bali wansi wa bigere bye. Mugagga era atemagana yenna, naye ajja atya okuba nti atamidde abajulizi ba Yesu? Ajja atya okuyigganya abatukuvu? Ajja atya okutta abajulizi ba Kristo abo? Nga ate yeeyita Mukristaayo, naye yennyini, nti kkanisa Enkristaayo." Kati mwekkaanye.

> *Malayika n'aŋŋamba nti, Kiki ekikwewuunyisa? Nze nnaakubuulira ekyama ky'omukazi, n'ekyensolo emusitudde, erina…emitwe omusanvu n'amayembe ekkumi.*

52 Kati, kuno wano kusoma okwa bulijjo. Kino mukikwate. Kino kigenda kubeera kyangu nnyo.

> *Ensolo gye walabye yaliwo, era nga tekyaliwo; era egenda* okukka *okuva…okuva mu bunnya obutakoma, n'okugenda mu kubula: n'abo abatuula ku nsi balyewuunya, abataawandiikibwa linnya lyabwe mu kitabo ky'obulamu kasookedde ensi eteekebwawo, bwe* balaba…*bwe ba—bwe* baalaba *ensolo eyaliwo,* nga *tekyaliwo, ate erijja*.

53 Kati, kaakati kino kirina okuluma, kale kiikino. Yagamba, kati mwekkaanye, nti, "Abo bonna," si abatonotono, wabula, "abo bonna abatuula ku nsi balyewuunya." Bonna balyewuunya. Ensi yonna eryewuunya omukazi ono. Waliwo ekibinja kimu kyokka ekitalimwewuunya, nga beebo abalina erinnya lyabwe nga lyawandiikibwa mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga.

54 Kati, kino nakyo nsobola okukinyigawo, kubanga tugenda kukikwatako mu ddakiika entono eziddako. Mukiraba? Amannya gaabwe ddi lwe gaateekebwa mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga? Okuva (Ddi?) ku lukuŋŋaana lw'okudda obuggya lwe baasembyeyo okugendamu? ekiro kiri kye baagenderako ku woolutaali? ekiro kiri lwe beegatta ku kkanisa? Ssigezaako kubalumya. Naye, mbagamba nti, Bayibuli egambye nti, "Amannya gaabwe gaateekebwa mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga kasookedde ensi eteekebwawo." Ky'ekyo kyennyini! Katonda, ku lubereberye, bwe yakiraba nti Alituma Omwana We, Atwale ekifo ky'omwonoonyi, Omusaayi gw'Omwana wa Katonda bwe gwayiika. Bayibuli egamba nti Omusaayi Gwe gwayiika nga n'ensi tennatondebwa. Ekyo bameka abakimanyi nti Bayibuli bw'egamba, nti, "Omusaayi gwa Kristo gwayiika nga n'ensi tennatondebwa"? Omusaayi ogwo bwe gwayiika, buli mmemba yenna ow'Omubiri, nnannyini linnya eryawandiikibwa n'Omusaayi ogwo, mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga, mu kutondebwa kw'ensi. Otya ki? O, ow'oluganda! Ekyo kiggula enzigi, tekiziggula?

55 Kale, kati leka tusome kino wano, tulabe oba nga ddala ekyo kye kyogera kituufu. Mulaba? "Malayika n'aŋŋamba nti, 'N'olwekyo kye . . .'" Nzikiriza lwe lunyiriri olw'o 8, "Ensolo gye walabye . . ." Kale. Lwe lwo.

> *Ensolo gye walabye yaliwo, era nga tekyaliwo; era egenda okuva mu bunnya obutakoma, . . .*

Kati, tugenda kukomawo ku ekyo, naye njagala nfune na kino ekirala, kubanga nakyo tujja kukikwatako.

> *. . . n'okugenda mu kubula: n'abo abatuula ku nsi balyewuunya, abataawandiikibwa linnya lyabwe mu kitabo ky'obulamu kasookedde ensi eteekebwawo, . . .*

56 "Wagenda kubaawo ekibinja ku nsi," amakulu nti, "ekigenda okulimbibwa," kubanga yabalimba. Naye waaliwo ekibinja kimu kyokka eky'abo abataalimbibwa, nga beebo erinnya lyabwe eryawandiikibwa mu Kitabo ky'Obulamu nga n'ensi tennatondebwa. Ekyo tujja kukikwatako oluvannyuma.

57 Kati mwetegereze omukazi, ekkanisa, ye yali "*Ekyama, Babulooni*." Tumulaba nga atandikibwawo Nimuloodi. Ekigendererwa kya Nimuloodi kyali kiki? Nimuloodi yazimba ekibuga n'aleetera ebibuga ebirala byonna okussa ekitiibwa n'okugulumiza ekibuga kino. Tulina we tulaba ekintu bwe kityo leero? Ekifo bwe kityo weekiri leero? Waliwo ekkanisa efuga buli ggwanga lyonna mu nsi? Mazima ddala weeri. Olwa leero waliwo ekifo ekireetera buli ggwanga lyonna mu nsi okukissaamu ekitiibwa n'okukigulumiza? Waliwo ekifo bwe kityo?

Leka tweyongere tusome ebisigadde, tweyongereyokko katono, musobole okufuna ekifaananyi kyakyo mu bujjuvu. Kale.

> . . . gye walaba *ensolo eyaliwo, . . . tekyaliwo, so weeri.*
>
> *Awo we wali omwoyo ogulina amagezi.*

58 Kaakati, bameka abakimanyi nti amagezi kye kimu ku birabo eby'Omwoyo? Kati, kibiina kya ngeri ki ky'Ayogera nakyo, awo? Ateekwa okuba ayogera eri ekibiina ky'abantu abalina e—ebirabo by'Omwoyo nga bikolera mu Kkanisa eno.

> . . . kigenda eri *omwoyo ogulina amagezi.*

59 Kati, bw'osooka n'osimbawo akati, ekyo osobola okukisanga mu mirembe gy'ekkanisa gino gyonna wano. Nga asikayo, Omwoyo Omutukuvu nga ayogera, ku ngeri ebirabo ebyo gye byali eby'okukola mu biro eby'oluvannyuma. Kati, tulina ebirabo eby'okuwonyezebwa nga bikola. Ha, bi—bikolera ddala bulungi. Naye, ow'oluganda, waliwo n'ebirabo ebirala. Ekyo kiri kimu kyokka ku byo. Ako kantu akatono aka wansi. Naye, wano wennyini waliwo ekirabo ekikasingira ddala obukulu. Kiki ekyandisukkulumye, ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu ow'amagezi, okusobola okugatta awamu Ekigambo kya Katonda n'okulaga Ekkanisa wa we tuyimiridde, okusinga okuwonya obuwonya omuntu? Fenna twagala okuba n'obulamu obulungi. Naye waakiri emmeeme yange ebeera bulungi, okusinga omubiri gwange okuba obulungi, mu kaseera konna. O, bannange!

Muwulirize Omwoyo Omutukuvu nga ayogerera mu Yokaana, ku kizinga Patumo, yagamba nti, "Kino kigenda eri oyo ow'amagezi. Leka awulirize Kino." Kati wano ekifaananyi tugenda tukiggyayo. "Kino ki . . . "

> *Awo we wali Omwoyo ogulina amagezi. Emitwe omusanvu ze nsozi omusanvu, omukazi z'atuddeko.*

60 Waliwo ekibuga kimu kyokka, kye mmanyi, mu nsi yonna . . . Waliwo ebibuga bibiri, bye mmanyi, ebirina ensozi omusanvu oba okusingawo. Cincinnati kye kimu ku byo, ate nga eteekwa okuba nga mboozi ekwata ku Cincinnati yayiiyizibwa obuyiiyizibwa. Eby'ekibe ki nnakazadde, nga bwe mumanyi, mbu . . . n'ebirala bwe bityo. Naye mulimu ensozi ezisukka ku ezo. Naye tewali kkanisa n'emu efugira mu Cincinnati.

Waliwo ekifo kimu kyokka mu nsi yonna, ekirina ekkanisa nga etudde ku busozi musanvu, efuga ensi yonna yonna. Kati, nnaakavaayo. Ebintu ebyo byonna.

Nnalabako ne we kyawandiikibwa nti, "Awo we wali amagezi." Okubikkulirwa 13. "Oyo alina amagezi leka abalirire omuwendo gw'ensolo, kubanga gwe muwendo gw'omuntu." Si kibinja kya bantu, oba kibiina kya bantu, wabula "omu" muntu. "N'omuwendo gwe guli lukaaga nkaaga mu mukaaga."

61 Nnateranga okuwulira, mbu, ku ntebe ya ppaapa w'e Rooma, kuwandiikiddwako nti, "VICARIVS FILII DEI." Mbaddenga nnebuuza oba nga ddala kituufu. Kuba omusittale, omuwendo ogwo oguwandiike mu nnamba, mu mbala y'Ekirooma, olabe oba bwe kiri. Ge mazima gennyini. Nnayimirira kumpi *nnyo* ddala ne ndaba engule ya ppaapa ey'emiteeko esatu, mu ndabirwamu nga ewandiikiddwako nti, "Obuyinza ku ggeyeena, eggulu, ne puligatooli." Mulaba? N'olw'ekyo, ebintu ebyo, nnaakavaayo, nnaakava e Rooma era mmanyi nti ge mazima. Kati tukimanyi nga ekifaananyi kiggyiddwaayo bulungi.

> *Era* wano *be bakabaka omusanvu: abataano baagwa* (abaaliwo mu kiseera ekyo), *omu waali* (oyo ye yali ow'okujja, nga ye yali Kayisaali), *era* omulala anaatera *okujja* (nga ye yali Kerode, eyali omubi); . . .

62 Kati mwetegereze. Mwetegereze engeri gye bikwataganamu.

> . . .*era bw'alijja, kimugwanira okumalawo ebiro bitono.*

63 Waliwo omuntu yenna amanyi ebbanga Kerode lye yafugira? Myezi mukaaga. Yawalula nnyina mu luguudo, ku muti gw'embalaasi ogukozesebwa okwenkanyankanya obuzito. N'ayokya ekibuga; n'awaayiriza Abakristaayo nti be baakyokezza. Ne yekweka ku kasozi nga bwe. . .bwe bookya ekibuga. Emyezi mukaaga—mukaaga. Era mulabeeyo, "N'ensolo . . ." Kati mwekkaanye, mulabe obubi bwe. Mukiraba? Kati mwetegereze.

> *N'ensolo eyaliwo, era teriiwo, oyo naye. . .ye w'omunaana, naye ye w'oku* w'omusanvu (enkula y'ey'omusanvu), *era agenda mu kubula.*

64 Buli omu amanyi *okubula* kye kitegeeza, kitegeeza "ggeyeena." Kati mwetegereze wa gye yava, "mu ggeyeena." Kye kiki? Bunnya obutakoma. Enjigiriza y'Obukatuliki terina musingi. Tewaliiyo Bayibuli erimu njigiriza za Kikatuliki. Teriiyo Bayibuli yonna erimu njigiriza ya Kikatuliki yonna, teri n'emu. Ekyo tebakyewaayirizaako yadde. Omusosodooti yatuula waggulu awo, omusosodooti ono okuva mu ekereziya y'Omutima Omutuukirivu yagenda n'ajja. N'agamba nti, "O, ya. . ." Nnali mmunyumiza bwe nnabatiza Mary Elisabeth Frazier. N'agamba nti, "O, wamubatiza nga ekereziya Katolika eyasooka bwe yabatizanga."

Ne ŋŋamba nti, "Ekyo kyaliwo ddi?"

N'agamba nti, "Mu Bayibuli, Bayibuli yo."

65 Ne ŋŋamba nti, "Ekereziya Katolika yali ebatizzaako bw'etyo? Eyo njigiriza y'ekereziya Katolika?"

"Yee."

66 Ne ŋŋamba nti, "Ate mu kuba nti ekereziya Katolika y'eyenkomeredde mu byonna, lwaki kikyuse nnyo bwekityo?" Mukiraba?

67 N'agamba nti, "Kale, olaba, mmwe mwenna mukkiriza Bayibuli. Ffe tukkiriza ekereziya." Mukiraba? "Ffe tetufaayo ku kiki Bayibuli ky'egamba. Ekikulu ky'ekyo ekereziya ky'egamba." Ekyo ddala bwe kiri. Bw'oyolekaganyanga obwanga, nayo, okigenzangako, n'olaba. Tebafaayo ku Bayibuli by'egamba; ebyo tebirina we bibakwatirako. Kye bafaako ky'ekyo ekereziya ky'egamba. Mukiraba?

68 Naye ffe tetufaayo ku kiki ekereziya ky'egamba. Tukkiriza Katonda ky'agamba. Amiina. Kubanga mu Bayibuli, kyawandiikiibwa nti, "Leka buli kigambo kya muntu bubeere obulimba, naye Ekyange gabeere Amazima." Eyo ye nsonga lwaki tetuli kibiina kya ddiini.

69 Kaakano mwetegereze. Musooke, muwulirize kino. "Baali bakabaka bataano, abaagwa, bakabaka bataano." Ekyo bwe muba mukyagala mu byafaaayo, nja kukibalaga. "Nga omu waali, n'omulala wa kujja."

Kaakati mwekkaanye, "ensolo." Kati, ensolo si ye yali kabaka. Wabula yali "oyo aliwo, ataliiwo; ate nga waali, nga taliiwo; so nga waali, ate nga taliiwo." Kye kiki ekyo? Nsikirano ya bappaapa, maanyi, ensolo nga efuga. Weewo Rooma enkaafiiri we yakyusibwa okufuuka Rooma ekulemberwa ppaapa. Rooma enkaafiiri yakyusibwa, oluvannyuma n'efuuka obukulembeze bwa bappaapa, awo, we baabeerera ne ppaapa mu kifo kya kabaka, era ppaapa ye kabaka ow'omwoyo. Eyo ye nsonga lwaki ye kabaka ow'omwoyo, atikkiddwa engule, eyeeyita omusigire wa Yesu Kristo. Kiikyo. Kaakati mwetegereze.

70 Era tugenda kuggyayo enjigiriza y'Ekikatuliki eyo okuva mu ekyo tubalage engeri gye yasomoka okukkakkana nga eri mu makanisa ag'Enzikiriza eziwakanya Obukatuliki, olaba, n'engeri gy'ekyalina omukono mu kkanisa ez'Enzikiriza eziwakanya Obukatuliki, nga enjigiriza eyo efumbekedde omwo mpitirivu. Nga ekontana, ekontanira ddala ne Bayibuli, ekontanira ddala. Kaakati, "Ensolo eyaliwo, etaliiwo." Kati mujjukire nti, "Bonna abali ku nsi, balirimbibwa, abo erinnya lyabwe eritaawandiikibwa okuva ku kutondebwa kw'ensi." Leka tulabe.

> *N'ensolo eyaliwo, era teriiwo,* (olunyiriri olw'e 11) ate nga *ye w'omunaana, naye. . .ye w'oku musanvu, era agenda kubula*. (Wa kweyongerayo okutuusa lw'aligwa mu bunnya obutakoma ku nkomerero y'olugendo.)
>
> *N'amayembe ekkumi ge walabye be bakabaka ekkumi, . . .*

Kaakati mwetegereze wano. Bwe muba mwagala okulaba ekintu ekyewuunyisa, mwetegereze kino.

> . . .*be bakabaka, abatannaba kuweebwa bwakabaka; naye baaweebwa obuyinza nga bakabaka awamu n'ensolo okumala essaawa emu.*

71 Bano si bakabaka abaatikkirwa; wabula ba nnaakyemalira. Mukiraba, tebaatikkirwa kuba bakabaka, wabula baaweebwa obuyinza nga bakabaka, okumala essaawa emu, mu kiseera ky'okufuga kw'ensolo. Ekyo kibeererawo mu kaseera kano ak'ekisiikirize kaakano bannaakyemalira we basitukira. Mukiraba? "Baaweebwa obuyinza nga bakabaka, awamu n'ensolo okumala essaawa emu." Kaakati, kale.

> *Abo balina okuteesa kumu, ne bawa ensolo amaanyi gaabwe n'obuyinza.*
>
> *Abo balirwana n'Omwana gw'endiga, n'Omwana gw'endiga alibawangula:* (Kitiibwa!) *kubanga ye Mukama* w'omwami, *era ye Kabaka wa bakabaka: era n'abo abali awamu naye abayitibwa, abalonde, era abeesigwa.*

72 Nyabula ssinga mbadde nsobola okubuulira obubaka essaawa eno ku ekyo nti, "Abaalondebwa, nga n'ensi tennatondebwa, era abeesigwa mu kuyitibwa kwabwe." Aleeruuya! Ky'ekyo. "Bayitibwa, abalonde, era abeesigwa." *Era* kagambo akayunzi, olaba, "Abalonde, era abeesigwa." Balimuwangula. Ne bwe balifuuka ab'ekitalo batya.

73 Kale buno obwannaakaly'ak'ani obukudde ejjembe, omugendo gw'obwannaakaly'akani guno gwe tulina ensangi zino, temugweraliiikirira. Ogwo gukolera wakati mu mikono gya Katonda. Nsobola okukikasa nga nkozesa Bayibuli eno. Agenda kugireetera okubonaabona ku lwa buli mujulizi yenna gwe yali esse. Yee, ssebo. Mmwe mwetegereze bakabaka bano bonna bwe bagenda okukkiriziganya awamu, era bajja kugikyawa. N'eggwanga lyonna, ensi yonna, emaamirwe obwannaakaly'ak'ani. Kuba, gulina kuba mugendo gwa Katonda, okugibonereza. Oyinza okugamba nti, "Lindako katono, Ow'oluganda Branham. Obwannaakaly'ak'ani, nga gwe mugendo gwa Katonda?" Amazima gennyini, awatali kubuusabuusa kwonna, mugendo gwa Katonda. Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Naye gujja okulangirira omusango ku bantu abatatya Katonda era abeeboolereze ba kaggw'ensonyi. Kiki ekikyasigaddewo mu nsi muno? Kiki kye tusigazizza? Wano jjuuzi . . .

74 Leka nsooke nnyimirizeemukko awo ku ky'okuyigirizaako kyange, bwe kiba kisoboka. Waliwo ekitundu ky'Ekyawandiikibwa kye nnali nsoma awaali wagamba nti omwana omweboolereze taliyingira mu kkuŋŋaaniro

lya Mukama okumala emirembe kkumi n'ena. Ekyo bameka abakimanyi? Bwe kiri, Ekyamateeka 23; omwana omweboolereze. Omukazi ssinga akwatirwa mu nnimiro, awatali, bukuumi bwa bantu, omusajja n'asinza omukazi oyo amaanyi, omusajja oyo abeera alina okumuwasa. Era ne bw'afuuka malaaya, omusajja alina okubeera naye okutuusa omusajja oyo lw'alifa. Ate omukazi ono bw'afumbirwa omusajja, nga agamba nti tamanyanga musajja yenna, so nga si bwe kiri, omukazi oyo ekyo kiyinza okumussa. Era ssinga omusajja n'omukazi abafumbo, bazaala omwana omweboolereze, oyo, ekkuŋŋaaniro lya Mukama taliriyingiramu, okutuusa nga emirembe kkumi n'ena giweddeko. Nga omulembe omulamba gulimu emyaka ana. Kiritwala emyaka ebikumi bina ekibi ekyo kiryoke kive mu Isiraeri.

75 Katonda akyawa ekibi! Osuubira otya okusomokera ku Musaayi Omukutuvu ogwa Mukama waffe Yesu, mbu kubanga olina ekibiina ky'eddiini mw'oli nga mmemba, n'osuubira okuyingira? Ogenda kuyingira kusinziira ku bisaanyizo bya Katonda oba si ekyo togenda kuyingira. Bwe kiri. Oba mudinkoni, oba omubuulizi, byonna bye tuyinza okuba, tebirina kakwate nakyo. Oyingirira ku bisaanyizo bya Katonda.

76 Emirembe kkumi n'ena. Omuntu oyo waali wano gwe twali tukubaganya naye ebirowoozo ku ekyo. Yagamba nti, "Kati olwo tumanya tutya ani alirokolebwa?"

77 Ne ŋŋamba nti, "Kati awo w'osaanidde okubeerera omugoberezi w'enjigiriza y'Ekikaluvini omulungi ddala." Erinnya lyo lyateekebwa mu Kitabo nga n'ensi tennatondebwa. Olulyo lw'omusaayi olwo Katonda lw'alondoola. Ekyo kiri gy'Ali. Okiraba?

"Naye kati ekyo kirina kakwate ki . . ."

78 Muwulirize. Mmwe abavubuka, leero, ssimanyi oba musabira mu kkanisa eno, oba yonna gye musabira, mmwe abavubuka abato abalenzi n'abawala. Mubadde mukimanyi, nti ebintu bye mukola, bwe waba waliyo omulembe omulala, abaana bammwe balisalirwa omusango olw'ebintu bye mukola? Temuwa kitiibwa bulongoofu? Mmwe bawala mmwe abambala obuwale buno obumpi n'ebirala, okimanyi, nti ekyo kya kubbulukukira mu muwala wo. Obadde okimanyi nti jjajjaawo yali—yali muwala mukyakaze atambula n'omulembe, ate maama wo n'abeera kawala kano akayimba ku myoleso, era nga eyo ye nsonga lwaki oli muzinyi wa kimansulo leero? Mazima ddala. Abaana bo banaabeera ki? Yee, ssebo. Katonda yagamba nti Alibalira obujeemu bw'abazadde ku baana n'abaana baabwe, okutuuka ku mulembe ogw'okusatu n'ogw'okuna.

79 Ate obadde okimanyi, muganda wange, buli mulundi lw'okola ekituufu, nti ekyo kiribalirwa ku baana bo?

80 Mulabe, leka tugende mu Abaebbulaniya, essuula ey'o 7. Bayibuli eyogera, ku—ku Merukizeddeeki bwe yasisinkana Ibulayimu nga akomawo nga ava okutta kabaka, n'amuwa omukisa, era Wagamba nti, kati, "Leevi . . ." Ayogera ku kuwa ekimu eky'ekkumi. Agamba nti, "Leevi Mukama yamulagira okufunanga ekimu eky'ekkumi okuva mu baganda be. Kyokka Leevi eyafunanga ebimu eby'ekkumi, naye yasasula ebimu eby'ekkumi, kubanga yali akyali mu ntumbwe za Ibulayimu we yasisinkanira Merukizeddeeki." Ate nga Ibulayimu yali jjajja wa jjajjaawe. Ibulayimu yazaala Isaaka, Isaaka n'azaala Yakobo, Yakobo n'azaala Leevi; Leevi, kitaawe, jjajjaawe, jjajja wa jjajjaawe. "Era Leevi bwe yali akyali mu ntumbwe za Ibulayimu," Bayibuli egamba nti, "yasasula ebimu eby'ekkumi eri Merukizeddeeki." Aleeruuya!

81 Toganyanga omuntu yenna okukugamba mbu omugendo ogw'engeri yonna mu nsi gusobola okutaataaganya nnamuziga ya Katonda ey'amaanyi. Yeeyongera bweyongenzi mu maaso! Yategekebwa mabega eri ku ntandikwa. Tewali masetaani yadde mizimu egimala gisobola kutaataaganya ntegeka Ze.

82 Kati, Bayibuli tegambye nti "yalina obusobozi" okubisasula. Bayibuli egambye nti, "Yasasula ebimu eby'ekkumi mu buliwo," bwe yali mu ntumbwe za jjajja wa jjajjaawe. Ekitiibwa! Oyo ye Mukama wange. O, yakimanya, nga, n'ensi tennatondebwa. Buli kimu yakimanya. Era mu Ibulayimu, yasasula ekimu eky'ekkumi.

83 Kati mwannyinaze, muganda wange, osobola otya okumala geeyisa otyo, nga abantu basigula bakaabasajja, n'abakyala abafumbo ne basattulula amaka, n'otambulira mu bulamu obwo bw'otambuliramu, omulembe omulala ogusuubira kukola ki? Kiikino kye guli. Kati gufuuse butaliimu bwereere okuggyako ekibinja ky'abeeboolereze, abazaaliddwa mu butanwa, kibinja kya bugwenyufu. Era gusigazza ekintu kimu kyokka kye gulindiridde, lwe lunaku lwa bbomu nnamuzisa lwe tulimu. Ekyo kituufu ddala. Tuli mu biro bya nkomerero.

84 Erudda eri enzivuunuko y'obusozi bw'e Kentucky, enkya ya leero watuddeyo, akalenzi akato bambi, nga oyinza n'obutasobola kukasemberera kumpi, olw'okuwunya ebikanja by'omwenge bye kakolamu. Oba oli awo nga tekasobola na kwawula mukono gwa kkono ku gwa ddyo. Bwe kaawulira . . . Nneesanga ndi eyo mu bifo awatakkirizibwa. Nga ssimanyi na wa gyendi. Nga ndi eyo mu mpompogoma. Nnali ŋŋenda kuyigga bukaamuje. Bwe nnatuula wansi engulu eyo, ne ntandika okwogera nako. Akalenzi kano ne kaŋŋamba nti kagenda mu magye. Okukkakkana, ne tutandika okwogera ku Mukama, ne kagamba nti, "Mubuulizi, ggwe tokkiriza nti tuli mu biro bya nkomerero?" Emitala eri waggulu mu nsozi ezo.

85 Ne ŋŋamba nti, "Ddala, bye tulimu. Ddala, mutabani, tuli mu biro bya nkomerero."

86 Tuutuno wano. Bino by'ebiro bye tulimu, ow'oluganda. Wano we tuli. Temulaba bamaama edda eri, ne bataata, engeri gye baatambuzangamu obulamu, ne bajjajja abasajja ne bajjajja abakazi? Temulaba engeri taata ne maama gye batambuzzaamu obulamu? Ky'ova olaba nga tuli mu bwonoonefu bwe tulimu. Ky'ova olaba, nga osobola okubuulira n'obula okwekutulako omutwe; naye era bajja kusigala bakyayambala obuwale obumpi, bakufujjire n'amalusu mu maaso. Bajja kunywa ssigala bakufuumuulize omukka, bakugambe nti, "Fa ku bikukwatako." Lwaki? Kubanga ekyo kye kika mwe basibuka. Ekyo kye ŋŋenda okukwatako, butereevu oluva ku kino, *Ezzadde Ly'Omusota*. Tujja kuzuula w'ayingiriramu, tulabe lwaki beeyisa bwe batyo. Baana ba ssetaani okuviira ddala ku kutondebwa kw'ensi. Bwe kiri. Era tetukyalina kirala kyonna, kye tusigazza, okuggyako musango gwokka gwe gusigadde. Tewayinza kuba kintu kirala kyonna okuggyako omusango. Katonda ekintu kyonna ajja kukisesebbula busesebbuzi. Ate abantu bennyini be bakyekoledde. Katonda teyakigenderera kuba bwe kityo, naye yakimanya nti bwe kityo bwe kiriba. Ye nsoga lwaki Yagamba nti yali, "Wa kulimba abo bonna abatuula ku nsi, okuggyako abo nga amannya gaabwe gaateekebwa mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga ng'ensi tennatondebwa."

87 Leka tukyekkaanye. Tweyongereyokko mu maaso okusoma kaakati. Kati, kati nzikiriza tuli ku lwa 12.

> *N'amayembe ekkumi ge walabye be bakabaka ekkumi, abatannaba kuweebwa bwakabaka; naye baaweebwa obuyinza nga bakabaka awamu n'ensolo okumala essaawa emu.*
>
> *Abo* baliba *n'okuteesa kumu, ne bawa ensolo amaanyi gaabwe n'obuyinza.*
>
> Era *abo balirwana n'Omwana gw'endiga, n'Omwana gw'endiga alibawangula: kubanga ye Mukama* w'omwami, *era ye Kabaka wa bakabaka: era n'abo abali awamu naye a—abayitibwa, abalonde, abeesigwa.*
>
> *N'aŋŋamba nti, Amazzi ge walabye, omwenzi w'atudde, be bantu, . . . n'ebibiina, . . . n'amawanga, n'ennimi.*
>
> *. . . n'amayembe ekkumi ge walabye ku nsolo, bano balikyawa omwenzi, . . .*

88 Kati mukyetegereze ekyo, gano "amayembe ekkumi," obwakabaka buno ekkumi. Mukiraba, ekyo kwe kusaanawo kwa buli kimu, bannakyemalira bano kye bali. Mwekkaanye oludda bannakyemalira lwe beesigamira. Beesigamira ludda ki? Ggwe—ggwe mbuuliraayo nnakyemalira omu ateesigamira ku

bwannaakaly'ak'ani. Mukiraba? Era balikola (ki?) balikyawa "omwenzi," omukazi, ekereziya. Naye ate kiki? Mwekkaanye ekigenda okukikola.

> *. . . bano balikyawa omwenzi, balimulekesaawo balimufuula omwereere, era balirya ennyama ye, era balimwokera ddala omuliro.*

89 Ekintu ekyo balikisaanyizaawo ddala okuva mu mmaapu, era ekyo kiribaawo ddala nga bwe nnyimiridde wano. Twakamala okuyita mu ky'okuyigako ekyo awo eky'ekereziya eyo, ne tukirondoola okuyita mu Byawandiikibwa, awo we Kigambira, awasoma nti, "Bakabaka b'ensi eno bonna, n'abagoba b'emmeeri, n'abalala bonna, ne bakungubaga, kubanga Babulooni ekinene kigudde mu ssaawa emu." Mu ssaawa emu yokka, ekiseera kyakyo kyali kituukiridde! Era, ha, nga Kigamba nti, "Musanyuke mmwe abatukuvu, nammwe bannabbi mwenna abatukuvu, kubanga Katonda awooledde eggwanga ku mukazi ku lw'omusaayi gw'abatukuvu ne ku baganda bammwe." Mulaba, bwe kiri. Mazima, obwanaakaly'ak'ani bukolera mu ngalo za Katonda. Okufaananako ne Kabaka Nabukadduneeza bwe yali ekikozesebwa kyennyini, okujja okutwala Abayudaaya bali, bwe baawaŋŋangusibwa! . . .? . . .

90 Era ekibi kisobola okugenda mu maaso nga kyonoona, ensigo ey'obutuukirivu esobola okusigalamu naye ensigo n'egenda mu maaso nga evunda, nga bw'evunda nga bw'evunda okutuusa oluvannyuma lw'akaseera lw'eggwerawo ddala. Ekiseera kituuka, olw'okuba bannyaabwe ne bakitaabwe n'abalala bonna abaatusooka beeyisa bwe batyo, mu ngeri eyo, ne kituuka okuba nti ffe tetulina kye tusigazza. Ye mumanyi Yesu kye yayogera? Omulimu ssinga teyagusalako, tewandibaddewo muntu yenna alokolebwa.

91 Mukiraba? Mulaba ensonga lwaki tulina bano ba (ssiwa buwi ndowooza.) Arthur Godfrey, n'abalala bonna, mumanyi, mulaba, ba Elvis Presley, ne—n'eby'amakugunyu okuyita ku ngulu, zi woovolo, n'enviiri ezigwa ku mugongo, ne bino byonna, engeri abavubuka gye beeyisaamu? Biva ku ki? Bye biki ebyo? Kubanga biva ku bantu abeeboolereze, abaatusooka. Tewakyali kisigadde yadde! O, bajja kuyimirira bayimbe mbu, "Ai Katonda, Onsembeze, kumpi naawe," okufaananako ne Ernie eyayimba oluyimba lwa pea-picker n'abalala bonna abali batyo, babeeko oluyimba lwe bayimba, n'ebirala eby'engeri eyo. Ow'oluganda, nkubuulire? Obwo, obwo bunnanfuusi bwennyini obuwedde emirimu. Yee, ssebo.

92 Omusajja oyo mu kituuti kino talinaamu mugaso oyo agenda ebweru eyo n'azina amazina ag'okwekunkumula aga rock-and-roll ne bugi-wugi n'ebintu ebirala byonna. Talina mulimu gwonna mabega wano. Wano wa bakabona, abaayitibwa

Katonda. Abaweereza abaayitibwa Katonda be balina okuba wano. Ate si kubeerawo kukolerawo bintu bya ngeri eyo. Ogwo gwe mutawaana gwe tulina ensangi zino, ekkanisa bagifudde nga ekimu ku bibiina bya munnomukabi. Ekibiina kya munnomukabi si kibi, bw'obeera oyagadde okukikola, ekyo kiri gy'oli. Naye leka nkubuulire, waliwo enjawulo nnene ssinga ogezaako. . . wakati w'ekibiina kya munnomukabi n'ekkanisa. Yee, ssebo. Ebintu ebyo bw'oyagala okubikolera mu kibiina kya munnomukabi, mubeere n'obubagabaga obwa buli ngeri n'ebirala byonna, ekyo kiri gy'oli. Naye, ow'oluganda, ekkanisa esaanye okwerebwa yonna okuviira ddala ku kituuti okutuukira ddala wansi eri ku mwaliiro ogusembayo. Bwe kiri. Ssitegeeza kwerebwa na kussaamu madirisa mapya na bintu nga ebyo. Ntegeeza okwerebwa n'okudda obuggya okw'enkola enkadde, okutumiddwa Katonda okunaasaasaanya ekintu kyonna okuva ku ludda olumu okutuuka ku lulala. Yee, ssebo. Nga bw'omulisa ettaala, ettaala ey'amasanyalaze ku kibinja ky'ebiyenje ebiri ku apo. Yee, ssebo, byonna bisaasaanirawo ekitangaala olubikubamu kiti.

93 Kati mwetegereze, "Balina endowooza emu, bawaayo obuyinza bwabwe." Kati ndi wansi w'ekyo. "Amayembe ekkumi." Weewaawo, kaakano.

> *Kubanga Katonda yassa mu mitima gyabwe okukola kye yateesa,* (kiikyo), *n'okuteesa awamu, n'okuwa ensolo obwakabaka bwabwe, okutuusa ebigambo bya Katonda lwe birituukirira.*
>
> Kaakati, *n'omukazi gwe walabye* kye *kibuga ekinene, ekirina obwakabaka ku bakabaka b'ensi.*

94 Kati, tewali nsonga etuyisa bbali, ekyo tukimanyi nti bwe bukulembeze bw'ekereziya Katolika obw'emitendera. Tekyetaagisa muntu yenna ku. . . Ekyo nki—nkikkiririza ddala nga bwe nzikiriza nti nnafuna Omwoyo Omutukuvu. Ekyo nkikkiririza ddala nga bwe nzikiriza nti nze ayimiridde wano leero ndi Mukristaayo, nti obukulembeze bw'ekereziya Katolika obwo obw'emitendera kye—kye. . . Ekibuga Vatican kye—kye kibuga ekitudde ku busozi omusanvu. Obukulembeze bw'ekereziya obw'emitendera ye nsolo eyaliwo, etaliiwo. Ye Babulooni. Ekwataganira ddala na buli kimu kyonna, ekwataganira ddala n'Ebyawandiikibwa byonna. Ye ekereziya Katolika.

95 Kati, kati kiikino ekigenda okukwewuunyisa. Oyinza okugamba nti, "Naye, Ow'oluganda Branham, tonkoonyeeko." Naye leka mbeeko ne kye nkubuuza. Leka tuddireyo ddala ku lunyiriri olw'oku 5.

> *Ne ku* mutwe gwe *erinnya. . . eriwandiikiddwa, EKYAMA BABULOONI EKINENE, NNYINA*

W'EMIZIZO . . . *NNYINA W'ABENZI, ERA OW'EMIZIZO GY'ENSI.*

96 Yali kiki? M-w-e-n-z-i. Ate era yali n-y-a-a-b-w-e. Kiki? N-y-a-a-b-w-e. Waliwo bye yali yazaala. Nnyina w'abaana abalenzi? Wa bamalaaya! Malaaya kye kiki? Kintu kye kimu ne—n'omwenzi, mukazi mwenzi. Kiki ekyamufuula omwenzi? Njigiriza ye. Yeerimbika mu ky'okuba ekkanisa Enkristaayo, wabula nga abunyisa njigiriza ezaagunjibwawo abantu. Era wano agamba nti yalina . . . Bw'abeera nga ye yali ekibiina ekyasooka, kiba kirabika nga waliwo ebibiina ebirala ebyamuvaamu. Ye yali nnyina w'abenzi. Si bwe kiri? Nnyina w'abenzi. Kati, yali tayinza kuba nnyina, w'abalenzi. Yali tayinza kuba nnyina wa . . . Yalina kuba nnyina w'abakazi. Era, nga bwe kiri nti baali bakazi, kitegeeza gaali makanisa. Kaakati leka tulabe. Kiki ekyava mu . . .

97 Kibiina ki ekyasooka? Yali ekereziya Katolika. Kibiina ki ekyaddako? Luther. Eky'okusatu kyali kibiina ki? Zwingli. Kyaddirirwa ki? Calvin. Awo Abangirikaani ne baddako, Okuva ku Bangirikaani ne kuddako Abamesodisiti. Abamesodisiti, Abamesodisiti bavaamu ki? Okuva omwo ne muvaamu Alexander Campbell. Mu Alexander Campbell ne muvaamu John Smith. Okuva . . . Alexander Campbell ye Kkanisa eyeeyita enkristaayo; awo, ne babeera n'obubondo nga buna oba butaano, Church of Christ n'obubondo obwo obulala ne bwekutulako. Kati ate ne watandikawo ekkanisa y'Ababaputisiti, eyeeyawulayawulamu obuwayi obw'enjawulo obutonotono. Ate okuva mu kkanisa y'Abamesodisiti ne muvaamu . . . okuva mu kkanisa y'Abamesodisiti, mwasooka, ne muvaamu, Abamesodisiti ba Wesley, ate ne beekutulamu emirundi nga ena oba etaano. Ne baddamu ne bagunjaawo ekiwayi ekirala eky'Abamesodisiti, ne baddamu ne beekutuluma, ne bafuuka abaayitibwa ba Free Methodist. Ate—okuva mu abo ne muvaamu aba Nazarene. N'okuva mu ba Nazarene ne muvaamu aba Pilgrim Holiness, n'okuva ku ba Pilgrim Holiness n'obulala. Bubondobondo obutonotono bwe butyo obw'enzikiriza ez'enjawulo, nga bugenda bweyongera okumeruka, nga buli kamu ku bwo kabaako n'abakatandikawo abatonotono—abatonotono ne bugenda nga bweyongera okumeruka. Era buli kamu ku bwo kaakola ki? Okukkakkana ne kimaliririza mu Bupentekoote.

98 Ate Abapentekoote bo baakola ki? Baakola ekintu kye kimu nnyaabwe kye yakola, baddayo ne bagunjaawo ekibiina. Ekyo kyafuukamu ki? Ki—kibiina kya ddiini. Ggwe baako emu gy'oyingiramu, oluba okuyingira oti nga bakubuuza nti, "Ggwe oli wa njigiriza ki?" Mutabani, bakusanirira n'ekisanirizo ekirina amannyo amagumu ddala, olaba, okutegeera kiki ky'oli, na kiki ky'okkiriza. Era bw'osangibwa tokwataganira ddala nabo, ow'oluganda, obeera wagobeddwa dda. Ekyo bwe kiri.

99 Ate tolowooza mbu olw'okuba weeyita Mupentekoote mbu olwo oli bulungi. Ow'oluganda, wajja kubaawo Abapentekoote bangi nnyo abawaba okwenkana n'abo abali mu kkubo eggolokofu, nkakasa. Mukiraba?

100 Kaakati, ebibiina ebyo byonna, ssinga byaleka omukisa gw'Ekipentekoote ne gugenda mu maaso, ne bitagugunjaamu kibiina, naye ne bigukuumira mu bwa sseruganda ne bireka Omwoyo Omutukuvu y'aba ayawula. Omwoyo Omutukuvu ayawula. Ananiya ne Safira lumu bajja, ne boogera *kino-na-kiri;* naye Omwoyo Omutukuvu n'agamba nti, "Lwaki mulimbye?"

101 Naye ffe tugamba bugambi mbu, "Oyo nno, ye Ow'oluganda Jones, togeza n'obaako ekikyamu kyonna ky'omwogerako, y'asingayo okuwaayo ssente gwe tulina mu kkanisa. Mmanyi yafuna Omwoyo Omutukuvu; nnali muwuliddeko nga ayogera mu nnimi, era nnali mmulabyeko nga aleekaanira mu Mwoyo." Ekyo tekirina njawulo yonna gye kikola era kiringa okuyiwa kawo ku ddiba ly'ente ekkalu. Olaba? Tekikirinaako kakwate konna. Katonda y'ayogera. Ye y'ayogera oba nga ekyo ky'ali oba si ky'ali. Mazima ddala. Naye ffe twakissa ku ddiini yaffe. "Kati, tugenda ne tumugoba mu—mu ba Assemblies, aba Oneness ne bamwetwalira. Aba Oneness ne batambulako naye okumala akaseera, bwe bamala nabo ne bamugoba. Kubanga, batambulako naye ne bamutuusa erudda, ate aba Yesu Yekka ne bamwetikka. Aba Yesu Yekka bwe batambulako naye okumala akabanga, ate abaddako okumwetikka ne babeera ba Church of God, ne bamwetikka. Aba Church of God of Prophecy olumwetikka, ate ab'omugendo gwa Tomlinson ne bamukwakkula." Oh, abange! Ow'oluganda, ssimanyi oba tetuutere kuggwaayo! Ebyo nno biri mu Bapentekoote, okudda obuggya okwasembayo. Era kati balina omugendo gw'Omumuli ogwa Bululu, balina n'abasinza amafuta, ne—n'ab'omusaayi mu kyenyi. Ne, o, twetaaga kusaasirwa, ssimanyi na we batuuse kati.

102 Ekintu kiri kimu kyokka, nti ekintu kyonna kyonoonese. Mukimanyi nti Bayibuli yagamba kiryonooneka? Mukimanyi nti—nti Bayibuli ebiro bino ebyogerako, nti biribaawo, n'emmeeza za Mukama we ziriba zijjudde ebisesemye? N'agamba nti, "Ani gwe Nnaayigiriza enjigiriza? Ani gwe Nnaaleetera okuntegeera? Kubanga kiteekwa kuba kiragiro ku kiragiro, ku kiragiro, lunyiriri ku lunyiriri." Ani gw'Ayinza okuyigiriza enjigiriza? Abo abaggyibwa edda ku mabeere, nyaabwe. Mulaba?

103 Kati, tewaliiyo—tewaliiyo mukazi yenna, k'abe mukazi omugwaagwa ow'omu kibuga kino bw'azaala omuwala azaalibwa mbeerera. Azaalibwa mbeerera, kati, era asobola okweyongerayo nga mulungi. Naye bw'oteegendereza, nnyina bw'abeera wa kikula ekyo, omuwala oyo, emirundi mwenda ku kkumi, ajja kweyisiza ddala nga nnyina bwe yeeyisa. Kati,

ekyo mukimanyi nga kituufu. Omukazi omukadde addukanya ekisulo ky'abakazi abenzi, asobola okuzaala akawala. Kayinza okutuuka ku myaka kkumi na mukaaga, nga kalongoofu era nga ka mpisa nnungi nga eddanga lyonna, wabula, ekyo kibaawo ssinga kasigala bwe katyo. Naye, omutawaana guli nti, kaddayo ate ne keeyisa nga nnyina waako.

104 Kati, ekereziya Katolika ye malaaya ow'edda eyasooka okuvaayo n'enjigiriza ze yeegunjizaawo nga ye, eby'okuwanuuza, Bayibuli, gw'eyogerako nti, "Yava mu bunnya obutakoma era agenda mu kubula." Bayibuli ekyo y'ekyogera. Kati, ezo bwe baziyigiriza, kiba kikyamu. Kikyamu, okusinziira ku Kigambo kya Katonda. Ate ne wajja ekkanisa y'Abamesodisiti, eyazaalibwa okuva mu eri, nga omuwala omuto alabika obulungi, naye nayo yakola ki? Yakyuka n'ekolera ddala ebintu bye bimu nnyina waayo by'akola. Ereka abagoberezi baayo ne bambala obuwale obumpi. Ebaleka ne banywa ssigala. Ebaleka ne beejeeguula era ne beeyisa nga bwe baagala. Ne wataba kiboogerwako. Bambi omusumba ow'ekibogwe emabega eyo, emabega ku kituuti, abeera atya nti omusaala yandigufiirwa, oba obutaddamu kufuna mukebe gwa bisikwiti gw'abadde afuna.

105 Leka nkubuulire, ow'oluganda, waakiri mbuulira Enjiri, ne ndya bu bisikwiti ne nnywa n'amazzi g'oluzzi, naye ne mbuulira Amazima g'ensonga. Abakkiriza bange bonna ne bwe basituka ne bafuluma, era nja kubabuulira Amazima g'ensonga. Mazima, ddala.

106 Mutawaana ki? O, kunoonya kya kulya. "Kale, omanyi, nze omusumba w'ekkanisa esingirayo ddala obunene mu kibuga." Nammwe Ababaputisiti n'Abamesodisiti ne muwuliriza nnabbi ow'obulimba. Kati, ekyo kikalubo, naye ekintu kyonna ekiyigiriza ebikontana ne Bayibuli eno oyo abeera nnabbi wa bulimba. Ssifaayo oba kya bugunjufu okwenkana wa, buba bunnabbi bwa bulimba. Bwe kiri.

107 "Ha, buli kimu kiri bulungi ggwe erinnya lyo kasita liba mu kitabo." Erinnya lyo liyinza okuba mu bitabo kkumi na bibiri. Naye bwe liba teriri mu Kitabo kya Bulamu, wabula! Wandiba omulungi okuzaama, wandiba omujjumbize ennyo era nga oli mulongoofu era wa mpisa nnungi nnyo nga bw'osobola, naye ekyo tekijja kuba na kakwate nakyo yadde.

108 Esawu yali akubisaamu Yakobo emirundi ebiri, bw'oyogera ku ky'okubeera omusajja, nga alabirira kitaawe nnamukadde omuzibe w'amaaso n'ebintu ebirala bwe bityo. Naye Yakobo yali kalenzi akakumpanya akataavanga wali nnyina waako, akalenzi akeeyisanga nga akawala. Naye Katonda n'agamba nti, "Yakobo mwagadde naye Esawu mmugaanye," nga ku bombi tekuli yaazaaliddwa. Abaruumi 8 bwe watyo bwe wagamba. Ekyo ddala bwe kiri.

109 Katonda amanyi ekiri munda mu muntu. Era Amanyi n'ekiri, mu kkanisa. Tubeerawo lwa Mugaati ogw'Obulamu, Omugaati ogw'Ekigambo kya Katonda. Kati, eyo ye nsonga lwaki tetuli kibiina kya ddiini.

110 Kati njagala mbaweeyo akantu akalala. . . njagala mbawe eky'okulabirako ekitonotono kye nnawandiise wano. "Omukulu. . . " Kati mu Kubikkulirwa mu 19:2. Nnina ekintu kye nnalambyeko wano. Njagala twetegereze tulabe kiki kye kiri kati.

> *Kubanga* emisango gyo *gya nsonga era gya mazima: kubanga asalidde omusango omwenzi omukulu, eyayonoona ensi* n'obwenzi *bwe, era awooledde eggwanga ly'omusaayi gw'abaddu be mu mukono gw'oyo*. (Eyo y'enkomerero ya ekereziya Katolika.)

111 Kati, era twagala mwetegereze, ne wano, nti ekibiina ky'eddiini—nti ekibiina ky'eddiini ne mu Byawandiikibwa kizuulibwa wano, nti . . . Nate era Bayibuli terina w'eyogerera ku kibiina kya ddiini. Ebibiina by'eddiini byasibuka mu ekereziya Katolika. Ye yasooka okugunjaawo ekibiina ky'eddiini, era buli kibiina kya ddiini kivuddenga omwo. Kati, kino kigenda kufumitamukko. Kigenda kweyongera okufumita gye tweyongera, mulaba. Naye nja—njagala mukirabe nti ebibiina by'amadiini tebyasibuka oba Katonda si ye yabitandikawo. Byatandikibwawo ssetaani.

112 Ekkanisa ya Katonda. . . Tetweyawuddeyawudde, ffenna tuli omubiri gumu; essuubi limu n'enjigiriza, era tuli bumu mu kwagala. Eyo ye Kkanisa ya Katonda omulamu. Ssi nsonga oba biki, ebintu ebyo byonna, ffenna tuli wamu! Bwe kiri. Oba Mumesodisiti oba Mubaputisiti, ow'oluganda, bw'aba yazaalibwa omulundi ogw'okubiri era nga yajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, abeera muganda wange. Ffenna tutambulira wamu. Bwe kiri. Yee, ssebo. Tekikolawo njawulo yonna.

113 Musa. Oluusi ntunulatunula nga bagamba nti, "Omanyi ekibinja ky'Abapentekoote abo abazoole, Ow'oluganda Branham, ddala kiki ekikutwala okukolagana n'ekibinja ky'abantu nga abo?" Mumanyi? Musa yalengeranga abaana ba Israeri. Yalengereranga mu ddirisa lye limu ne Falaawo lye yalengererangamu. Falaawo yabalaba nga abasambi b'akadongo, naye ye Musa n'abalaba nga abalonde ba Katonda. Yakitegeera nti baalina ekisuubizo. Atya? Yakimanya kuyita mu Kigambo. Era olw'okukkiriza. . . Nga y'asemberedde okulinnya ku ntebe ey'obwakabaka, okuba Falaawo, nga ensi yonna emuvunnamira, nga atuula awo ne bamunywesa enviinyo, n'abakazi abalabika obulungi nga bali awo okumuwujjawujja, nga omukulu w'amatwale, oba nnakyemalira, oba kabaka w'ensi yonna, Musa omuto, ku myaka ana egy'obukulu, ebyo bye yalina mu mukono gwe. Yalengera abasambi b'akadongo

abo ebweru, naye n'akitegeera nti ali omu ku bo. Aleeruuya! Bwe kiri. Yakitegeera nti ali omu ku bo. Era olw'okukkiriza, kwokka, n'alondawo!

114 Buli muntu ateekwa okulondawo. Oteekwa okulondawo. Ogenda kulondawo ne kaakano. Ogenda kulondawo enkya ku makya. Ogenda kulondawo enkya akawungeezi, bw'onaaba okyali mulamu. Lumu ojja kulondawo. Ow'oluganda, nze lumu edda nnalondawo. Bayibuli eno ye yali enkuluze yange. Bayibuli eno kye kyali Ekitabo kyange eky'Obulamu. Bayibuli eno kye kyali Ekigambo kya Katonda. Bayibuli kwe ntambuliza obulamu bwange. Bayibuli gye nneesigamako.

115 Kale, Musa yatunula ebweru n'alengera abaana ba Israeri. Ate teyagamba bugambi nti, "O, bantu balungi. Ssibalinaako nsonga yonna. Ha, nedda, ssisobola kuboogerako kikyamu kyonna." Abantu bangi bwe batyo bwe bakola leero. "O, Abapentekoote abo n'abantu abo abalina Omwoyo Omutukuvu, n'abo abakkiririza mu kuwonyezebwa kw'Obwakatonda, o, ssi—ssi—ssikirinaako buzibu bwonna." Naye Musa teyali bw'atyo. Yeerekereza Misiri n'afuuka omu ku bo. Yafuluma n'agenda eri baganda be. Yali omu ku bo.

116 Ow'oluganda, nange okwo kwe kulondawo kwange. Nja kugenda n'abatono ba Mukama abanyoomebwa, ne bwe baba ba lubatu, kyonna kye kiri. Balina ekisuubizo, era ndaba amannya gaabwe mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga. Baganda bange. Bwe kiri. Londawo okuyimirira nabo. Oba batuufu oba bakyamu, ggwe yimirirawo mu buli ngeri. Bwe babeera bakyamu, bayambe okudda eri ekituufu. Ddala. Okubazunza okubazza eno n'eri tekigenda kubayamba n'akatono. Okiraba, gezaako okubasikayo.

117 Charlie, nga bwe baayogera ku W'oluganda Allen, ku bikwata ku muliro gwe ba . . . ku musaayi mu bibatu. Nnagamba nti, "Ssaanyoomoola, A. A. Allen ssaamunyoomoolako." Nnagamba nti, "Ssinga mbadde nsobola okubuulira nga A. A. Allen, ssaandyetaaze kukola nkuŋŋaana za kusabira balwadde." Kati, bwe kituuka ku ky'obutakkiriziganya ku kigamba nti omusaayi oguva mu bibatu byo, bwe bukakafu nti olina Omwoyo Omutukuvu, ekyo sikkiriziganye nakyo. Naye bwe kituuka ku bwa sseruganda, muganda wange. Nnyimirira naye mu lutalo. Bwe kiri. Bw'aba omukyamu, nja kugezaako okumuyamba. Ate bw'aba ssi mukyamu, bwe mba nga nze mukyamu, njagala annyambe. Era bwetutyo bwe—bwe tukolagana. Kaakati mulabeeyo wano.

> . . . yali *EKYAMA, BABULOONI . . . NNYINA W'ABENZI . . .*

118 Kati mulaba engeri ekkanisa leero, mikwano gyange, mulaba engeri amakanisa gano leero abantu gye bamala gatambulamu mu ngeri yonna gye baagala? "Tekirina

mutawaana n'akatono, genda mu maaso," embizzi erya mbizzi ginnaayo, ggwe tobifaako. "Ndaba, ekyo tekiriimu kabi okukikola. Ndaba, mmwe mugezaako okweyisa mu ngeri ey'ekikadde." Kati mwetegereze enjigiriza yaabwe. Kati njagala. . . Kati mwekkaanye. Bwe batyo bwe beeyisa. Mukiraba, nti emyaka mitono egiyise, nti ab'ekereziya Katolika bokka be baali bakkirizibwa okugenda mu bibanda bya ffirimu? Ab'ekkanisa y'Abamesodisiti baali tebasobola kulowooza ku kintu nga ekyo. N'amadiini ago gonna nga bagamba, "Nedda! Ebyo bikolwa bya ssetaani." Naye nneewuunya ekyabaawo. Yee, ssebo.

119 Ate mukimanyi, nti oyinza okuggyayo abawala abo Abakatuliki, ne bajja n'obuntu buno. . . (Kati, abamu ku mmwe abalenzi abakulu ab'emyaka gyange.) . . . mwajjanga ne mulaba akantu kano we baafunguliranga amaviivi. Omusajja oyo, yandiba nga, ali mu ggeyeena, akawungeezi kano. Ssimanyi. Ssi nze mmusalira omusango. Naye bwe yafulumya akayimba ako akakyafu akaasooka akeesolossa ne kakubibwa ku leediyo, nga tekamaze kusooka kwekenneenyezebwa, akaali kagamba nti, "Muzisse wansi, bawala, muzisse wansi; muzisse wansi mwolese amaviivi gammwe aganyirira." Bameka abakajjukira ako bwe kaali kaakafuluma, emyaka egiwerako egyayita? Eyo awo ye nsobi eyasookera ddala. Bwe kiri. Era bwe baaleeta omusajja ono okuva mu Texas, ne batwalayo abakazi bali ne bakozesa obugoye obwo obw'omunda okubaleetera okubaako engeri gye balabikamu ate kye bataali, n'ebintu ebirala nga ebyo, ne babaleka ne bayinaayina. Kati ekyo kyavaamu ki? Kyatandika okugenda nga kisensera. Guba mwoyo.

120 Omusajja yali ayogera, luli. N'agamba nti, "Ssimanyi kye ŋŋenda kukola. Nnina omulenzi omulungi, omwesimbu, naye omulenzi oyo agenda akwakkula buli kimu ky'akwatako."

Ne ŋŋamba nti, "Lwaki?"

"Akolagana n'omubbi."

121 Bw'otambula n'omubbi, naawe ogenda kuba mubbi. Mmange omukadde ow'omu Kentucky yateranga okugamba nti, "Bw'oliraana embwa erina enkukunyi, naawe, ojja kuvaawo nga olina enkukunyi." Ggwe ddira—ddira omukazi ataliimu kalungi yadde, o. . . omuwala, omuteeke n'o—n'omulenzi ow'empisa ennungi, mu kaseera mpa we kaaga omulenzi oyo ajja kuba mugwaagwa ddala nga akabwa. Kati kikyuse ne ku ludda luli olulala. Mikwano gyo gye giraga kiki ky'oli. Weeyawule! "Mubaveemu," Bayibuli bw'egamba, "mweyawule!" Ky'ekyo ddala.

122 Amadiini gaabwe bwe gaweebuuka eky'enkanidde awo ne gatuuka n'okuleka abantu baabwe. . . Kati, wano jjuuzi, mu kkanisa y'Ababaputisiti ennene ennungi ddala, baalina okusooka ne bayimiriza okusaba. Omusajja yali asobola,

kubuulirira ddakiika abiri zokka, kubanga omusumba yalina okusooka afune akaseera k'okufuuwa ku ssigala. Ekibiina kyonna kyafuluma. Bonna baayimirira ebweru awo nga bwe bafuuwa ssigala munwe ku munwe, oluvannyuma ne bakomawo munda, omusumba n'abalala bonna. Nnagenda mu kkanisa ey'abakkiririza mu Kwetongola kw'ekibiina ky'ekkanisa, waaliwo omusajja eyali ayimiridde, nga ayambadde egganduula empanvu, ayimiridde awo, n'agamba, nga bwe yeesigamye ku kituuti *ati,* nga ayogera ku kika ky'ekimuli kye yasanga waggulu ku kasozi. Kyenkana yayogera ekyo kyokka, n'addayo ebweru. Engalo ze nga zonna zaafuuka za kyenvu olw'omukka gwa ssigala. Weewaawo. N'ayogera ku bakazi, ku muzannyo guno omusajja gwe yali agenda okuzannya. . .Omuzannyo gw'Ekigirimaani guno baguyita batya gwe bazannya nga bakozesa, w'okyangira—kyangira matatu, mugumanyi? Yalina. . .O, nnalowoozezza nti nnaagujjukira. Pinochle, baali bagenda kuzannya muzannyo oguyitibwa pinochle. Ndowooza gwe gwo. Weewaawo, gweegwo w'okyangira matatu. Kuba kuzannya matatu okwa bulijjo. Omuzannyo gwa pinochle, eyo mu mwaliiro ogusembayo wansi! Naye, abaffe! Gusibuka mu ekyo. Tekyewuunyisa! Kiki ekibakoza ekyo? Ate bwe bamala ne bavumirira ab'ekereziya Katolika erudda wano mu bifo bino ebya Lotale nga bwe bazannya zzaala. Ndaba, nammwe ab'Enzikiriza eziwakanya Obukatuliki muli boonoonefu nga bo, kati olwo ogwo mugwogerako ki? Entamu tesobola kugamba bbinika nti "eddugala." Mazima ddala. Mumala okukola ebyo, bwe muva awo ne mmugamba mbu, "Nze, ndi Mupulesibiteriyani. Ndi Mumesodisiti." Tolina ky'oli okutuusa nga ozaaliddwa omulundi ogw'okubiri. Bwe kiri. Era ebyo bw'obikola, okimanya, kubanga wabaawo ekintu munda mu ggwe ekikugamba nti ebintu ebyo bikyamu, era amazima gali obeera ojja kubivaamu nga bwe wali omuto n'okula. Ago mukimanyi nti ge Mazima. Ddala ddala. Yee, ssebo. Ebintu ebyo bigendera ddala buziba mu ekyo. Lwaki?

. . .*NNYINA W'ABENZI*. . .

123 Olumu ku nnaku zino, nnamukadde maama ono ajja kugamba nti, "Omanyi? Ndaba, ffembi tuli kye kimu, mukwano." Mumanyi ekinaddirira oluvannyuma lw'ekyo? Omukago gw'Amakanisa gujja kwegatta wamu nga bwe bakola kaakano. Era mumanyi ekinaabaawo eri akabiina akatono nga kano? Mugenda kukisasulira, batabani. Ekyo ddala bwe kiri.

124 Naye temweraliikirira, Omwana gw'endiga alimuwangula. Kubanga ye Mukama w'abaami, era Kabaka wa bakabaka, era Katonda ajja kukulembera Kkanisa Ye, so si kibiina kya ddiini. Alifuka Amafuta ago ag'omuwendo ag'Omwoyo Omutukuvu ku Kkanisa eyo. Ow'oluganda, Omuliro guligwa okuva mu Ggulu, n'obubonero n'ebyamagero biribaawo, mu ngeri gy'otalabangako. Yee, ssebo. "Temutya, mmwe ekisibo

ekitono, kwagala kwa Kitammwe okubawa Obwakabaka." Yee, ssebo. "Oyo agumiikiriza okutuuka ku nkomerero!" Kiikyo. Ssigala mu lugendo. Omutwe gwo gukuumire e Kalivaaliyo. Bayibuli eno ntuufu. Teweraliikirira.

125 Kati mwekkaanye. Waliwo emize egimu gye balina. Ezimu ku nneeyisa zaabwe. Tuyinza okweyongerayo. Mumanyi ekyabaawo, kyasensera ne kiyingira mu makanisa ag'Enzikiriza eziwakanya Obukatuliki. Awo abakazi Abakatuliki ne batandika oku. . . Kuba, tekyabangamu kabi konna kwambala buwale bumpi, kasita baagendanga mu ekereziya nga beesibye akatambaala ku mitwe gyabwe. Ngeri ya kalombolombo mbu, "Tolya nnyama yonna ku Lwokutaano." Naye, ha, wa we mwali musanze ekyogera ku kwesiba akatambaala ku mutwe okuyingira ekereziya? Njagala mundage Ekyawandiikibwa ekyo. Bunnabbi bwa bulimba. Mu kkanisa wa we kigambira nti osaanye okwambala enkofiira mu kkanisa? Bw'oyambala enkoofiira ku mutwe gwo, obeera oweebuula Kristo, bwe kiri; abasajja, be njogerako. Abakazi, mulina ekibikkako, naye nsoomooza omuntu yenna okundaga wa we kigamba nti yagamba kwambala nkoofiira oba katambaala. Nviiri zammwe! Naye mwazisalako. Kaakati ekyo mukyogerako ki? O, bagamba kimu mbu, "Ebyo byava ku mulembe." Bwe biba byava ku mulembe, kati eyo Bayibuli! Ate Ekigambo kya Katonda kituufu.

126 Bwe nnali njogera wano, gye buvuddeko, ku mukazi eyanaaza ebigere bya Yesu, n'addira enviiri ze, nga bwe mumanyi, n'a—n'azisiimuuza ebigere. Nnagamba nti, "Ekyo engeri yokka omukazi gy'ayinza okukikolamu, kwe kwesimba nga asoosezaawo mutwe okusobola okuweza ku tuviiri otumala okunaaza ebigere Bye, otw'okubisiimuuza." Bwe kiri. O, nga, kya nsonyi okulaba engeri. . . Olwo nno, mu mbeera y'obudde eno ey'obutiti, ne batambula nga beesuuddeko akakooti, naye nga emibiri gyabwe giri ku ngulu gyonna.

127 Bwe muva awo ne mugamba nti, "Naye lwaki osojjasojja nnyo abakazi?" Mwetaaga okusojjasojjebwa.

128 Kati ate mmwe abasajja abaleka abakazi bammwe okukola batyo, ow'oluganda, ssi—ssimanyi kye nnyinza kukulowozaako. Kati, ekyo bwe kiri.

129 Nammwe abasumba, ssisuubira nti weemuli wano. Naye bwe mulaba omusajja nga oyo, mumugambe ajje, mumugambe, ajje ansisikane. Mukiraba? Bw'aba takyassa kitiibwa mu Kristo kisingawo ku kumala galeka kisibo kuyinaayina awatali. . . Kati ye. . . Bayinza okukikolera ebweru eyo nga tamanyi, naye bw'atakibabuulirako, abeera tagwanidde kuba muweereza wa Yesu Kristo. Ekyo mazima ddala bwe kiri. Tagwanidde kuba muweereza wa Kristo. Omuweereza wa Kristo talina kuba na

kutya kwonna kasita ensonga ebeera nga ekwata ku Bayibuli. Mazima ddala. Naye baabo, bagenda ne bamala gakikola.

130 Era, mumanyi ekiddirira, ab'Enzikiriza eziwakanya Obukatuliki nga nabo baakibase dda. Mmwe Abamesodisiti abalungi, nammwe Ababaputisiti, nammwe Abapulesibeteriyani, oba aba Nazarene, aba Pilgrim Holiness nammwe abalala mwenna, ekintu kye kimu, ne kibuna wonna, nga byonna, tewali njawulo yadde. Kiikyo, "Nnyina w'abenzi." Eddiini yo n'egamba mbu, "Kasita bibeera nga byatandikira ku kitebe ekikulu, njawulo ki ebaawo?" Okiraba? Naye ate waliwo enjawulo nnene ddala. Tekyatandikira, ku Kitebe ekikulu *kiri*. Kiyinza okuba kyatandikira ku kitebe kyammwe ekikulu wansi wano, naye si Kiri waggulu Eri. Kisinziira ku wa gy'ova. Kituufu.

131 Kati, ssirowooza nti tukyalina obudde okukwata ku kino ekirala, oba oli awo nkireke tunaakikwatako ku makya. Kale, leka tukwate ku kino ekitono ekimpimpi. Tulina, wano, "okubatizibwa mu mazzi." Tulina ne "okuteekerwateekerwa," ne, ha, bintu bingi. Kale tukwate ku kino, kino ekitonotono, ekimpi ekya "abakazi ababuulizi," tukwate ne ku kino.

132 Kati, kaakati, omubuulizi omukazi, ssaagala kukulumya, naye waliwo kye njagala okukubuulira. Tolina yadde akatonyeze k'Ekyawandiikibwa, yadde akamu bwe kati mu Bayibuli. Weewaawo, mmanyi gy'ogenda okuddukira, era weewaawo, byonna ebyo mbirina ebigamba nti, "N'abaana bammwe ab'obulenzi n'ab'obuwala baliragula." Kaakati, omusumba wo bw'aba ekigambo "kulagula" tamanyi kye kitegeeza, aba—aba talina ky'amanyi. Talina mulimu gwa maanyi guli awo gumubeeza mabega wa kituuti, nga agezaako okukuyigiriza okubeera omubuulizi. Okiraba? Kubanga, amazima gennyini, kinenyezebwa okuviira ddala mu Lubereberye okutuuka mu Kubikkulirwa. Kati leka nkulage kino, labayo.

133 Kati njagala mumbikkulire mu Timoseewo Ekisooka 2:11. Mmwe mubikkule awo kino tujja kukizuula kati, era ekyo nakyo tujja kukisanga, ne wano, mu Bikolwa by'Abatume essuula 2. Weewaawo. Kati—kati muwulirize buwuliriza wano Ekyawandiikibwa kye kigamba ku nsonga eno.

134 Kati, waliwo abaddenga agamba nti, "Naye, Ow'oluganda Branham, olabika abakazi obakyawa bukyayi." Ssikyawa bakazi. Ndi . . . Kye ssaagala kwe kulaba abakazi nga bagezaako okwewaŋŋamya mu bifo mwe batalina kubeera.

Mujjukira erudda wano ku Mwalo gw'emmeeri ogwa Howard, ogumu ku myalo egisingayo obututumufu ku Mugga Ohio? Baaguteekako omukazi okugukulembera. Mulabe ebyaddirira.

Omukazi baamuwa eddembe okukuba akalulu. Mulabe ebyaddirira.

135 Muleke mbabuulire kaakano. Ssi kuwalabula buwalabuzi bakazi. Njagala abasajja nammwe mukitegeere nti kino kibakwatako. Naye leka mbeeko ne kye nkubuulira, ow'oluganda. Eggwanga lino ggwanga lya mukazi. Ekyo nja kukikukakasa, nga nkozesa Ebyawandiikibwa, oba ekintu kyonna ky'oyagala nkozese okukikakasa. Kino ki . . . Kifaananyi ky'ani ekiri ku ssente zaffe? Kya mukazi. Asangibwa wa? Mu Kubikkulirwa, wano, w'omusanga. Era, liri nnamba kkumi na ssatu, buli kimu kye lyatandika nakyo; emmunyeenye kkumi na ssatu, ebikuubo kkumi na bisatu, amasaza kkumi n'asatu. Kkumi na ssatu, buli kimu kyali kkumi na ssatu, okusooka kwa byonna. Alabikira mu ssuula ya 13 mu Kubikkulirwa. Mukazi, kkumi na ssatu!

136 Era mu 1933, Mukama bwe ya . . . Bwe twalina enkuŋŋaana erudda wano kati awali ekkanisa ya Kristo eyo eyitibwa, eryali ekkuŋŋaaniro lya ba Masoni, okwolesebwa kwa Mukama kwanzijira engulu wano ne kulagula nti "Bugirimaani ya kugolokoka ezimbe Ensalo eyo eyitibwa Maginot." Bangi ku mmwe mukijjukira. N'engeri gye baali bagenda okwezimbako bbugwe babeere munda omwo, n'engeri Abamerika gye baali ab'okukubibwa obubi ennyo ddala ku nsalo eyo yennyini. Ne kwogera na biki ebyali bigenda okubaawo, ne Roosevelt n'ebintu ebyo, engeri gye yali agenda okwesimbawo era awangule ekisanja ekyo eky'okuna. Byatuukirira ddala, nga bwe byajja bibaawo. Era ne kugamba nti emmotoka zaali za kwongera okufaanana nga eggi, okutuusa mu nnaku ez'oluvannyuma we ziribeerera ddala mu nkula y'eggi. Era nnagamba nti, "Ekiseera kirituuka nga emmotoka ezo tezikyavugibwa nga bakozesa siteeringi. Baliba bakozesa kintu kirala okuzivuga." Ezo ze mmotoka ze bafulumya kaakano, ezitambulira ku limooti, olw'okwewala obubenje. Kituufu. Oliba tosobola kuyingira mu kibuga . . . Nga, mu kitundu awalina okuvugirwa ssupiidi ya mayiro abiri, era ovugirawo mayiro abiri. Nga tosobola kutomera mmotoka ndala, kubanga etambulira ku limooti. Mukiraba, ne kaakano, kigenda mu maaso. Era nnagamba nti, "Mujjukire nti, mu kiseera ekyo, nga enkomerero tennatuuka, nga enkomerero tennatuuka, nti omukazi . . . Kati, kino mwenna mukiwandiike. Walibaawo omukazi ow'ekitiibwa, ow'amaanyi aligolokoka, ekimu ku byo aliba Pulezidenti, oba nnakyemalira, oba omukazi ow'ekitalo ow'amaanyi mu ggwanga lino erya Amerika. Era liribbira, olw'okuba wansi w'okufugibwa kw'abakazi. Kati, njagala mujjukire, nti ekyo kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA." Mukiraba?

137 Ate eggwanga kkyamu mu ekyo. Ye kiki kye liba liggulidde? Muleke mbabuulire. Mubeere ba mwoyo. Leka . . . Muzibuke amaaso. Mulabeeyo. Lwaki likikola ekyo? Kuwa ekereziya Katolika omwagaanya eyingire. Mukiraba? Musinza bano abazannyi ba firimu ne bino ebintu ebirala

byonna eby'enjawulo. Mujjukira obubaka bwe nnabuulira? Margie, obujjukira, wayiseewo emyaka, obwali bukwata ku—kulumbibwa kwa Amerika, okumaamulako gavumenti y'Amerika. Ne bwe nnagamba nti yagolokoka kuva mu Paris bwe twamala okubataasa okuva eri abakazi abo, omwenge n'okukyakala. N'abbulukukira mu Hollywood. Kati, mu kifo ky'okuba nti ffe tutumya e Paris okufuna aboolesa emisono gy'engoye, ate bo be batumya wano okufuna aboolesa emisono gy'engoye. Ekyo kyavaamu ki? Kyavaamu . . . Tetwaganyanga baana baffe kugenda mu bibanda bya ffirimu, naye yayingira butereevu ttivi, n'agenda mu maaso n'okwonoona ekintu kyonna, kyonna n'akittattana. Era kati tuutuno leero, obuwala obuto bwonna n'obulenzi, bwonna bufaanana nga bano abazannyi ab'oku ttivi. Ekyo kiba kiki? Kuba kutandiikirizaawo bya mulembe. Nkubuulira, omukazi omu omugwenyufu asobola okutwala abantu bangi nnyo mu ggeyeena n'okusinga ebirabo by'omwenge byonna by'oyinza okuteeka mu kibuga. Bwe kiri. Laba bw'atambula nga aserengeta mu kkubo nga yenna yeeyambudde engoye, ssifaayo ne bw'aba musajja ki yenna, bw'aba nga ddala musajja mulamu bulungi talina buzibu bwonna, bw'atunuulira omukazi oyo ateekwa okubaako n'enneewulira gy'afuna mu ye. Kati mubeere beesimbu. Ssifaayo . . .

138 Mmaze emyaka egiwerako kasookedde nfuna Omwoyo Omutukuvu. Tosobola kutunuulira mukazi nga kyenkana ali bukunya . . . Nta—ntambula n'akasaalaba mu mmotoka yange, bangi ku mmwe mwali mukalabyeko. Waliwo eyaŋŋamba nti, "Oli Mukatuliki?" Abakutuliki bajja wa eky'okuba bannannyini musaalaba? Omusaalaba gutegeeza "Mukristaayo."

139 Buli obubumbe bwa Sesiriya Omutuukirivu n'ebintu ebiri nga ebyo bwe bubonero bw'Obukatuliki. Ffe tetukkiririza mu bintu bya ngeri eyo. Tukkiririza mu Kristo. Balina abafu aba buli ngeri be basinza. Bwe busamize obw'eddaala erya waggulu. Ekintu kyonna, kusinza bafu kwereere. Tetulina kintu kya ngeri eyo, nedda.

140 Nnabuuza omusaseredooti oli. Ne ŋŋamba nti, "Kati, ate lwaki, bwe kiba nti . . . Peetero ye paapa eyasooka?"

N'addamu nti, "Bwe kiri."

141 Ne ŋŋamba nti, "Kati ate lwaki Peetero yagamba nti, 'Tewali mutabaganya mulala wakati wa Katonda n'omuntu okuggyako Omusajja oyo Yesu Kristo'? Kyokka mmwe mulina abakazi abafu enkumi ttaano, n'abalala bonna, be mufuula abatabaganya. Ddala kiki ekyabaawo?" Kiikyo. Ku ekyo tebalina kya kuddamu. Bwe kiri.

142 Kati ezimu ku njigiriza zaabwe, enjigiriza zaabwe ez'obulimba, waliwo ekibinja kya bannabbi b'obulimba ab'Enzikiriza eziwakanya Obukatuliki ate abavuddeyo

okuba nti ze bayigiriza, nammwe bantu mmwe ab'Enzikiriza eziwakanya Obukatuliki ne muzikkiriza. Ekyo ddala bwe kiri. Amadiini n'embatiza ezitali zimu, n'enkola ezitali zimu n'ebintu bye mukwata, ebitali mu Byawandiikibwa wadde. Bikontana nabyo, mu Byawandiikibwa, kyokka nga mubyekutteko. Njogedde mazima.

143 Kati muwulirize kino ekikwata ku bakazi ababuulizi. Kale. Timoseewo Ekisooka, njagala Timoseewo Ekisooka 2:11. Kati muwulirize bwe kigamba wano.

> Abakazi bammwe *bayigenga mu bukkakkamu mu kugonda kwonna.*
>
> *Naye omukazi mmugaanyi okuyigirizanga,* oba *okufuganga omusajja, naye okubeeranga mu bukkakkamu.*

144 Nze ssivunaanyizibwa kukiteekamu omwo. Nvunaanyizibwa kubabuulira nti mwekiri. Mukiraba? Mukiraba?

> Abakazi bammwe *bayigenga mu bukkakkamu mu kugonda kwonna.* (Bw'oba wali ogenzeeko mu kkanisa y'Abasoddookisi n'obalaba, mulaba. Mukiraba?)
>
> *Naye omukazi mmugaanyi okuyigirizanga,* oba *okufuganga* (okubeera omusumba, omudiikoni, oba ekyefaanananyiriza ebyo) *okufuganga omusajja,* mulaba, *okufuganga omusajja, naye okubeeranga mu bukkakkamu.*
>
> *Kubanga Adamu ye yasooka okutondebwa, oluvannyuma Kaawa.*

145 Mubadde mukimanyi? Kati abakazi, muwulirize. Mmwe, abakazi abalungi Abakristaayo mmwe kintu ekisingayo obulungi Katonda ky'ayinza okuwa omusajja, ssinga tekyali bwe kityo yandimuwadde ekintu ekirala. Yee, ssebo. Mukiraba? Omukazi teyali na mu butonde obwasooka. Omukazi si kitonde kya Katonda kye yatonda. Omukazi yaggyibwa buggyibwa mu musajja. Katonda yakola omusajja, nga alimu omusajja n'omukazi. Oluvannyuma n'Abaawula. Bwe waayitawo ekiseera nga omusajja ali ku nsi nga amaze n'okutuuma ensolo amannya, nga amaze wano ebbanga ddene, n'Asowola olubiriizi okuva ku luuyi lwa Adamu, nga ekintu ekiggyibwa mu kirala, n'akolamu omukazi. "Adamu ye yasooka okutondebwa, n'oluvannyuma Kaawa." Kaakati mwetegereze.

> *Era Adamu si ye yalimbibwa, naye omukazi oli ye yalimbibwa n'aba mu kwonoona.*

146 Katonda yatwala musajja. Ssetaani n'atwala omukazi. Kyetegereze, bulungi ddala okyekalirize, kye kikola olwa leero. Tunuulira Ekkanisa ya Katonda eya nnamaddala, ejja kugamba nti, "Yesu!" Omulabe wa Kristo agambe nti, "Maria!" Wekkaanye emyoyo egyo. Okiraba? Giigyo. "Mirembe Maria,

nnyina Katonda, oli wa mukisa mu bakazi bonna, otusabire ffe aboonoonyi kaakano, ne mu kaseera ak'okufa kwaffe. Amiina. Maria, otusabire!" O, naye, abaffe! Mulaba, kiikyo, "mukazi," ekikozesebwa kya ssetaani. Kristo, yooyo asinzibwa, era Ye yekka! Kiikyo. Kiikyo.

147 "Adamu ye yasooka okutondebwa oluvannyuma Kaawa." Adamu si ye yalimbibwa. Kati obeera otya n'omusumba omukazi, oba omudiikoni? Adamu si ye yalimbibwa, wabula omukazi ye yalimbibwa. Amazima gali nti ya... Teyakirowoozaako nti yali mukyamu, naye yali mukyamu. "Omukazi yalimbibwa n'aba mu kwonoona." Ku, lulwe, buli mulundi lwe—lwe babaako ne gwe bagenda okuziika, kyava ku mukazi. Buli mulundi omwana lw'akaaba, kyava ku mukazi. Buli mulundi lwe wabaawo afa, kyava ku mukazi. Envi zonna, zaava ku mukazi. Buli kimu kyonna, n'okufa, kwava ku mukazi. Buli kintu kyonna ekikyamu, kyava ku mukazi. Oluva awo nga omussaawo okukulembera ekkanisa, nga omusumba, ha, n'oluusi nga omulabirizi. Aswadde.

148 Kati muleke mbazze mu kino, ekirala mu ddakiika emu yokka. Mulaba? Kaakati leka tubikkule mu Abakkolinso Ekisooka 14:32 bwe watyo, tulabe Pawulo ky'agamba erudda wano, oluvannyuma tugenda kubaako ekirala kye tukwatako, mu ddakiika nga emu. Tetwagala kubalwisaawo nnyo, bukye ku makya nga muli bakoowu nga temusobola kukomawo. Kale. Njagala nsome. Bameka abakkiriza nti Pawulo yali muyigiriza eyalina okuluŋŋamizibwa? Kaakati, mujjukire, nti kino Pawulo yakiwandiikira ne Timoseewo. Mulaba? Nti, kaakati, Abakkolinso Ekisooka 14:32. Kati leka tutandikire wano wennyini, tutandike okusoma wano ku, 14:34, nzikiriza.

> *Abakazi basirikenga mu kkanisa:...*

149 Muwulidde ky'agambye?

> *Abakazi basirikenga mu kkanisa: kubanga tebalagirwa kwogera; naye bafugibwenga,...*

150 Olina omuwaatwa awali ebyawandiikibwa ebijuliziddwa ku ekyo? Bw'oba ogulina, kirondoole olabe oba nga tekikutwala mu Lubereberye 3:16. Katonda we yagambira Kaawa, nti kubanga yali awulirizza omusota mu kifo kya bba, nti bba y'anaamufuganga ennaku z'obulamu bwe zonna. Omukazi ayinza atya okujja n'afuga omusajja, n'abeera omusumba oba omudiikoni, nga ate Bayibuli egamba nti abeerenga "muwulize," nga bwe kyali ku lubereberye? Ye bwe ya... Katonda—Katonda tasobola kukyuka. Ekigambo tosobola kukyogeza bw'oti *wano* ate *wali* n'okyogeza kirala. Tekikola. Kiba kye kimu ebbanga lyonna.

151 N'olwekyo, ku lubereberye, awo we, nga kino tekinnaggwa, bwe nnaafuna akakisa, njagala mbalambululire ensonga eyo

ey'*Okufumbiriganwa n'Okwawukana*. Mbadde ssinnakikola mu kkanisa eno. Naye mwetegereze endagaano eno ey'engeri ebbiri. Omu agamba nti omukazi asobola okufumbirwa; ate omulala agamba nti tasobola kufumbirwa; ate ono n'ayogera *kino, kiri,* oba *ekirala*. Lindako katono olabe kiki Bayibuli ky'egamba, bwe tunaatuuka ku ekyo. Okiraba? Kale. Kati mulabeeyo wano.

> *Abakazi* basirikenga *mu kkanisa:*. . . kubanga *tebalagirwa kwogera; naye bafugibwenga, era nga n'amateeka bwe googera.*

152 Kati ne, mu Ndagaano Enkadde, tebakkirizibwanga kwogera, kubanga Pawulo agambye wano nti tebakkirizibwanga. Kituufu ekyo? "Abakazi bammwe basirikenga. Kuba kubeera bawulize." Kati bwe weetegereza omuwaatwa awo awali ebyawandiikibwa ebijuliziddwa ku ekyo, bijja kukuzzaayo ku Lubereberye 3:16. Okiraba? Kale. "Nga bwe kiri, nga bwe kiri mu mateeka."

> *Era bwe ba*. . . *baagalanga okuyiga ebigambo,* ba. . . *babuulizenga—babuulizenga babbaabwe*. . . *eka: kubanga kya nsonyi* omukazi *okwogerera mu kkanisa.*
>
> *Kiki?*. . .

153 Kati mwetegereze akabonero ako akabuuza mu buli emu ku Bayibuli zammwe, ku ekyo ekigamba nti, "Kiki?" Pawulo yava ku ki okwogera ekyo n'okukola atyo? Kati, ssinga olisobola okufuna amabaluwa ago Abakkolinso ge baawandiikira Pawulo. Kati, osobola okugafuna mu tterekero ly'ebitabo lyonna eddungi, olaba, ago Abakkolinso ge baawandiikira Pawulo. Baamuwandiikira ne bamugamba, oluvannyuma lw'abakazi bano abaali bakyuse. . . Erudda eyo baalinayo lu—lubaale omukazi, eyali ayitibwa "Diana." Ne mu Efeeso, ye yali lubaale waabwe. Era y'omu n'Abakkolinso gwe baasinzanga, kubanga kwali kusinza kwa kikaafiiri. Kati lumu baasanga ejjinja eyo mu nnimiro, nga liri mu nkula nga ey'omukazi. Ne bagamba nti, "Katonda mukazi, era yatusuulira wansi ekifaananyi kye." Era essabo lyabwe lyali lisingira wala yeekaalu ya Sulemaani, bannabyafaayo, bwe bagamba. O, lyonna lyali lyazimbibwa mayinja aga mmabbo, nga munda lyayooyootebwa ne zzaabu; nga ate yeekaalu ya Sulemaani yo yali yazimbibwa miti gya ntolokyo, munda n'eyooyootebwa ne zzaabu. Okiraba? Kale lyali ligisingira wala. Era mu ekyo, kale, Katonda ssinga yali mu—mukazi, mazima, ddala, yandibadde ne bakabona abakazi. Mazima ddala, Katonda bw'abeera nga mukazi, awo omubuulizi omukazi talina mutawaana. Wabula, Katonda Musajja. Bayibuli egamba nti Musajja, kale Musajja. Okiraba? Kale bwe kiba nti Katonda Musajja, kitegeeza alina kuba musajja.

Kati mwetegereze wano nti, "Kiki?"

154 Kati, abamu ku bakabona abo abakazi, bwe baakyuka okuva mu bukaafiiri okudda mu Bukristaayo, baalowooza nti baali basobola okusigaza wofiisi zaabwe nga ababuulizi, bakyuke badde buzzi ku ludda luno. Bwe babeera babadde babuulira ku Diana eri, bajje eno babuulire ku Kristo.

155 N'agamba nti, "Kiki? Ekigambo kya Katonda kyava gye muli. . ." Ggwe wuliriza kino. Ow'oluganda, abaweereza bayinza batya okukikola ekyo? Olunyiriri olw'a 36.

> *Kiki? Ekigambo kya Katonda kyava gye muli? oba kyatuuka eri mmwe mwekka?*
>
> *Omuntu yenna bwe yeerowoozanga okuba nnabbi, oba wa mwoyo* (tekimwetaagisa na kuba nnabbi; naye omuntu eyeerowooza okuba ow'omwoyo), *ategeere nga bye mbawandiikira kye kiragiro kya Mukama waffe.* (Ekyo mukikkiriza?)
>
> *Naye* bw'aba, *omuntu yenna bw'atategeera, aleme okutegeera.*

156 Kaakati, ekyo ssiyinza kukinnyonnyola kusukkako awo. Mukiraba? Agambye nti, "Omuntu bw'aba wa mwoyo, oba nga nnabbi, ajja kukitegeera nti bye mbawandiikira wano Biragiro bya Mukama waffe." Naye n'agamba nti, "Bw'a—bw'asalawo obutategeera, aleme okutegeera." Mukiraba? Kye kyokka ky'osobola okukola. Bwe baba baagala okugenda mu maaso nakyo, olina kubaleka bulesi ne bagenda mu maaso, kubanga yakiraba nga kitandiikiriza luli.

157 Kati waliwo omukazi omu eyaŋŋamba, mbu, "Ha, Pawulo yali akyawa bukyayi bakazi."

158 Yali takyawa bukyayi bakazi. Mukimanyi, nti Pawulo ye yali omutume, eri Ekkanisa y'Ab'amawanga. Mulabeeyo. Mubadde mukimanyi nti Pawulo. . .Bameka abakkiriza nti by'ebyo Pawulo bye yabuulira? By'ebyo bye—by'ebyo bye yayogera? Era Pawulo yagamba nti . . .

159 Oyinza okugamba nti, "Naye, kati sooka olindeko katono, Ow'oluganda Branham. Lindako katono! Kati, ffe omulabirizi waffe agamba si kikyamu. Omulabirizi ow'oku ntikko, ow'aba Assemblies agamba si kikyamu. Omulabirizi wa ba Oneness agamba si kikyamu."

160 Ssifaayo kiki kye bagamba. Kikyamu! Ate mujjukire nnabagambye kino tugenda kukikkaatiriza nnyo ddala n'amaanyi. Era bannabbi ab'obulimba be boogera batyo. Kubanga Bayibuli egamba nti, "Omuntu yenna bwe yeerowooza okuba ow'omwoyo, oba nnabbi, leka ategeere nga bye njogera Biragiro bya Mukama waffe." Era omwoyo gwe bwe guba tegukwatagana na Kigambo ekyo, abeera nnabbi wa bulimba, n'okusooka kwa byonna. Waakiri mbeera akyawa abakazi okusinga okuba ayagala abakazi, okugoberera ebintu eby'engeri

eyo, okugumiikiriza ebintu eby'engeri eyo mu Kkanisa ya Katonda, ebikontana n'ebiragiro bya Katonda. Era Pawulo yagamba. . .Mubikkule Abaggalatiya 1:8. Pawulo yagamba nti, "Ssinga Malayika okuva mu Ggulu ageza n'abuulira enjiri eyawukana ku eyo gye nnababuulira, akolimirwe." Kaakati Ekyo mugenda kukikolera ki?

161 Kati oyinza okugamba mbu, "Ate wali we kigamba nti, 'Abaana bammwe ab'obulenzi n'ab'obuwala baliragula,' mu Yoweeri, ne—ne wali Peetero we yanokola ku Lunaku lwa Pentekoote?" Ebyo ddala bituufu.

162 Mukimanyi nti, mu Ndagaano Enkadde, engeri yokka, ate era nga ye ngeri yokka ne kaakati, omuntu yenna gy'ayinza okuyingiramu mu ndagaano, kwe kujja, okuyita mu. . .Ibulayimu ye yaweebwa ekisuubizo, era—era akabonero ak'ekisuubizo kwali kukomolebwa. Ekyo bameka abakimanyi? Oyo yali Katonda nga akinyweza.

163 Kiringa ow'oluganda Omubaputisiti, bwe yagamba nti, "Ow'oluganda Branham, ndaba, naffe Ababaputisiti twafuna Omwoyo Omutukuvu."

Ne ŋŋamba nti, "Mwamufuna ddi?"

N'agamba nti, "Mu kaseera we twakkiririza."

164 Ne ŋŋamba nti, "Pawulo yagamba nti, 'Mwali mufunye Omwoyo Omutukuvu kasookedde mukkiriza?'" Okiraba? Ne ŋŋamba, "Kati, mmwe Ababaputisiti mujje mufune ku Oyo, awo tujja kubaako bye twogera nammwe ku bikwata ku bukuumi obw'Obutaggwaawo." Ne ŋŋamba nti, "Naye, ddala, mumufuna wa mu ngeri eyo?" Okiraba?

165 Yagamba nti, "Mwali mumufunye *kasookedde* mukkiriza?" Baali bakkiriza, nga balina okuleekaana n'essanyu n'ebirala byonna. Naye baali tebafunanga Mwoyo Mutukuvu. Pawulo agamba baali tebannaba. Okiraba? "Mwali mufunye Omwoyo Omutukuvu kasookedde mukkiriza?"

Ne bagamba nti, "Tetumanyi na kumanya oba nga waliyo n'Omwoyo Omutukuvu."

N'agamba nti, "Olwo mwabatizibwa mutya?"

166 Ne bagamba nti, "Twabatizibwa." Naye, mu bukyamu, okiraba. Kale yalina okuddamu okubatizibwa, nate. Kale.

167 Kati mwetegereze kino kati, nti abakazi bano ababuulizi, bwe bajja, baalowooza nti baali baakusigaza buyinza bwabwe. Naye ekyo eri Katonda tekikkirizibwa n'akatono kukikola. Era leka. . .nga tukyali ku nsonga eno yennyini, ey'abakazi bano, labayo. Era, kati, agambye nti, "Bwe wabaawo omuntu mu mmwe, ow'omwoyo, oba nnabbi, ategeere nti bye mpandiika bye Biragiro bya Mukama waffe. Naye bw'atategeera, alekeyo okutegeera." Era eyo ye nsonga lwaki. . .ekkuŋŋaaniro lino

terivangayo ne litongoza babuulizi bakazi, oba abadiikoni abakazi, oba ekintu kyonna nga omukazi okuba ne wofiisi mu kkanisa, lwakuba Ekyawandiikibwa kino kiri wano kyeraga lwatu.

168 Kati, Bayibuli egambye nti, "Abaana bammwe ab'obulenzi n'ab'obuwala baliragula." Kaakati, ekigambo *kulagula* kitegeeza ki? Kikebere. Kitegeeza "okubaako ne ky'oyogera, nga oliko amafuta," oba "okwogera ekintu ekigenda okubaawo." Kigambo ekirina amakulu ag'enjawulo.

169 Kiringa *okutukuzibwa* bwe kitegeeza "okulongoosebwa, n'oyawulibwa olw'okuweereza." Okiraba? Oba, kigambo ekirina amakulu ag'enjawulo, ekitegeeza ekintu ekisukka mu kimu, nga bwe tubirina ennyo wano mu Lungereza.

170 Nga, bwe tuyinza okwogera ekigambo "board." Kati, olwo *board* kiba kitegeeza ki? Oyinza okugamba nti, "Kale, ky'ategeeza nti yasasudde *board* ye." "Nedda, si kye yakoze. Kye yali ategeeza kiri nti *yakubye* ekituli." "Nedda, si kye yakoze. Ky'abadde ategeeza kiri nti *yamuwuubaazizza*." Oba, mukiraba, kigambo kimu, oteekwa okuba nga omanyi ky'oyogerako. Okiraba?

171 Kati bwe kityo bwe kiri ne ku kigambo kino eky'amakulu ag'enjawulo, awagamba nti, "Abaana bammwe ab'obulenzi n'ab'obuwala baliragula." Kati, engeri yokka Katonda gy'a . . .

172 Omubaputisiti ono yagamba nti, "Kale, twafuna Omwoyo Omutukuvu." Ne ŋŋamba nti . . . "Bwe twakikkiriza." Ne ŋŋamba nti . . . Kati, mulabeeyo, yagamba nti, "Katonda yawa Ibulayimu e . . . " Yagamba nti, "Ibulayimu yakkiriza Katonda." Yakiteeka bw'atyo. N'agamba nti, "Ibulayimu yakkiriza Katonda ne kimubalirwa okubeera obutuukirivu." Ago bameka abagamanyi nti ge mazima? Kati mwetegereze engeri—engeri ekyo Ssetaani gy'asobola okwanguyirwa okukikozesa okutengula ow'oluganda. Mukiraba, mu ngeri ennyangu ennyo. Kaakati, ekyo Kyawandiikibwa.

173 Ow'oluganda, nkubuulira, mu kino wano waggulu wano, oteekwa okuba nga oliko amafuta nga tonnakitandika. Oteekwa okubaako ekifo ekyekusifu mw'ogenda n'osaba. Abantu bagenda ne bagamba nti, "Lwaki togenda kukyalira bantu?" Ow'oluganda, bw'obeera ogenda kwogera eri abantu oba okubayigiriza, sooka weeyawule obeere wekka, ne Katonda, okumala akaseera, nga tonnalinnya ku kituuti ekyo. Mazima ddala, okiraba, kubanga Ssetaani mukalabakalaba, mukalabakalaba nnyo.

174 Yagamba kati, mwetegereze, yagamba nti, "Ibulayimu yakkiriza Katonda, ne kimubalirwa okubeera obutuukirivu." Bwe kiri. N'agamba nti, "Kati, Ibulayimu ayinza kukola ki ekisingako awo okuggyako okukkiriza?"

Ne ŋŋamba nti, "Ky'ekyo kyokka kye yali ayinza okukola."

175 N'agamba nti, "Ggwe kiki ekisingawo ky'oyinza okukola oba omuntu omulala yenna okuggyako okukkiriza?"

176 Ne ŋŋamba nti, "Ky'ekyo kyokka kye tusobola okukola. Naye labayo, ow'oluganda, Katonda bwe yatabaganya, manya bwe yakkiriza okukkiriza kwa Ibulayimu. Yamuwa akabonero, akabonero ak'okukomolebwa, nga akabonero k'endagaano. Okiraba? Yakamuwa. Yagamba nti, 'Kaakano, Ibulayimu, Nzikirizza okukkiriza kwo, n'olw'ekyo ŋŋenda kukuwa akabonero kaakano akalaga nti nkukkiriza.'"

177 Bw'atyo n'Akomola Ibulayimu, era ako ke kaali akabonero k'endagaano. Kale kati mu nnaku zino . . . Kati, omukazi yali tasobola kuba kitundu ku ndagaano eyo; okuggyako omukazi omufumbo. Tukiraba nga, omukazi yali tasobola kukomolebwa; n'olw'ekyo, yalina okuyingizibwamu, kuba ye ne bba bali muntu omu. Babeera tebakyali babiri; babeera omu. Ekyo bameka abakimanyi? Ekyawandiikibwa bwe kigamba. Kale, omukazi nga bwe kiri nti abeera mufumbo, kati awo abeera—abeera afuuse omu. Era osobola okweyongerayo wano n'okebera wano mu Timoseewo, yayogera ekintu kye kimu, n'agamba nti, "Naye anaalokokanga mu kuzaala, bw'anaanyikiriranga mu kukkiriza n'obutukuvu awamu n'okwegendereza."

178 Kaakati, naye, ate, okukomolebwa kw'omu Ndagaano Enkadde kwabanga kwa mubiri, naye mu Ndagaano eno Empya, Yoweeri agamba nti, "Ndifuka Omwoyo Wange ku bonna abalina omubiri, abaana bammwe ab'obulenzi n'ab'obuwala baliragula." Kati, ekigambo *kulagula* tekitegeeza kuyigiriza. Okulagula kitegeeza "okwogera ebintu eby'okubawo, nga oliko amafuta," oba "okwogera ekintu ekinaatera okubaawo." Era tukimanyi nti waaliwo bannabbi abakazi mu Ndagaano Enkadde. Tebaayogereranga munda mu kizimbe, yadde okwogerera mu kkanisa, oba mu kibiina ky'abantu, nga abayigiriza. Naye ye, Ana, n'abalala bangi ku bo abaali mu yeekaalu, baali bannabbi abakazi, era ba . . . Miriyamu yali nnabbi omukazi, oba ekintu bwe kityo. Yaliko Omwoyo, ekyo kituufu ddala, naye yabangako ne w'akoma. Abakazi basobola okubeera bannabbi abakazi leero, awatali kubuusabuusa; naye ssi bayigiriza, n'ebirala byonna, nga okuyimirira wano emabega w'ekituuti. Bw'okikola, Bayibuli obeera—obeera ogireetedde okwekuba endobo Yokka na yokka. Bayibuli tesobola kwogera kintu *wano,* ate *wali* n'eyogera kirala. Eteekwa okusigala nga eyogera ekintu kye kimu ebbanga lyonna bwe kitaba ekyo Teba Kigambo kya Katonda. Okiraba? N'olw'ekyo kino nti, "Abaana bammwe ab'obulenzi n'ab'obuwala baliragula," kitegeeza nti "balyogera ebintu eby'okubaawo," oba "balijulira." Kati, ggwe ekyo kinoonye, ofune n'enkuluze ya Bayibuli olabe oba

nga si bwe kiri. “Abaana bammwe ab’obulenzi n’ab’obuwala baliragula.”

179 Kati, Bayibuli era eyogera ku mukazi eyeefuula okuba, kale, oba eyeeyita. . .Kino eri byombi kyandikoze eri ekereziya Katolika, era kyandikoze n’eri. . .ku ky’okuyigako kino kye tugenda okwogerako kaakano. Leka tubikkule mu Kitabo kya—ky’Okubikkulirwa, tugende nga ku ssuula ey’oku 2 n’olunyiriri olwa 20, nga bwe tukisemberedde, musobole okwekkaanya wano era mulabe engeri ekintu ekyo gye kisobola okubaamu ekya ssetaani, nga twogera ku bigenda okubeerawo mu nnaku zino ez’oluvannyuma, engeri bino. . .omukazi ono ky’agenda okuba. Mujjukire nti, ekereziya Katolika ye mukazi. Twakakisoma, tetukisomye? Muwulirize kino kaakano, nga bwe kigamba. Okubikkulirwa 2:20, “Naye. . .” Ayogera eri ekkanisa eno eya Suwatira, mulaba nti, “Naye. . .” Nga ye kkanisa eyaliwo wakati w’ekyasa eky’okutaano n’eky’ekkumi n’ettaano, eyayita mu Mirembe egy’Ekizikiza.

> Naye era *nnina ensonga ku ggwe, kubanga oleka omukazi oli Yezeberi,* eyeeyita *nnabbi*, n’ayigiriza. . . n’afufuggaza *abaddu bange n’okwenda, n’okulyanga ebyaweebwa eri ebifaananyi*. (Mulaba?)

180 Kati, bwe muba mwali mwegenderezza, mwetegereze emirembe gino, bwe tumala tuggalewo. Ate ku makya lwe tunaakwata ku bino ebirala. Mwekkaanye. Mu. . .Wansi we—w’ebikondo by’ettabaaza eyabeeranga mu yeekaalu y’Ekiyudaaya, munda, mwabangamu omugaati ogw’okulaga n’ebirala, waabangawo ebikondo musanvu eby’ettabaaza. Ekyo mwenna mukimanyi. Mukiraba? Waliwo emirembe musanvu egy’ekkanisa. Ebyo byali byogera ku mirembe omusanvu egy’ekkanisa, ekitangaala. Kati bwe mwetegereza mu Kubikkulirwa 1, tulaba Yesu nga ayimiridde mu mirembe omusanvu egy’ekkanisa, by’ebikondo omusanvu eby’ettabaaza, bwe yakyuka n’alaba Oyo afaanana nga Omwana w’omuntu, nga ayimiridde, ayambadde nga bwe byali. Kyali kifaananyi, ekyoleka Omugole nga ayimiridde mu bikondo by’ettabaaza.

181 Kati, mu Ndagaano Enkadde, baddiranga. . .ettabaaza eno emu, ne bagikoleeza, ne baddira n’ettabaaza endala ne bagikoleeza okuva ku eyo, n’okuva ku eyo ne bakoleezaako endala, buli emu nga bagikoleeza okuva ku ginnaayo, bwe batyo, okutuusa lwe baakooleezanga ebikondo by’ettabaaza byonna omusanvu.

182 Bw’oba weetegerezza, ku ntandikwa, Katonda bwe yatandika okukolagana n’Abayudaaya, ne bayita mu mulembe ogw’enkulaakulana. N’oluvannyuma omulembe ogwali ogw’ekizikiza ennyo mu kukolagana n’Abayudaaya, Katonda kwe yalina n’Abayudaaya, kwali mu kiseera eky’okufuga kwa Akabu. Era bwe weetegereza, bw’osoma emirembe gy’ekkanisa

egyo, Addayo butereevu nate ku kyo. Yagamba, kati nti, "Ebintu bitonotono ebyayita," n'agamba . . . Kati, wakati mu Mirembe egy'Ekizikiza, myaka lukumi mu bitaano awo, manya mu biro bya Akabu, okusooka, n'Abayudaaya. Omulembe ogwasingayo okuba ogw'ekizikiza gwe baalina, gwe gwo Akabu we yawasiza Yezebeeri n'aleeta okusinza ebifaananyi mu Isiraeri, n'aleetera abantu bonna okusinza nga Akabu . . . okugoberera lubaale wa Yezebeeri. Mujjukira, baagenda, ne basimba ensuku z'emizeyituuni, ne bamenya ebyoto bya Katonda. Erisa n'ayogerera waggulu nti, ye "yekka," naye Katonda yalinayo olusanvu abaali batannavunnamira Baali. Ekyo mukijjukira? Ekyo ky'ekifaananyi ky'Ekkanisa eyo ey'abalonde nga efulumayo. Mukiraba awo? Mulaba bwe kiri?

183 Kati, mu kkanisa eno, bwe mwetegereza ekkanisa eyasooka, ekkanisa eyasooka, ekkanisa eya Efeeso, yali kkanisa ya maanyi. Yagamba nti, "Mukyasigazza, ekitangaala." Naye ssinga weetegereza, buli kkanisa, kyatandika okugenda nga kiggweerera, nga kiggweerera, okutuusa lwe kyatuuka mu Suwatira. Awo ne wabaawo, emyaka lukumi mu bitaano. Oluvannyuma n'Avaayo ku ludda olulala n'agamba nti, "Naye olina akatangaala katono. Nyweza ekyo ky'olina, si kulwa nga ekikondo kyo eky'ettabaaza kikuggyibwako." Ne kyeyongerayo okutuuka mu mulembe gw'ekkanisa ya Firaderufiya, n'oluvannyuma mu mulembe gw'ekkanisa ya Lawodikiya.

184 Kaakati, waawano we kinyumira. O, bannange! Kino nkyagala, Ow'oluganda Smith. Mulabe, mulabeeyo kino. Kati, mu mulembe gw'ekkanisa *guno*, nga bwe tugiyiseemu . . . Kati mwetegereze kino. Omulembe gw'ekkanisa ogwasooka gwali gwa Efeeso, omulembe gw'ekkanisa ya Efeeso. Kati, buli gumu ku mirembe gy'ekkanisa egyo, okutuuka mu myaka gino olukumi mu ebitaano, bwe weetegereza . . . Kisome kati nga ozzeeyo eka akawungeezi kano, bw'oba n'obudde, oba enkya ku makya ddala, nga tonnajja ku kkanisa, essuula 1, ey'oku 2, n'ey'oku 3 ez'Okubikkulirwa. Ojja kukiraba nti, mu buli gumu ku mirembe gy'ekkanisa egyo, Yagamba nti, "Olina amaanyi matono, naye teweegaanye Linnya Lyange," okutuusa lwe Yatuuka ku myaka gino olukumi mu ebitaano egya Suwatira, Omulembe gw'Ekizikiza. Ate awo n'Avaayo ku ludda olulala, n'agamba nti:

> . . . olina *erinnya nti* oli mulamu, naye oli *mufu*.

185 Era gino, tewali na gumu ku mirembe gy'ekkanisa gino emirala, ogwo oba omulembe gw'ekkanisa ya Firaderufiya, tewali gwaddamu kukozesa Linnya eryo nate. Tegyaddamu kukozesa Linnya eryo, kubanga lyagendera mu kiseera kino. Kati, ha, ekyo nga tusobola okukissa ku njigiriza ezo ez'obulimba, awo wennyini, ne tubalaga nti ye nnakazadde,

ekereziya Katolika, nnyina waabyo byonna, n'engeri gy'eri "nnyina waabyo, ekyama, era Babulooni." Era ekyo, mulabeeyo, omulembe gw'ekkanisa guno bwe gwatandika, gwalimu akatangaala akatono, naye ne gugenda nga guzimeera, nga guzimeera, okukkakkana ne gufuukamu kibiina ekigunje, mu myaka gino olukumi mu ebitaano. Era ne guvaayo nate kaakano, si nga Ekkanisa ya Mukama waffe Yesu Kristo, wabula nga ekereziya Katolika. Luther yavaayo nga ki? Nga ekkanisa ya Luther. Ababaputisiti baavaayo nga ki? Nga ekkanisa y'Ababaputisiti. Si Linnya Lye, si Linnya Lye; wabula linnya ddala nti, "olina erinnya." "Kubanga tewali linnya ddala wansi w'Eggulu eryaweebwa mw'oyinza okulokolerwa, okuggyako Erinnya lya Yesu Kristo." "Mulina erinnya ery'okuba abalamu, naye muli bafu," ekyo ky'ekiri ku kibiina ky'eddiini ekyo.

186 "O, ndi Mupulesibeteriyani," naye oli mufu! "Oh, ndi Mubaputisiti," omufu! Obeera mulamu nga obulamu obufunye mu Kristo Yesu. Bwe kiri. Embatiza zammwe enkyamu, amazzi, okubatiza okukyamu; okumansira, okuyiwako amazzi, mu kifo ky'okunnyika; mukozesa "Kitaffe, Mwana n'Omwoyo Omutukuvu," mu kifo ky'Erinnya lya Mukama waffe Yesu Kristo. Ebintu ebyo byonna ebikyamu ne bijja nga byeyongerayo, Bayibuli egamba, nga biringa ebyeyongera okwefukumulira mu kyo n'amaanyi nga bwe kisoboka. Kyokka kati tuutuno wano tubigumiikiriza mbu, "Naye, ekkanisa yange ekikkiriza *bw'eti*." Naye Bayibuli egamba *Kino*. Olaba? Teri bintu bya ngeri eyo. Teri kintu kya ngeri eyo.

187 Era tewali wantu wonna mu Bayibuli we baasowolerayo lulimi okulya Wukalisitiya entukuvu, n'omusosodooti n'anywa enviinyo n'agiyita Omwoyo Omutukuvu. Tekibangawo mu Bayibuli lwe baali bakwataganyeeko mu ngalo okuwa omukono ogw'okussa ekimu, ne bakiyita Omwoyo Omutukuvu. Tewali muntu yenna yali asituse n'agamba mbu, "Kati ndi mukkiriza," olwo n'afuna Omwoyo Omutukuvu. Ssinga kyali bwe kityo, Ebikolwa by'Abatume 2 wandibadde wasoma bwe wati, "Olunaku lwa Pentekoote bwe lwajja mu bujjuvu, mu luguudo ne wajja kabona Omuruumi nga aserengeta, n'ekitogi kye ekisulike. N'alinnya waggulu, n'agamba nti, 'Mwenna musowoleeyo ennimi zammwe mulye Wukalisitiya entukuvu, kkomunyo embereberye.'" Eyo teyandibadde ngeri ya njawulo ey'okusomamu Ebikolwa by'Abatume 2?

188 Ate, nammwe ab'Enzikiriza eziwakanya Obukatuliki nammwe muli bakyamu mu ngeri y'emu. Mudda eyo ne mugamba mbu, "Kati tujja kubalumba mmwe Abamesodisiti; tubateeke ku mukono omutuufu, oba si ekyo, tubawe omukono ogw'okussa ekimu, n'emyezi mukaaga egy'okubeekenneenya." Ekyo mukisoma wa mu Bikolwa by'Abatume 2? Okiraba? Mukijja wa ekyo? Okiraba?

189 Kigamba nti, “Bonna bwe baali mu kifo kimu, mu mwoyo omu!” Tewaliiwo mulabirizi yenna yajja n’akola *kino,* era tewajjawo musoosoodooti yenna mbu n’akola *kino*. “Wabula wajja okuwuuma okuva mu Ggulu nga empewo ey’amaanyi, n’Ejjuza ennyumba yonna mwe baali batudde.” Eyo ye ngeri gye baamufunamu, yee, ssebo, nga empewo ey’amaanyi okuva mu Kitiibwa. Si kuva kyengulu wa kkubo eri oba okuva mu kibiina ky’eddiini kyonna.

. . . olina *erinnya nti* oli mulamu, so nga oli *mufu*.

190 Mulaba, ebiyiiye byammwe n’ebibiina by’amadiini bigobedde Katonda ebweru mu ngeri eyo, n’okutuusa okugamba nti, “Ffe tukkiriza *kino*, era tukkiriza nti ennaku z’ebyamagero zaayita.” Oyo nnabbi wa bulimba y’ayogera atyo. Nnabbi w’obulimba y’abagamba, mbu, “Musobola okukwatagana mu ngalo ne mufuna Omwoyo Omutukuvu.” Nnabbi w’obulimba y’akugamba mbu, “Omwoyo Omutukuvu omufuna lw’okkiriza.” Nnabbi w’obulimba y’akugamba mbu, “Olina okufukibwako n’okumansirwako amazzi mu kifo ky’okubatizibwa.” Nnabbi w’obulimba y’akugamba “obatizibwe mu linnya lya Kitaffe, Omwana, n’Omwoyo Omutukuvu,” nga tewali Kyawandiikibwa kikiwagira mu Bayibuli. Bwe kiri. Tewaliiwo Kyawandiikibwa n’ekimu mu Bayibuli kikugamba kubatizibwa, oba omuntu yenna we yali abatiziddwa mu ngeri endala yonna, okuggyako mu Linnya lya Yesu Kristo. Baali, bayigirizwa ba Yokaana bokka; ate nabo baalina okujja, baddemu babatizibwe, mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo, okusobola okufuna Omwoyo Omutukuvu. Bwe kiri. Kati, eyo si njigiriza y’aba Yesu Yekka. Enjigiriza y’aba Yesu Yekka ngimanyi. Si yeeyo. Eyo Njigiriza ya Bayibuli. Bwe kiri.

191 Naye kiikyo. Mukikoledde ki? Nnyammwe wuuyo. Nnyina w’ebiyiiye ebyo wuuyo.

192 Kati, ggwe njagala onoonye mu Bayibuli ombuulire omuntu yenna eyali abatiziddwa nga amansirwa bumansirwa mazzi. Abamesodisiti, Abapulesibeteriyani, Abakatuliki, mumbuulireyo omuntu yenna eyamansirwa obumansirwa amazzi, mu Bayibuli. Mumbuulireyo gwe baayiwako obuyiyi amazzi, mu Bayibuli, olw’okuggyibwako ebibi. Mumuŋŋambe. Musobola okumufuna? Bwe mumufuna, mujje gyendi, nja kutambula ku luguudo luno nga nneetimbyeko akapande ku mugongo, nga kagamba nti, “Nnabbi w’obulimba! Nze mbadde omukyamu.” Oba, bwe mubaako we muzuula mu Bayibuli yonna omuntu yenna we yali abatiziddwa mu linnya lya Kitaffe, Omwana, n’Omwoyo Omutukuvu, nga ebitundu kinaana ku kikumi ku mmwe bwe mwabatizibwa. Munfunireyo Ekyawandiikibwa kimu omuntu yenna we yali abatiziddwa mu ngeri eyo, nja kwetimbako akapande mu mugongo, nga kagamba nti, “nnabbi w’obulimba,” ntambule nako wano mu luguudo

*bwenti*. Era mundage omuntu yenna eyali abatiziddwa, mu Kkanisa empya, ataalina kukomawo n'addamu n'abatizibwa buto, mu. . .nga tabatizibwa mu linnya lya "Yesu" kyokka, wabula nga abatizibwa mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo. Bwe kiri. Mukebere oba nga si kituufu.

193 Kati, wano, kiki kino? Yali nnyina w'abenzi. Kiki ekyamufuula malaaya? Kiki ekyamufuula omwenzi? Njigiriza ye! Bali kiki ekyabafuula bamalaaya? Njigiriza ye!

194 Era eyo ye nsonga lwaki tetukkiriziganya na biibina byabwe eby'amadiini n'ebigunje byabwe. Tusigala tuli balongoofu nga tuli ne Bayibuli eno. Ssimanyi oba ogitambuliramu kyenkana wa, naye ekuyigiriziddwa, mu buli ngeri. Kituufu. Ekyo kiri gy'oli. Ssisobola kukukaka kugitambuliramu. Kyokka kye nsobola kwe kukubuulira Amazima. Eyo ye nsonga lwaki tetuli kibiina kya ddiini. Ssa—ssandyagadde tweyonoone nga tuyingira mu bintu biri nga ebyo, kwekwata ku bigunje eby'engeri emu. Waakiri ŋŋenda n'abatono ba Mukama abanyoomebwa. Waakiri nsigala ndi muyonjo era omulongoofu mu maaso g'Ekigambo ne Katonda, ne nnyimirira ne ŋŋamba nti, "Ssirina musaayi gwa muntu yenna ku kyambalo kyange." Eyo ye nsonga lwaki tubeera ku Kkuŋŋaaniro lya Branham. Ye nsonga lwaki tetuli ba Assemblies. Ye nsonga lwaki tetuli ba Oneness. Ye nsonga lwaki tetuli ba Yesu Yekka. Ye nsonga lwaki tetuli Bamesodisiti. Ye nsonga lwaki tetuli Babaputisiti. Wabula tuli kuŋŋaaniro ettonotono wano. Tetulina kibiina kya ddiini kyonna. Tuli ba ddembe, mu Kristo. Ye nsonga lwaki tusigala nga bwe tuli. Era Katonda atuwadde omukisa, Katonda atuyamba.

195 Kati, tusobola okubabuulira lwaki tusembera, ne tubabuulira lwaki tunaazagana ebigere, lwaki tetukkiriza bammemba kukikola bwe tumanya nti bali mu kibi. Ye nsonga lwaki, wiiki zino ebbiri oba essatu eziyise, mbaddenga ntuukirira buli mmemba omu ku omu, n'abo, ababadde balina obutategeeragana. Nga ŋŋendayo yonna, nga omu tayogera na munne, nga bwe basisinkana mu kkubo buli omu atunula eri. Muswadde, mmwe abanywedde ku kikompe kya Katonda eky'omukisa, ku woolutaali eno wano, ne tubayita baaluganda abakyala n'abaami, ate ne mudda ku masimu ne mugeyaŋŋana. Temusaanira na kuyitibwa Bakristaayo nga mweyisa mutyo. Bwe kiri. Ago amasimu mugaveeko; bw'oba tosobola kwogera kirungi ku muntu, toyogerera ddala. Jjukira, Katonda agenda kukikuvunaana. Kasita omwoyo ogw'ekika ekyo gukubaamu, kitegeere nti toteredde na Katonda. Bw'oba towulira . . .

196 Omuntu bw'aba mu nsobi, genda gy'ali mutabagane. Bwe mulemwa okutabagana, twalayo omuntu omulala. Ky'ova olaba Katonda Ekkanisa Ye tasobola kugiyigiriza mpisa, kubanga temukikola mu ngeri ntuufu. Mu kifo ky'okubaka essimu ne mutandika okwogera ku ono, na biki ebyabaddewo byonna,

n'obubondobondo obw'enjigiriza enkyamu, n'ebintu nga ebyo. Mu kifo ky'okukola ekyo, lwaki temukola Bayibuli ky'egamba? Bwe wabaawo ow'oluganda agudde mu nsobi, genda gy'ali olabe oba osobola okutabagana naye. "Naye, kati, yankola kino!" Ssifaayo ku kiki kye yakukola, mu buli ngeri genda gy'ali! Tekigambye nti ye y'aba ajja gy'oli. Ggwe genda gy'ali bw'aba mukyamu. Oyinza okugamba nti, "Naye, ye musobya. Y'alina okujja gyendi." Ekyo Bayibuli si ky'egambye. Bayibuli egambye nti ggwe aba agenda gy'ali. Bw'aba nga ye mukyamu, ggwe genda gy'ali.

197 Bw'ataakuwulirize, awo twalayo omuntu omulala, nga omujulirwa.

198 N'omujulirwa oyo naye bw'ataamulabemu makulu, awo omugambe nti, "Kaakano ŋŋenda kukutwala ew'omusumba wo." Awo omugambe, nti, "Ŋŋenda kukibuulira ekkanisa, era mu nnaku asatu okuva kati, mmwe ab'oluganda bwe munaaba temunnatabagana . . . Ow'oluganda ono wano mwetegefu okutabagana. Naye ggwe agaanye. Era bw'otaagonjoole nsonga eyo mu nnaku asatu, kati kiki ekinaddirira? Ojja kuba tokyali omu ku ffe."

199 Bayibuli egamba nti, "Bw'atawuliriza kkanisa, awo abeere gye muli nga munnaggwanga era omuwooza." Mulabeeyo, ow'oluganda kasita abeera nga akyaliko obukuumi bw'ekkanisa obwo, Omusaayi gwa Kristo guba gukyamukuuma. Eyo ye nsonga lwaki ekkanisa tetambula kugenda mu maaso nga bw'erina kuba. Kati, bwe kiri, *Eno* ye Njigiriza y'Ababapu- . . . yekkanisa y'Ababaputisiti, manya y'Ekkuŋŋaaniro lya Branham wano, bwe muba munaagikola. Mulaba, lwaki . . .

200 Ojja wano, ka tugambe, eky'okulabirako, nga waliwo abasajja babiri, tugeze Leo nange. Onantwala . . . Ne ŋŋamba nti, "Naye, ye—ye yansobezza." Ekyo tekirina njawulo yonna gye kikolawo. Nteekwa okugenda gy'ali. Kubanga, mmemba wa kkanisa eno. Ya—yafuuka Mukristaayo. Asembedde nange ku mmeeza wano. Era twabatizibwa mu Linnya lya Mukama waffe Yesu. Tutambudde bulungi, ffembi, nga ab'oluganda, naye ne wabaawo ekyabaawo.

201 Tabeera muntu oyo. Emirundi kyenda ku kikumi abeera ssetaani nga y'ayawukanya abantu. Tebabeera bantu. Abeera ssetaani. Era kasita oganya ssetaani okukikola, muganda wo gw'obeera olumya. Bwe kiri.

202 Kale, bwe wabaawo ekisobye wakati wange ne Leo; tugende tukigonjoole. Naawe bw'olaba nga waliwo ensonga yonna, buvunaanyizibwa bwo okujja gye tuli, n'ogamba nti, "Bavubuka mmwe mwembi mujje wano mutabagane. Ensonga eno tugenda kugigonjoola." Kati, awo, bw'ajja, ne kizuulwa, kati awo, tuutuno. Ne ŋŋamba nti, "Naye, olaba, bwe—bwe

tuba tetusobola kukkiriziganya, kati awo mala gajja mu kkanisa bw'otyo."

203 Naye kati kasita—kasita mutakigonjoola, weewaawo, Omusaayi gwa Yesu Kristo gutukuuma ffembi. Okiraba? Naye kati ko—kookolo oyo abeera ajja kuzaala kookolo omulala, ne kookolo oyo azaale kookolo omulala, oluvannyuma ekintu kyonna kirwale, kibune wonna, mu kkanisa yonna. Mutuuke mu mbeera we mujjira mu kkanisa, nga mwenna munnyogoga nga bbalaafu, nga kyetaagisa alongoosa ekizimbe okusooka okujja n'asaanuusa bbalaafu oyo, nga ekibiina tekinnayingira. Kati, ekyo mukimanyi nti ddala bwe kiri. Nga muli bannyogovu! Okutuusa omuntu lw'akuliraana, omanyi, naye n'atakunyega. "Naye, twali ba mwoyo nnyo." Naye, kiki ekyabaawo? Mwatandika bulungi, mutawaana ki ogwabaawo? Mulaba, ekibi kyammwe kye kyabawula. Ate Katonda ajja kukibavunaana, ab'oluganda. Kati ensonga eno ŋŋenda kugigonjoola.

204 Obuzibu tebuli ku nze, obuzibu tebuli ku Leo; wabula ssetaani y'atwawukanya. Bwe kiri. Ensonga gigonjoole. Genda gy'ali. Bw'agaana okukuwuliriza, oba bwe ŋŋaana okukuwuliriza, oba ani ku ffembi, awo kibuulire ekkanisa. Bw'atajja kutabagana na kkanisa eyo mu nnaku asatu, awo abeera bweru wa bukuumi bwa Yesu. Nga tumwekutulako. Bwe kityo bwe kiri. Kati awo mwetegereze ebiddirira. Awo muleke Katonda y'aba akola ogw'okukangavvula. Mmwe muba mukiggyeeko engalo. Mukoze kyonna kye musobola. Kati muleke Katonda amukwatemukko; Ajja kumukasukira ssetaani. Oluvannyuma ajja kujja. Bw'atajja, obulamu bwe buba busigazza akaseera katono ddala.

205 Mujjukira mu Bayibuli, ow'oluganda eyagaana okutabagana ne Katonda? Bameka abajjukira ensonga eyo? Yeebaka ne muka kitaawe, ne balemwa okumugolola. Pawulo n'agamba nti, "Mumuweeyo eri ssetaani, olw'okuzikirizibwa." Naye osanga, mu Bakkolinso Eky'okubiri, nga yamala n'atereezebwa.

206 Nnina ow'oluganda, mukwano gwange omulungi, erinnya lye nnandyagadde ndyogere wano, waaluganda mubuulizi wa njiri. Era ow'oluganda ono omubuulizi w'enjiri, erinnya lye ye Ow'oluganda Rasmussen. Bangi ku mmwe abaweereza abatudde wano, akawungeezi kano, erinnya lye liri ku mpapula zammwe. Wa kibiina ekyo ekigatta amadiini gonna eky'omu Chicago. Kati mulabeeyo. Yalina mutabani we, nga muweereza, n'agenda n'awasa omuwala Omukatuliki, n'atandika okuwaba bw'atyo. Ne bagenda ne bakola *bino, biri, n'ebirala*, na—na buli kimu kyonna; n'agwa mu mitawaana. Kati kitaawe n'agenda gy'ali, n'amugamba nti, "Kati labayo, mutabani, oneenenya?"

N'agamba nti, "Taata . . . "

Ekkanisa yaabwe yagiyita kibinja ky'abatukuvu abeevulungula, ne kitaawe. Kitaawe n'amubuuza nti, "Kati,

labayo, ekkanisa eno onaagyenenyeza ensonga eyo?”

207 N’agamba nti, “Kaakati, taata, oli kitange, era ssandyagadde kufuna butategeereagana bwonna naawe.” Kale.

208 Kitaawe n’agenda n’afunayo omu ku badiikoni ne bagenda ew’omulenzi. N’agamba—n’agamba nti, “Wesley, njagala kwogera naawe.” N’agamba nti, “Ekkanisa onaagyenenyeza ensonga eno?” N’amuddamu n’okwanukula kwa bigambo nga bibiri bw’atyo. N’amugamba nti, “Wesley, jjukira, nze musumba w’ekkanisa eno. Ndi kitaawo, naye ŋŋenda kukola ekyo Katonda ky’aŋŋamba okukola. Nkuwadde ennaku asatu okutereeza ensonga eyo n’ekkanisa eyo, oba si ekyo tujja kukugoba okuva mu Kubeerawo kwa Katonda. Oli mutabani wange; naye ate oli ye Mulokozi wange.” N’agamba nti, “Nkwagala. Era okimanyi nti nkwagala, Wesley. Nsobola n’okukufiirira essaawa eno. Naye oteekwa okutereera n’Ekigambo kya Katonda. Okiraba?” N’agamba nti, “Nze musumba. Nze muliisa w’ekisibo ekyo. Si nsonga oba oli mwana wange, oba oli ani, oteekwa okutereera n’Ekigambo kya Katonda. Bw’otokikola, mbeera ssisaanidde kubeera musumba We.”

209 Mbakakasa, oyo musumba. Oyo musajja ddala. Mmwe mulowooza mutya? Oyo musajja ddala. Ekyo yakigamba mutabani we. “Ne mmulumya,” bw’atyo bwe yayogera. Naye n’agamba nti, “Kiki? Ogenda kulumya ani, muntu, oba kulumya Mulokozi wo? Kale nno,” agamba nti, “n’agenda mu maaso nakyo.” Era agamba nti, “Omulenzi yagaana okukikola. Ne tu . . . ne ŋŋamba ekkanisa.”

210 Yagamba nti, “Mutabani wange, Wesley, agaanye okumpuliriza, mu nsonga eno. Era agaanye n’okuwuliriza omudiikoni. Era kino oli mujulirwa waakyo, Ow’oluganda *Gundi*?”

“Weewaawo, ndi mujulirwa.”

“Kale. Ku ssaawa bbiri, Ssande ejja, wiiki nnya okuva kati, ensonga eyo bw’aliba tannagitereeza na kkanisa eno, tujja kuwaayo Wesley, mutabani wange, eri ssetaani, olw’okuzikirizibwa kw’omubiri. Omusaayi Gwe, Omusaayi gwa . . . gwa Yesu Kristo, n’ekkanisa eno, binaaba tebikyamukuuma.”

211 Ekiro ekyo ne kituuka. N’ayimirira ku kituuti, n’agamba nti, “Asigazzaayo eddakiika endala bbiri.” Akaseera ne katuuka. N’agamba nti, “Kaakano, okusinziira ku mutabani wange, Wesley Rasmussen . . . bye yayogera eri ekibiina kino, ne eri Ggwe, Katonda Ayinza byonna: Tukoze buli kye tusobola, okusinziira ku Bigambo Byo n’ebiragiro by’Omwana— by’Omwana Wo, Omulokozi waffe, bye yatulekera. Kaakano, mpaayo mutabani wange, nga ndi wamu n’ekkanisa eno, eri okuzi- . . . eri ssetaani, olw’okuzikirizibwa kw’omubiri

gwe, emmeeme ye esobole okulokolebwa.” Ebyo bye byokka ebyayogerwa. Tewali kyabaawo, okumala wiiki emu oba bbiri, oba oli awo omwezi ne guyitawo oba ebiri.

212 Lumu ekiro, Wesley musajja wattu n’alwaala. Bwe yalwaala, ne yeeyongera n’aba bubi nnyo ddala. N’atumya omusawo. Omusawo n’ajja n’amukebera. Nga alina omusujja nga ebbugumu ly’omubiri liri kikumi mu ttaano. Naye nga talaba kwe guva. Ne yeeyongera okuba obubi. Omusawo n’agamba nti, “Muvubuka, ssimanyi kyakutuseeko.” Nga tamanyi kya kukola. N’agamba nti, “Tugenda kutumya omukugu.” Ne batumya omukugu, omukugu n’ajja. Ne bamuddusa mu ddwaliro, n’amwekebejja, buli kimu kyonna. N’agamba nti, “Ssiyinza kukibagamba. Omuvubuka alabika—alabika nga agenda okufa.” Nga mukyala we ayimiridde awo, akaaba, nga buli kimu kiri kityo. Nga n’abaana bayimiridde okwetooloola ekitanda awo wonna. N’agamba nti, “Agenda. Tewali kirala.” N’agamba nti, “Entunnunsi ze n’okussa byeyongera kukka buli ddakiika.”

213 Omuvubuka n’agamba nti, “Muyite taata.” O, weewaawo. Bwe kityo bwe kirina okuba. Ky’ekyo. “Muyite taata.” Kitaawe n’adduka n’agenda mu ddwaliro, mangu ddala, okumulaba. Omuvubuka n’agamba nti, “Taata, mu kaseera kano ssisobola, naye Katonda awulira ebigambo byange. Buli kimu nja kukitereeza. Nja kubitereeza. Weewaawo, nja kukikola.” Yee, ssebo, ow’oluganda. Mu kaseera ako kennyini okussa kwe okw’omukka ne kutandika okudda mu nteeko.

214 Ssande eyaddako, yali mu maaso ga kkanisa. N’agamba nti, “Nnayonoona eri Katonda, mu maaso g’ekkanisa eno. Nnagaana okuwuliriza ebigambo by’omusumba. Nna—nnagaana okuwuliriza omudiikoni ono wano.” N’agamba nti, “Nsaba ekkanisa eno ensonyiwe olw’obubi obwenkanidde awo bwe nnakola.” N’agamba nti, “Katonda awonyezza obulamu bwange.” Mbakakasa, yeenenya. Weewaawo. Ekyo kye mulina okukola, mukiraba. Mukiraba? Mmwe, kasita mukikola mu ngeri ya Katonda! Okiraba?

215 Kati, mulabeeyo, engeri gye tukikolamu, tutuuza olukiiko lw’abakulembeze ne tugamba nti, “Kale, kaakati, tusigaze . . . ” Ssigamba kkuŋŋaaniro lino, wabula ntegeeza ffe ab’Enzikiriza eziwakanya Obukatuliki. Tutuuza olukiiko lw’abakulembeze, ne tubuuza nti, “Ggwe Jones omulaba otya? Olowooza tusaanye kumukolera ki? Nze ndowooza Abamesodisiti yandibabeerera mmemba omulungi okusinga ffe.” Kiikyo. Ekyo, ekyo kikyamu. Eyo ye nsonga lwaki tetwetaaga kugoberera bulombolombo bwabwe. N’omulabirizi, gwe tuba tulina okuyita ajje (yenna-gwe . . . mumuyita, mutya? omusajja atwala ekkanisa y’Abapentekoote ku mutendera gwa ddisitulikiti? “omulabirizi atwala ddisitulikiti”)—mbu ne tumuyita ajje yeekenneenye enneeyisa y’omusajja ono.

216 Bayibuli etugamba eky'okukola. Eyo ye nsonga lwaki tetwesembereza madiini gaabwe. Ekintu ekyo tukyewalira ddala. Amiina. Ka nsuubire nti temunnyiigidde, munnyiigidde? Temukikola. Kale. Oba oli awo nja kufunayo ebibuuzo ebikakali ddala enkya akawungeezi. Naye, kale, ekyo kirungi. Mukiraba? Mujjukire. Mutegeere . . .

217 Leka njogere kino kaakati. Mmwe abantu abali wano nga muva mu makanisa ag'ebibiina by'eddiini agatali gamu, amadiini gammwe, kati, ow'oluganda, ssigamba nti toli Mukristaayo. Ssigamba nti mu kibiina ky'eddiini yammwe temuliimu nkumi na nkumi za Bakristaayo abalungi. Wabula ngezaako kuwa nsonga lwaki tetuli kibiina kya ddiini. Kubanga, ebyo nnali ssisobola kubiwagira. Nedda, ssebo. Nnali ssiyinza n'akatono. Gye bagezaako okukugamba kiki eky'okukola. Katonda bw'aba yampita okubuulira Enjiri, nja kugibuulira nga Katonda bw'aŋŋamba okukikola. Ekyo bwe kityo ddala bwe kiri, mu ngeri yennyini gye kyawandiikibwa mu Bayibuli eno. Bwe njawukana na Kino, kati awo guba . . . Katonda alinsalira omusango olw'ekyo. Naye bwe—bwe—bwe ndaba omusege nga gujja, oba omulabe nga ajja, ne ssibalabula, ekyo Katonda aba ajja kukinvunaana. Naye bwe mbalabula, kati awo kiba kiri gye muli. Mukiraba?

218 Mujjukire nti, "Awo mu nnaku ez'oluvannyuma ebiro eby'okulaba ennaku birijja, abantu baliba beeyagala bokka, abeegulumiza, ab'amalala, abavvoozi." Okiraba, abavvoozi mbu, "Ha, ekibinja ky'abasirusiru abo. Ennaku z'ebyamagero zaayita. Teri bintu bya ngeri eyo." Oyo nnabbi wa bulimba. "Kati, ffe tukimanyi nti abakazi baffe nabo balina amagezi agenkana n'ag'abasajja baffe." Ekyo ssikiwakanya yadde, naye Bayibuli ya Katonda egambye talinnya ku kituuti. Nze ekyo—ekyo kimmala, olaba. Bwe kiri. Kale. Mukiraba?

Ne bagamba mbu, "Naye kati, ndaba, mu madiini gaffe, tulina abantu abalungi nga be mulina eyo mu kkuŋŋaaniro lyammwe." Ekyo ssikyogera n'akatono, naye Bayibuli evumirira ebibiina by'amadiini. Ekyo bwe kiri. Kale, n'olw'ekyo, ssigamba nti mu kkanisa yammwe temulina bammemba balungi. Ekyo kirungi. Bantu balungi. Abamu ku bantu abasingayo obulungi, mbasisinkana mu zonna, mu Bakatuliki ne mu ndala zonna. Mu zonna, nsangayo bammemba abalungi.

219 Kaakati, kino engeri gye tugenda okukikwatako, ab'emikwano, Mukama bw'anaaba ayagadde, mu by'okuyigako bino ebiddako, oba oli awo . . . nja kubategeeza enkya ku makya oba tuneetaaga okubaawo enkya akawungeezi oba nedda, mulaba, okusobola okukikwatako. Ensonga lwaki tugezaako okukikola, nnina we njagala okukiggusiza. Kati, bw'oba oyagala okubaako gw'ojja naye, oyanirizibwa ddala okukikola. Naye jjukira kati, to—tovaawo ate n'ogezaako okwagala okunoonya

ensobi. Bw'ojja wano...Nze njogera eri kibiina kya—kyange, olaba. Bino ssibiyigiriza bweru wa kibiina kyange, kubanga obwo buvunaanyizibwa bwa muntu mulala. Oyo, nga ye musumba w'ekisibo ekyo. Nange—nange ndi...[Ebbanga ku lutambi—Omuk.]

220 Tuddireyo ddala mu Lubereberye, mujja kukirondoola, mulabe we kiri. Kaakati tugenda kuddayo mu Lubereberye, okuzuula lwaki omwana oyo omweboolereze teyayingiranga mu kkuŋŋaaniro lya Mukama okumala emirembe kkumi n'ena. Nga bwe kyatwalanga...Egyo gyabanga emyaka ebikumi bina ekibi ekyo okuggwaawo. Tugenda kuzuula n'engeri o—obutali butuukirivu bw'abazadde gye bw'alondoolangamu abaana n'abaana baabwe, n'engeri ekyo gye kyatandikamu mu Lubereberye, n'ebirala.

221 Olwo mmwe...awo mujja kukiraba nti ekyo, okuviira ddala emabega eri, nti Katonda, nga n'ensi tennatondebwa, nga n'akaweke akasirikitu tekannayabika, emabega eri nga tewannabaawo yadde akamyanso k'ekitangaala akaali kabaddewo, nti Katonda yamanya buli kitonde kyonna na buli kimu kyonna ekyali eky'okuba ku nsi. Wano waliwo omuntu yenna...Tosobola kunnyonnyola, na kumenyaamenya mu bujjuvu, kigambo "obutabaako kkomo" kye kitegeeza. Kiringa bw'onyoola kamera yo n'eba—n'eba nga erengera mu butakoma. Nga, okuva awo okweyongerayo, kyokka. Okiraba? Obutabaako kkomo! Bwekityo naffe, mu ndowooza eriko ekkommo, tetuliyinza kutegeera ebyo Endowooza etaliiko kkomo by'eyinza kutegeera. Okiraba, ekyo tetusobola kukikola. Ggwe, nga ggwe tosobola kukikola. Okiraba? Naye ssinga weekaliriza, n'ofumiitiriza mu Mwoyo, osobola okukiwulira nga kyesudde ebbanga lya wala. Era—era bw'okomawo wano mu Byawandiikibwa kati obeera ojja kulaba, olabe, emabega ddala eri nga n'emisingi gy'ensi teginnasimbwa.

222 Kati, Bayibuli egamba nti Yesu Kristo ye yali Omwana gw'endiga gwa Katonda. Kaakati muwulirize n'obwegendereza, ssinga, wabaawo, abamu ku mmwe abataabeerewo enkya, okuwulira gye kiggweera. Bayibuli egamba nti Yesu Kristo ye yali Omwana gw'endiga gwa Katonda, ogwattibwa okuva ku kutondebwa kw'ensi. Si bwe kiri? Yattibwa ddi? Okuva ku kutondebwa kw'ensi. Eyo ye nsi, bwe kiba nti yakolebwa okuva mu nnamungi w'obutundutundu bw'obuweke obusirikitu, obwakunkumuka okuva ku njuba eri, kati nga ekyo tennakiba. Kati, nga tewannabaawo yadde akasirikitu k'akaweke n'akamu akakunkumuka okuva ku njuba, bwe kiba nti ensi eno kaali kakibonoomu akaava ku njuba, nga egyo gyandibadde ebikumi n'ebikumi by'obuwumbi bw'obwesedde n'obwesedde bw'obwesedde bw'emyaka nga tewannabaawo kakibonoomu ka kitangaala konna, Kristo yattibwa. Endowooza ya Katonda ey'ekitalo bw'ebaako ekintu ky'ekkaanyaako, kiba

mulimu oguwedde okukola. Katonda bwe yagamba nti, "Leka wabeewo," kiba kyaggwa dda. Ne bwe wayitawo ebikumi n'ebikumi by'obuwumbi bw'emyaka, kiba kyaggwa dda Ye we yakyogerera. "Bwekityo n'Omwana gw'endiga bwe gwattibwa okuva ku misingi gy'ensi," Bayibuli y'emu, Omwoyo y'omu yawandiika n'agamba nti, "Amannya gaffe gaateekebwa mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga nga n'ensi tennatondebwa."

223 N'olw'ekyo omusajja eyawandiika oluyimba olugamba nti, "Waliwo Erinnya Eppya Eriwandiikiddwa mu Kitiibwa," yadde nga mu lwo mwalimu amakulu amalungi, wabula yali akontana n'ebyawandiikibwa. Mukiraba? Erinnya eryo lyawandiikibwa mu Kitiibwa nga ensi. . .nga n'ensi tennatandika. Omwana gw'endiga bwe gwattibwa, amannya gaffe gaateekebwa ku Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga.

224 Mu—muleke mbafunireyo Ekyawandiikibwa kimu ekitonotono. Musobola okuŋŋumiikirizaamu? Kyakajja mu birowoozo byange kati. Nsuubira nsobola okukifuna we kiri. Ssikakasa. Naye munsonyiwe okubalwisaawo ennyo bwe nti, naye nnabagambye nti tujja kumaliriza mu ttumbi; kale tebunnayita nnyo. Naye nja—njagala ku—kufuna bufunyi, Kyawandiikibwa kino kimu ekikwata ku ekyo.

Mubikkule nange kaakano mu Kitabo ky'Abaruumi, era njagala kino mukisomere wamu nange. Kati, leka tulabe, Abaruumi, ssinga nkifuna, kiri ludda wano bwe wati. Kati leka tugende mu Baruumi 8, era—era leka tutandikire ku lunyiriri olw'a 28 olw'essuula ey'o 8 eya Abaruumi. Era njagala mukisome wamu nange mu mbeera ey'okusaba. Muwulirize wano Katonda kye yagamba kati.

> *Era tumanyi nti ebintu byonna bikolera wamu ku lw'obulungi eri abo abaagala Katonda, eri abo. . . abaayitibwa nga okuteesa kwe bwe kuli.*
>
> *Kubanga abo be yamanya edda, . . .*

225 Ekyo kikuwa. . .Musobola okusomera awamu nange? "Kubanga ya. . ."

> *Kubanga abo be yamanya edda, era yabaawula dda* (kale) *okufaananyizibwa n'engeri y'Omwana we, alyoke abeerenga omubereberye mu b'oluganda abangi.*
>
> *Era be yayawula edda, abo era yabayita: era be yayita, yabawa abo era obutuukirivu: era be yawa obutuukirivu, yabawa abo era ekitiibwa.*

226 Okuva ku kutondebwa kw'ensi! Katonda bwe yatunula wansi. . .Kati, Katonda wofiisi Ye tamala gagiddukanya, nga bwe tuyinza okugamba nti, "Kale, kati, ŋŋenda ku. . .Ha, kati tugenda kukola ki?" Mukiraba? Tewali kintu kyonna. . .

227 Mujjukire nti, obutali butuukirivu, ekibi, bwe butuukirivu nga bukyamiziddwa. Ssetaani tasobola kutonda. Ekyo buli omu, mwenna, mukitegeera? Eyo Njigiriza ya kkanisa eno. Ssetaani tasobola kutonda. Asobola kukyamya bukyamya ekyo Katonda kye yatonda. Kati, okukyamya kye kiki? Wano, mwenna mulabika nga abantu abakulu, abasinga obungi. Muwulirize kino. Tuli bafumbo. Kati mmwe abaami abafumbo nammwe abakyala abafumbo musobola okubeera awamu nga omwami n'omukyala, era abakyala abo basigala bakyali nga abata... Babeera mbeerera, kasita osigala ne balo. Ekyo bwe kiri. Kati, ekyo kikkirizibwa era kiri mu mateeka, tekirina mutawaana. Kyateekebwaawo Katonda okukikola. Naye omukazi omulala asobola okukola ekikolwa kye kimu mukyala wo ky'akola; naye omu ku bo, ggwe obeera mutuukirivu mu maaso ga Katonda; naye ate ekikolwa kye kimu bwe kikolebwa omukazi omulala, avunaanwa omusango mu maaso ga Katonda, ogumusaliza okufa. Kiba kiki? Buba butuukirivu nga bukyamiziddwa, olaba, buba butuukirivu nga bukyamiziddwa. Kati, ssetaani tasobola kutonda, wabula akyamya bukyamya ekyo Katonda kye yamala edda okutonda.

228 Obulimba kye kiki? Ge Mazima nga gakyamiziddwa. Omuntu n'agamba nti, "Ha, labayo, lwali Lwamukaaga ekiro, ku ssaawa ssatu, weewaawo, Bill Branham yali mu Jeffersonville," ekyo kituufu. "Emmanga mu bbaala ya Antz, nga atamidde," obwo bulimba. Kyali kitya? Nnali mu Jeffersonville. Kituufu. Butuukirivu obukyamiziddwa ne bufuuka obulimba. Mulaba kye ntegeeza? Mulaba, obulimba bukyamya ekituufu. Kintu ekyogedde we nnali. Kati, ssinga kigambye nti, "Yali ku kkanisa, nga abuulira," ekyo kituufu. Obwo butuukirivu. Awo abeera ayogedde mazima. "Ku bbaala, nga anywa omwenge," obwo bulimba. Kukyamya; mulaba, mazima nga gakyamiziddwa. Mulaba kye ntegeeza? Obutali butuukirivu bwonna buba butuukirivu obukyamiziddwa.

229 Okufa, kye kiki? Bulamu, nga bukyamiziddwa. Endwadde? Bulamu obulungi, nga bukyamiziddwa. Oteekwa kuba muntu omulamu obulungi, ow'amaanyi. Kale. Kati bw'obeera omulwadde, kiba kiki? Obulamu bwo obulungi buba bukyamiziddwa. Okiraba? Bwe kityo bwe kiri. Kiki? Mwali bakazi bato, abalabika obulungi; n'abasajja ab'amaanyi, abalabika obulungi. Naye kati mugenda mufuna enkanyanya, mukaddiwa. Kiki ekyo? Bulamu, nga bukyamiziddwa, mukiraba, buddirayo ddala nate. Okiraba? Naye bulina okukomawo. Erinnya lya Mukama liweebwe omukisa! Katonda yasuubiza okubukomyawo. Era mu bukakafu bwakyo nga bwe buliwo—nga bwe buliwo (tukimanyi nti weebuli), n'olw'ekyo nga bwe buliwo, Katonda ajja kubukomyawo nate. Yasuubiza era n'alayira nti Alikikola. Ekyo ky'ekikigaba.

230 Kaakati, olwo, tusaanye kuba bantu ba ngeri ki? Kati

mwetegereze ebintu bino engeri gye bibaawo. Kati, abo Ye be yamanya edda, yabayita Ye; abo be yayita Ye, n'Abaggyako omusango. Ddi? Nga emisingi gy'ensi teginnabaawo, ensi bwe yali tennabaawo. Kati, ssinga tubadde tusobola okukwata Ekyawandiikibwa kino ne tukyekeneeenyeza ddala, tuyinza okukimalako essaawa, naye te—tetwandyagadde kukikola. Naye obutali butuukirivu buno bwonna wano, buba butuukirivu obukyamiziddwa okufuuka obutali butuukirivu. Ekyo ssetaani ky'akola.

Kati, bw'otuuka ku myaka egy'okuvunaanyizibwa ku ebyo by'okola, nga oyawula ekikyamu ku kituufu, oteekwa okuva mu nsobi zo. Kubanga, wazaalibwa mu kibi, wakolebwa mu bujeemu, n'ojja mu nsi nga oyogera bulimba. N'olw'ekyo amazima wa—wazaalibwa lwa kwegomba kwa kwegatta, n'olw'ekyo oteekwa okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri, okusobola okufuna Okuzaalibwa obuggya, okuyingira mu Ggulu. Kubanga, okuzaalibwa okw'engeri eno kw'olina wano . . .

231 Mulaba ab'enzikiriza y'Abajulirwa ba Yakuwa we babeerera abakyamu ennyo mu ekyo, okulowooza nti Okuzaalibwa obuggya kwe kuzuukira kw'omubiri? Mukiraba, tekisoboka kuba kyo. Mukiraba? Kirina kuba kintu kirala . . .

232 Ggwe, ggwe oli mu mutendera gwa biseera. Era ekintu kyokka Ekitaggwaawo kye kintu ekitaliiko ntandikwa newankubadde enkomerero. Ekintu kyonna Ekitaggwaawo tekibangako na ntandikwa, era tekiriba na nkomerero. Mukiraba? N'olwekyo bw'obeera ekitundu ku Katonda, Omwoyo ali mu ggwe tabangako na ntandikwa ate era taliba na nkomerero, era Toggwaawo olw'Omwoyo oyo ali mu ggwe. Mukiraba? Nga o—o—okwagala okwo okwa *Agapao*, ne kikka wansi ku kwagala okwa *phileo*, oluvannyuma ne kikka wansi ku kwagala okw'okwegomba. Kigenda kyeyongera okuseebengerera n'okuseebengerera, nga kyeyongera okukyama okutuusa lwe kifuuse ekintabuli ky'obwonoonefu. Kale, engeri yokka, Yesu yakkirira eddaala lye limu eryo, n'akka wansi wano okusobola okutuggyawo atuzzeeyo nate eri ku mutendera ogusembayo okuba ogwa waggulu, okuva ku mutendera ogusembayo okuba ogwa wansi; okuva mu kufa okudda mu Bulamu, okuva mu ndwadde okudda mu bulamu obulungi, okuva mu butali butuukirivu okudda mu butuukirivu. Mukiraba? Yava ku mutendera ogusembayo okuba ogwa waggulu n'ajja ku mutendera ogusembayo okuba ogwa wansi, Asobole okusitula abaali wansi ennyo awasembayo okubatwala Waggulu ewasembayo. Yafuuka nze nsobole, okuyita mu kisa Kye, okufuuka Ye, omusika w'Entebe y'obwakabaka mu Kitiibwa. Mulaba kye ntegeeza? Ebintu ebyo.

Kaakati mulabeeyo. Emabega ddala eri nga ensi eno

tennatandika mu buweke obusirikitu obwo, Katonda bwe yalaba ebyali eby'okubaawo, awo wennyini Yakulaba, Yandaba, Yalaba buli nkukunyi, buli nsowera, buli kikere, buli kawuka. Buli kintu kyonna ekyali eky'okuba ku nsi, Yakiraba mu kiseera ekyo. Ddala, Yabiraba.

233 Kati, teyagambako nti, "Nditumayo Omwana Wange mmuleke afe, oba oli awo walibaawo alimukwatirwa ekisa. Era kiriba kikwasiza ddala ennaku, oba oli awo wayinza okubaawo alokoka."

234 Abo abaali ab'okulokoka yabamanyirawo dda! Yee, ssebo. Yagamba nti, "Esawu mmukyaye, naye Yakobo mmwagadde," nga ku bombi tekuli y'afunye kakisa kulaga kiki ky'ali, kubanga Yali amanyi kye bali. Yakimanya. Amanyi buli kimu. Yamanya ky'olikola, bwe wali tonnazaalibwa, oba nga ensi tennabaawo.

235 Kati mulabeeyo. Nga bwe mumanyi, ndi—ndi—ndi musajja akozesa ennyo emmundu. Nja—njagala nnyo emmundu. Kati waliwo omukazi omu mu Texas, ndowooza yali mu Texas, yandeetera emmundu ekika kya Swifuti, Swifuti bibiri abiri. Nnali nnajaagala dda. Nga njagala kuginoonyerezaako. Ye mmundu esingayo okuba ey'amaanyi mu kulasa mu mmundu entono zonna. Egendamu essasi lya butundu abiri mu bbiri obwa inci, n'obuzito bwa guleyini ana mu munaana. Era essasi eryo osobola okulyeteramu obuganga n'engalo. Naye, ekkolero lyayo ligamba nti, "Ekyo tokikola; kubanga kya bulabe nnyo." Naye nga essasi eryo osobola okulyeteramu obuganga n'engalo ne lidduka ssipiidi ya fuuti enkumi ttaano buli katikitiki, ate ne lisigala nga likyali wamu lyonna. Fuuti enkumi ttaano buli katikitiki, ye mayiro nnamba buli katikitiki. Nga kitegeeza, ssinga wabaawo akakubampanga akatudde waggulu, mu buwanvu bwa yaadi bibiri. Osobola okukuba akakubampanga ako, n'olaba ebyoya byako nga bimansuka mu bbanga nga emmundu tennakusuukunda. Okiraba? Eryo, naye likwate, okozese oludda lw'akati k'amannyo olutali lusongovu, oliteekemu obuganga bwo, oyiwemu obwenkana *awo*, nga butono ddala nga bw'osobola n'okukwatira ku kati akasokoozebwa amannyo; bw'omala okube omusu ogutudde nga ekizimbe kino we kikoma, gujja kusigala nga gwetuulidde gukutunuulire. Buzibu ki? Essasi lyonna lisesebbuka, kuba liba lidduka nnyo, oku-. . . Kati oyinza n'okuteekawo essuuka wakati wa wano ne wali, naye toliraba yadde evvu nga ligwa ku ssuuka eyo. Liddayo buzzi gye lyava; ssi—ssi mu kufuuka vvu, oba olunyata, wabula liddirayo ddala okusukka awo. Liddayo ne lifuuka ebirungo biri ebyasooka mwe lyakolebwa ebikola ekikomo n'erisasi ebiririmu. Biddayo ne bifuuka nga bwe byali emyaka obuwumbi kikumi emabega. Kati, tugeze nnina wano essasi ettonotono, lya buzito bwa guleyini ana mu munaana nga ndikutte mu ngalo, naye mu katikitiki akaddako ne liba nga lizzeeyo ne lifuuka kye lyali emyaka obukadde kikumi emabega.

Era oba oli awo ssinga ensi ewangaala n'emala emyaka emirala obukadde kikumi, liba lijja kuddamu lifuuke essasi nate, liba lisobola okuddamu ne likomezebwawo, kubanga liba lyaddayo ne lifuuka ekirungo ekyo eky'ekikomo.

236 Kati laba Katonda kye yakola, olwo nno ojja kumwagala. Ojja kuddayo eka, ku makya olweewo okuzuukuka. Era—era o—ojja kumwagala nnyo n'okusinga bwe wali omwagadde. Kati, Katonda Kontulakita. Ekyo bameka abakimanyi? Muzimbi. Kale. Muwulirize bulungi. Kati, Katonda edda ennyo eri, manya, bagamba . . . Kati tugenda kukozesa endowooza y'abakugu mu kusengeka ebintu nga bwe bijja bibaawo. Katonda, emyaka obuwumbi kikumi emabega, bwe yali agenda okutonda ensi, kati, Ye yatandika butandisi. Kaakati, yalina . . . Yalina ekirowoozo mu birowoozo Bye.

237 Kati ogenda kugamba nti, "Naye bw'Aba nga ddala mukulu ekyenkanidde awo, Ow'oluganda Branham, yaganya atya ssetaani okwonoona?" Weewaawo, Yakimanya, nga ssetaani tannaba na kutondebwa, nti y'aliba ssetaani. Ekitiibwa! Kati nno mpulira omwoyo. O, bannange! Yakimanya, nga ssetaani tannaba kutondebwa, nti y'aliba ssetaani. Kati oyinza okumbuuza nti, "Ekyo kitegeeza ki?" Oyinza okugamba nti, "Kati lwaki yamuganya okuba ssetaani?" Asobole okukakasibwa nti ye Katonda. Eyo ye nsonga lwaki yakikola. "Kiki ekyavaako obutali butuukirivu? Kiki?"

238 Kiki ekyasookawo, Mulokozi oba mwonoonyi? Kiki ekyasooka? Mulokozi. Kiki ekyasookawo, Muwonya oba mulwadde? Lwaki kyakkirizibwa omwonoonyi okubaawo? Kubanga mu busobozi Bwe obw'ebyo ebyamulimu mwalimu eky'okuba Omulokozi. Bwe watandibaddewo mwonoonyi, Ye teyandirabisiddwa nga Mulokozi. Aleeruuya! Ebintu byonna Asobola okubikola nga byetooloolera ku kitiibwa Kye. "Omubumbi asobola okugamba e . . . manya ensuwa esobola okubuuza omubumbi nti 'Ggwe wankola bw'oti?'" Ani ali ku nnamuziga kwe babumbira? Ani akutte ebbumba? Liri mu ngalo z'ani? Pawulo yagamba nti, "O, musiru ggwe, teyagamba nti olw'ensonga eno kye yava ayimusa Falaawo?" Mazima ddala. Yakimanya. Nga n'ensi tennabaawo, yamanya buli kimu kye kiriba. Era n'Aganya ekibi ne kibaawo, Asobole okubeera Omulokozi. Yaleka endwadde ne zibaawo, Asobole okubeera Omuwonya. Yaleka ne wabaawo obukyayi, Asobole okubeera Okwagala. Mazima ddala, yakikola Ye. Ye Katonda, era ebyo busobozi Bwe obw'ebyo ebyamulimu. Kale yalina okubaako n'ekintu mw'ayoleseza obusobozi Bwe obw'ebyo ebyamulimu.

239 Wanditegedde otya nti waliyo ekiro, wanditegedde otya oba nga waliwo? Ssinga obudde bwonna bwali misana, wandigetegedde otya nti waliyo ekiro? Ekiro weekiri, okusobola

okukakasa nti waliwo obudde obw'emisana. Mazima ddala, weekiri. Amiina. Mulaba kye yakola Ye?

240 Naye bwe Yali akyali emabega ddala eri, nga ensi tennatondebwa, nga tannakwata njuba eno ey'edda na kugyetoolooza mmunyeenye eno ey'edda kwe tuli kaakano, ensi eno, n'Agibumba n'agissa wano nga akozesa enjuba, n'agissaawo okuba nga yeetooloola enjuba. N'agamba, *eno* njuba. Yasooka n'agibumbira ku ludda *luno*, n'agireka n'ebeera awo okumala emyaka obuwumbi kikumi. Yali akola ki? Mikka egy'enjawulo. Yeetooloola n'adda ku ludda *luno*, n'Akolayo ekintu ekirala. Yali akola ki ate eyo? Kirungo ekya potashi. Yeetooloola n'adda ku ludda *luno* olulala, kati ate kiki kye yali akola wano? Yali akola kirungo kya kalisiyamu. Kiki kye yali akola? Yali akola ggwe nange. Kiki kye yali akola? Nga kontulakita yali assaawo bbuliti ze eza bbiri ku nnya n'eza bbiri ku munaana, by'anaaseresa, by'akozesa mu mbiriizi, yamanya bizimbe bimeka bye yali agenda okuzimba. Era twakolebwa okuva mu birungo kkumi na mukaaga eby'omu ttaka, era Yali atukola ffenna, era nga atussaawo nga n'ensi tennaba. Era Ya . . . Kiyinza okuba nga ensi yali nneekulungirivu nga eggi mu kiseera ekyo; ssimanyi bwe yali efaanana. Kiki ekyali kimukozesa zaabu, n'ekikomo, n'ekikomo ekizigule, n'amazzi, n'ebintu ebyo byonna? Ye Kontulakita. Ayinza . . . Ye nga Omuzimbi, yali assaawo buli kimu, buli kimu yakitemaatema n'akiwunda. Byonna bwe yamala okubikola Ye, kwali kuwandula lunyata okunene okw'amaanyi. Ensozi ezo eziwandula omuliro yazireka ne zijjula ebbugumu okumala emyaka obuwumbi kikumi, okusobola okukola ekirungo kya kalisiyamu. Kye kiki ekyo? Kitundu ku ggwe.

241 Kitegeeza nti, bwe waali tewannabaawo yadde akakyu k'obulamu ku nsi eno, emibiri gyaffe gyaaliwo wano. Aleeruuya! Nga tewannabaawo yadde ettondo lya ssuulwe eritonnya ku nsi, twaliwo wano. Adamu we yeetalira nga adda eno n'eri mu lusuku Adeni, nnaliwo wano. Amiina. Yee, ssebo. O, kitiibwa! Bakerubi, emmunyeenye z'oku nkya bwe zaayimbira awamu, abaana ba Katonda ne baleekaana olw'essanyu, nnali wano nga nninda bulinzi mukka gwa bulamu kujja. Nnali wano. Yankolera wano, omubiri gwange gwali wano. Yee, ssebo. Bwe guba tegwaliwo, kati gwava wa? Huh? Gwatuuka gutya wano? Katonda yali yaguteeka dda wano. Katonda yagukola. Twakolebwa mu birungo kkumi na mukaaga: petuloliyamu, potashi, n'ekitangaala ky'ensi, n'ebirala. Olaba, twaliwo wano.

242 Kati kiki ekyabaawo? Katonda yagamba Omwoyo Omutukuvu, tugenda kukikwatako mu ngeri ya bubonero, "Kati Ggwe genda mu maaso, era Ogenda kukola omukwano n'ensi eyo. Kubanga, Nze ndi kwagala, ate nga Ggwe wava mu Nze, n'olw'ekyo Genda okole omukwano n'ensi." Kati awo Omwoyo Omutukuvu oyo omunene, nga bwe tulowooza, n'ajja; kati ekyo tugezaako kulaga kifaananyi. Naye tekyali bwe kityo.

Kuba amazima, Omwoyo Omutukuvu ne Katonda kigendererwa kye kimu ddala, kigendererwa kye kimu ddala, Muntu y'omu. Munsonyiweko. Kale ka tugambe yayanjuluza ebiwawaatiro Bye ku nsi, n'Atandika okugimaamira. Okumaamira okwo kye kiki? Nga enkoko bw'ekola obwana bwayo, bw'ekooka, nga ebulaga omukwano nti, “Kuuku, kuuku, kuuku.” O!

243 “O obulamu, vvaayo!” N'aleekaana. N'atunulatunula awo. “Njagala obulungi ku nsi eno. Kitangaala, vvaayo!” Nga Omwoyo Omutukuvu atambula. Kale bwe yatambulatambula, ndaba; nga wavaayo, nga waliwo okukulukuta erudda eri ekyemmanga w'olusozi, erudda eri n'evaayo ekirungo ekyo ekya kalisiyamu nga kiyiika wansi, kitabuddwaamu n'ekirungo kya potashi. Bikomekkereza bivuddemu ki? “Obulamu, vvaayo!” Akamuli ka Paasika ne kakukunulayo omutwe gwako okuva wansi w'olwazi. “Jangu, Kitange, weetegereze ekyo.”

244 “Ekyo kirabika bulungi. Genda mu maaso nga omaamira.” N'amaamira ne wavaayo ebimuli. N'ameza ebimera byonna. N'aggyayo obulamu bw'ensolo bwonna. Ebinyonyi ne bibuuka okuva mu ttaka. Oluvannyuma lw'akaseera, ne wavaayo omusajja n'omukazi; wavaayo omusajja, nga omusajja ali byombi nga musajja ate era nga mukazi. Kati, si nnakinsungwa. Wabula, mu ye, mwalimu omwoyo gw'ekikazi.

245 Bw'osanga omusajja eyeeyisa mu ngeri ey'ekikazi, ayinza obutaba na buzibu, nga n'enkula ye yonna terina buzibu, naye wabaawo ekitali kituufu. Ate bw'osanga omukazi, ayagala okusalako enviiri ze n'ayambala woovulo, n'afuluma n'atambula, nga bw'agamba nti, “Katonda aweebwe ekitiibwa, ka mbabuulire!” Wabaawo ekitali kituufu. Omukazi alina mwoyo gwa kikazi, ate omusajja alina gwa kisajja. Ekyo tukimanyi. Nammwe mukimanyi. Ddala omukazi alabika bulungi, bw'agezaako, okweyisa nga omusajja?

246 Kati, lumu, bwe nnali nkyali mukuumi w'ekkuumiro ly'ebisolo wano, nnagenda ne nninnya bbaasi ne nnyambuka engulu eri ne ŋŋenda nga bwe nkoonakoona ku mukazi ono ku kugulu, n'omukono gwange, nga bwe njogera naye, nga ssimanyi na kumanya nti mukazi. Yali ayambadde ebikoofiira bino eby'abookya ebyuma, ne bigaalubindi ebinene *bw'atyo,* nnali ntudde mabega eri, nga aliko ky'anyumya ekikwata ku kintu ekyali kibaddewo. N'agamba nti, “Omanyi,” n'agamba nti, “kati nno ate eggulo ekiro,” nga yenna olaba atunuza bukalukalu, nga bw'anywa ssigala. N'agamba nti, “Ekiro kya jjo, nkubuulira, omusajja oyo yaseeredde, ku kintu ekyo. N'aleekaana nti, ‘Bannange!’ N'ajja nga bw'ayiringita okuyita awo wonna.” Omukazi n'agamba nti, “Ssisekangako bwentyo mu bulamu bwange.”

247 Nga bwe nfa enseko, nga bwe mumanyi, *bwentyo*. Ne ŋŋamba nti, “Baaba, ekyo kyali kigwo, si bwe kiri?” Nga ntudde awo

bwentyo njogera. Era ssinga teyaggyako kikoofiira ekyo na kunyeenya mutwe gwe, ate yalina n'ebiviiri ku mutwe gwe, nga mukazi. Mu bulamu bwange ssiwulirangako nga nswadde okwenkana awo. Ne—ne ŋŋamba nti, "Oli mukazi?"

N'agamba nti, "Ddala, lwaki!"

248 Ne ŋŋamba nti, "Nsonyiwa." Ekyo nnali ssikirabangako. Kati, ekyo, ago mazima.

249 Luli nnalaba ekipande, ekyabula okunkyamula. Kyali kiwandiikidwaako ebigambo ebinene, nga bigamba nti, "Abakazi beetegefu okwambala engoye." Ne ndowooza muli nti, "Katonda atenderezebwe olw'ekyo." Mukiraba? Naye, ŋŋenda okukizuula, nga ngoye bugoye ezaali zaatungibwa edda, omanyi. Nna—nnalowooza nti ddala bagenda kwambala ngoye. Ddala bwentyo bwe nnalowooza. Kyali kigamba nti, "Abakazi beetegefu okwambala engoye." Ne ŋŋamba nti, "Katonda atenderezebwe ku lwabwe. Ekyo kirungi. Ekyo, ddala nkyebaliza Mukama." Naye, olaba, zaali ngoye ezifulumizibwa nga ziri mu misono mwe zaatungirwa, bwe zityo. Kiteekwa okuba kyali kintu ekisesa, si bwe kiri, mu ggwanga nga lino? Kale.

250 Kati Adamu bwe yavaayo. Adamu n'alabika nga ali mu kiwuubaalo, bw'atyo n'Amuggyamu olubiriizi n'akola Kaawa, ekintu ekikoleddwa ku lulwe okuva mu ye omusajja. Yakola . . . Yaggyamu omwoyo gw'ekikazi mu Adamu, n'aguteeka mu mukazi, omwoyo ogw'okwagala, ogw'ekikazi, ogw'ekisa, omuteefu. Ate omwoyo ogw'ekisajja n'Aguleka mu Adamu. Kaakati, bwe wabaawo ekintu kyonna ekyawukana ku ekyo, waba waliwo okukyamizibwa awantu awamu. Kati, naye ababiri abo baali omu.

251 Kati leka tubeeko akazannyo akatonotono ke tulaba nga tetunnamaliriza. Wajja . . . Wano, tulaba Adamu nga akwata Kaawa ku mukono ne batambula. Emboozi eno njaagala nnyo. Ne batambulatambula, nga bwe mumanyi. Kaawa n'agamba nti, "O, mukwano, ky'ogamba ggwe wakituuma erinnya?"

"Weewaawo, ekyo nze nnakituuma erinnya."

"Naye kati ekyo wakiwa linnya ki?"

"Eyo eyitibwa mbalaasi. Uh-huh."

"Ekyo kiki?"

"Eyo nte. Uh-huh."

"Ggwe wagiwa eryo erinnya?"

"Weewaawo. Uh-huh."

252 "Buli wabuwa linnya ki, obwo obutudde awamu obukoonaganyizza emitwe?"

"Obwo bunyonyi obwagalana."

253 "O, nkitegedde. Nkitegedde." Ne bagenda mu maaso bwe batyo. "Ate kino ekiri wano kiki?"

"Ekyo nkiyita, *bwenti*, na kino wano."

254 Era, "O, nkitegedde. Uh-huh. Ekyo kirungi." Empologoma n'ewuluguma. "Ate ekyo okiyita otya?"

"Eyo y'empologoma."

"*Kino* kiki?"

"Eyo ngo."

255 Era, o, nga . . . "O, ntegedde." Efaanana nga bukkapa obuto, omanyi, egenda ekaaba nga bukkapa.

256 Kati, nga wayiseewo akaseera, omukazi n'atambuza amaaso. N'agamba nti, "Mukwano, laba wali eri, enjuba egwa. Kiseera kya kugenda ku kkanisa."

Omanyi, waliwo ekintu eky'enjawulo mu kaseera awo nga enjuba egwa, obeera oyagala kusinza. Bw'oba togenze ku kkanisa akawungeezi ako, owulira nga oyagala obeeko mu kasenge w'ogenda, osome Bayibuli. Ekyo bameka abanyumirwa okukikola, ne weeyawula n'obeera wekka? Mukiraba? Ekyo kiri mu butonde bwa muntu okukola atyo. Osaanye okukikola.

"Kiseera kya kugenda ku kkanisa."

257 Kati, tebaagambako mbu, "Kati, sooka olindeko, kaakati, Jones wa mu ba Assemblies, ate ffe tuli ba . . ." Nedda, ebyo tebyaliwo mu kiseera ekyo, kale baagenda bugenzi. Tebaalina kkanisa, yadde entebe ennungi kwe bayinza okutuula. Baagendanga bugenzi wansi wa lutikko ennene ey'emiti, ne bafukamira wansi.

258 N'enkulungo y'Ekitangaala eyo yabeeranga erengejjera erudda mu miti. Mukiraba? Mpulira Eddoboozi nga likka ne ligamba nti, "Baana bange, olwa leero munyumiddwa ensi, Mukama Katonda wammwe gye yabawa?"

259 "Weewaawo, Mukama, tunyumiddwa nnyo olwa leero." "Si bwe kiri, mukwano?"

260 "Weewaawo. Weewaawo, mukwano, tunyumiddwa." "Mukama, ddala tukwebaza. Kaakano ka ngalamire nneebake." Mulaba? Omusajja n'agolola omukono gwe, omukazi n'agalamira wansi, ku mukono gw'omusajja, n'engo n'empologoma nazo omusajja n'azigalamiza wansi okwebaka, buli kimu ne kyebaka; mu mirembe emiyitirivu.

261 Awo Katonda n'akka wansi n'Ajja wamu, o, n'ekibinja kya Bamalayika, Gabulyeri, n'ebitonde Bye eby'omu Ggulu. Ne bakka nga basooba mpola nnyo ddala okuyingira mu kisenge ekisulwamu, olaba, ne beetoolooza amaaso. Gabulyeri n'agamba nti, "Jangu wano, Taata. Jangu wano. Labayo wano. Wuuno wano. Wano eno, abaana Bo baabano bagalamidde wano."

262 Bameka wano abaali bagenzeeko emabbali g'ekitanda, abamu ku mmwe bamaama, nammwe bataata ne mugenda mwembi, ne mutunuulira katabani kammwe, oba kawala kammwe, buli omu n'ajjukiza munne nti, "Olowooza ta—tafanaana ggwe, mu *kino* na *kiri*?" Ekyo mwali mukikozeeko? Nze nno, emirundi mingi ŋŋenda ne twogera ne Meda, ku Joseph. Ayinza okuŋŋamba nti, "Bill, alina ekyenyi ekiwanvu nga ggwe."

263 "Weewaawo. Naye, Meda, era alina amaaso amanene nga ggwe." Lwaki? Kubanga kitundu ekyava mu-. . . Yava mu—mu bumu bwaffe.

264 Kati, Kitaffe n'agamba nti, kino ayinza kukyogerako bw'ati. N'agamba nti, "Mumanyi. . ." Gabulyeri n'agamba nti, "Okimanyi nti, afaananira ddala nga Ggwe." Bw'atyo Katonda bw'afaanana; ggwe weetunuulire. Bw'atyo Katonda bw'afaanana. Afaanana nga ggwe. Wava mu Ye. Ekyo bameka abakimanyi? Mukiraba?

265 Kaakati mwetegereze. Ddaala ki ery'obulamu erisingayo okuba erya wansi lye tulina? Kikere. Ddaala ki ery'obulamu erisingayo okuba erya waggulu? Muntu. Mazima ddala. Ate liri wa erisingayo okuba erya waggulu? Bwagenda buva wansi okuva ku ddaala erisingayo okuba erya wansi, ne bulinnya, okuva ku kikere ne budda mu *kino* ne budda mu *kiri*, ne budda mu kinyonyi, okutuusa, lwe bwatuuka, ku mitendera egy'obulamu egya waggulu, okutuusa lwe bwatuuka ku ddaala erisembayo okuba erya waggulu lye bwali busobola okufuuka, olwo ne bukolebwa mu kifaananyi kya Katonda. Kiikyo. Naye ye omukazi ye teyakolebwa mu kifaananyi kya Katonda, wabula mu kifaananyi kya musajja. Mulaba?

Kati, kati, baabo. Era Katonda n'abatunuulira, n'agamba nti, "Weewaawo, ba—balabika bulungi ddala."

266 Kyali kiki ekyo ow'oluganda? Tebaalina kufa. Ekyo kye kyali ekitole ky'ekirungo kya kalusiyamu ekyasooka, ekya potashi ekyasooka, awo buli kimu ne kitandikawo bwe kityo. Tekirabika bulungi? Naye ekibi kyajja ne kyonoona ekifaananyi kyonna. Kaakati, Katonda mu. . . Katonda yakireka kukola ki? Lwaki yakikkiriza okubaawo nga bwe twakyogeddeko gye buvuddeko katono? Yakikkiriza asobole okukakasa nti Ye ye Mulokozi. Yakikola. Endwadde yazireka zibeewo, Asobole okukakasa nti Ye Muwonya. Okufa yakuleka kubeewo, okusobola okukakasa nti Ye Bulamu. Mukiraba? Ebintu bino byonna ebibi yabireka ne bibaawo, okusobola okukakasa nti Ye mulungi, nti ekyo ky'Ali. Tujja. . .

267 Oyogera ku ky'okuyimba ku bikwata ku bununuzi! Lwaki nedda, ow'oluganda, Yesu bw'alijja, Ekkanisa eno—eno eriyimirira ku nkomerero z'ensi eno era tuliyimba ennyimba ezikwata ku bununuzi, Bamalayika lwe balikoteka emitwe gyabwe, nga tebategeera kye twogerako.

Kubanga, bo tebabulangako. Tebamanyi bye tuyiseemu. Ffe tumanyi kye kitegeeza okubula n'ozaawulwa. O, tusobola okuleekaanira waggulu amatendo Ge! Ye ssi Mulokozi gye bali. Tebeetaagangako kulokolwa. Tabeerangako Mulokozi gye bali. Nedda. Kitiibwa! Ye—Ye si Bulamu gye bali. Mazima ddala tali. Tebafiirangako mu kibi na kwonoona. Ffe twali abafu, ne tulamusibwa. Awo we tuli. Tulyogera tutya, nga tuggyeeko engule zaffe mbu, "O, ggwe Levulandi *Gundi*"? Nedda, nedda, nedda, nedda, nedda. Ekitiibwa kyonna kiridda gy'Ali! Ky'ekyo. Kiikyo. Awo tulyogera ku ngeri gye twawangulamu. Tulyeyongera okubitegeera nga bwe tugenda mu maaso.

268 Kati olwo, olwo mu ekyo, kiki ekyaddirira? Kati olwo Katonda yagamba bugambi nti, "Kale, Ndabika bino ebirungo Byange ebya potashi ne kalusiyamu nnina kubizikiriza. Byonna byonoonese"? Nedda, nedda. Ekyo yakimanya nti kyali kya kubeera bwe kityo.

Kati, kati bwe kiba nti Omwoyo Omutukuvu yankola nga bwe ndi, nga ndya emmere ne nzizaawo omubiri gwange, ne nfuuka kyendi kati. Kati, naye ate, nga nnina ekifaananyi mwe nnakolebwa. Buli kifaananyi kyonna Katonda kye yalaba, nga ensi tennatondebwa, kikula, ne kifuuka ekikwatikako. Mukiraba? Kyava mu mukazi, nga Ye bwe yagamba nti bwe kiriba; ate omulundi oguddako, ne kiva mu Katonda. Ku mulundi guli kyajja, kuyita mu mukazi; naye ku mulundi guno kijja, kuyita mu Musajja. Mukiraba? Ku mulundi guli kyajja, kuyita mu kwegomba kwa kwegatta; naye ku mulundi guno kijja kuyita mu Kigambo kya Katonda Ekyogere. Mukiraba?

269 Kaakati, awo, waliwo ekintu kyonna ekiyinza okunnumya? Nedda, ssebo. Tewali kintu kyonna kiyinza kutulumya. Pawulo yagamba nti, "Ka bibe ebintu bino byennyini ebiriwo, ka bibe ebirijja, ka zibe endwadde, ka kube okufa; tewali kintu kyonna kiyinza kutwawukanya na kwagala kwa Katonda okuli mu Kristo." Tewali kintu kyonna kiyinza kutwawukanya.

270 Nga bwe ntera okubaako emboozi entonotono gye nnyumya. Nsigazza obuviiri nga butaano bwokka, okumerera ddala ekiwalaata. Kati obwo obutono obukyasigaddeko nnali mbusanirira ebbanga eriyise, mukyala wange n'aŋŋamba nti, "Billy, onaatera nno okumera ekiwalaata."

Ne ŋŋamba nti, "Naye tewali n'olumu ku zo lwali lubuze."

N'ambuuza nti, "Ziri ludda wa?"

271 Ne ŋŋamba nti, "Zaali ludda wa nga ssinnazifuna?" Okiraba? "Yonna gye zaali nga ssinazifuna."

Kati, waaliwo ekiseera, emyaka kikumi emabega, enviiri zino we zitaaliwo yadde, wabula zaali wano mu ttaka. Si bwe kiri? Kati ate emyaka nga ataano egiyise, olwo ne zitandika okumera ku mutwe gwange. Zaava wa? Zaava mu ttaka. Ne

kaakati ziddayo gye zaali. Si bwe kiri? Tezaaliwo, bwe zaamala ne zibaawo, naye ate kati teziriiwo. Kiki ekyo? Kiki ekyazifuula kye ziri? Katonda! Wuuyo awo. Yasiiga ekifaananyi, n'agamba nti, "Bwentyo bwe mmwagala afaanane."

272 "O ggwe Kufa, okuluma kwo kuli ludda wa? Magombe, obuwanguzi bwo buli ludda wa?" Muyinza okunziika nga nvudde wano olumu ku nnaku zino. Ssimanyi. Naye, ow'oluganda, ssiriba mufu. Ekyo leka nkibagambe. Nedda, ssebo. O!

Tulizuukira, (Aleeruuya!)
Tulizuukira!
Ku makya ago ag'amazuukira,
Nga emitayimbwa gy'okufa gimenyeddwa,
Tulizuukira, (Aleeruuya!) tulizuukira.

Tewali kisobola kunziyiza kuzuukira. Mu ggeyeena temuli mizimu gimala gisobola kunziyiza kuzuukira. Tewaliiwo kintu kyonna awantu wonna ekisobola okunziyiza okuzuukira. Nnina ekisuubizo kya Katonda. Nnina Omwoyo Omutukuvu. Nnina Zoe, Obulamu bwa Katonda Obutaggwaawo, buli munda wano. Omubiri gwange guno ogufa gwava eyo, era Katonda ye yammaamira okuva mu ttaka. Era bw'Aba yasobola okummaamira ne nva mu ttaka . . .

273 Bwe nnakula, kati, buli lwe nnawuliranga ekide ky'ekkanisa, waabangaawo Ekintu ekyogera nange, okuva nga nkyali kalenzi kato. Malayika yayogerera mu kisaka, n'agamba nti, "Tonywanga mwenge oba ssigala. Waliwo omulimu gw'ogenda okukola. Toyonoonanga omubiri gwo, oba okwejeeguula n'abakazi n'ebirala. Ggwe, waliwo omulimu gwe nnakutegekera okukola nga okuze."

"Ggwe Ani? Ggwe Ani?"

274 "Ebisingako awo ojja kubimanya oluvannyuma." Bwe waayitawo ekiseera, n'Ajja. N'alengejjera waggulu nga mbatiza. Ne yeeyoleka Mwene. Ne yeerangirira Mwene. N'ayanukula. Ne mmulaba nga ayimiridde wali, buli wamu, ku buli ludda.

275 Ggwe ogenda kukikola otya, bw'Aba nga yanfuula ekyo kyendi leero, awatali kwesalirawo yadde . . .? Ssaagendako ne ŋŋamba nti, "Kaakati, Charlie Branham wasa Ella Harvey munzaale ku nsi." Nedda, ssebo. Ekyo ssaakirinaako kusalawo kwonna. Ekyo Katonda ye yakikola.

Kale bw'Aba nga yanfuula ekyo kyendi leero, awatali kusalawo kwange; tekiisingewo, Omwoyo Omutukuvu oyo bw'anaatandika okummaamira, ne ŋŋamba nti, "Weewaawo, Mukama, Ggwe Mutonzi wange. Nkwagala, era nkukkiriza nga Omulokozi wange!" Kati oyinza otya okunziyiza okuva mu ttaka? Tekisoboka, ow'oluganda. Tekisoboka.

276 Katonda talina kitundu kya kalusiyamu ono, oba potashi, oba ekirala kyonna kye yakola, e—ekiryonoonebwa. “Bonna Kitange be yampa, nga ensi tennatondebwa, balijja gye Ndi.” Hwyu! Mpulira njagala kuleekaana; mazima bwentyo bwe mpulira. “Bonna Kitange be yampa balijja gye Ndi, era tewaliba n’omu ku bo alibula, wabula Ndibazuukiza mu kuzuukira.” Nnamuwulira nga ayita, bwe nnajja gy’Ali. Bayinza batya okunziyiza okuva mu nfuufu y’ensi? Mu nsi tewaliiyo baziisi bamala basobola kungiwako ttaka n’ekitiiyo, erisobola okunziyiza okuvaayo mu ttaka ly’ensi. Luliba lumu ne nzuukira ne nnyimirira nga ndi mu ndabika Ye, nga nnaaziddwa n’Omusaayi Gwe, nga nzaaliddwa n’Omwoyo Gwe! Aleeruuya! Ggwe beera n’ebibiina by’amadiini byonna by’oyagala; nze nja kutwala Yesu. Amiina!

277 Omusajja atunda yinsuwalensi yajja gyendi. Wilmer Snyder, mukwano gwange ddala. N’agamba nti, “Billy, njagala kukuguza yinsuwalensi.”

278 Ne ŋŋamba nti, “Nga nnagifuna dda.” (Mukyala wange n’atunula ebbali, nga alinga agamba nti, “Kiki ekikulimbisa, bannange?”)

Omusajja n’agamba nti, “Olina yinsuwalensi?”

Ne ŋŋamba nti, “Yee, ssebo.”

N’agamba nti, “Eri mu kampuni ki? Bagiyita batya?”

279 Ne ŋŋamba nti, “Bukakafu bwa mukisa, okuba nti Yesu wange, o, nga kulegako kulungi okw’Ekitiibwa ekitukuvu! Ndi musika wa bulokozi, eyagulibwa Katonda, nnazaalibwa Omwoyo We, era nnanaazibwa n’Omusaayi Gwe.”

280 N’agamba nti, “Ekyo kirungi, Billy, naye eyo terisobola kukuziika.”

281 Ne ŋŋamba nti, “Naye erinzigyayo.” Aleeruuya! Sseeraliikirira ku kya kugendayo; ekikulu kwe kuvaayo.

282 N’olw’ekyo, nnina yinsuwalensi eŋŋamba nti, “Ndibaggyayo. Abo bonna Kitange be yampa Bange.” Ssifaayo kiki kitange kye yakola, kiki mmange kye yakola, oba ekintu kyonna kye kyali. “Bonna Kitange b’Ampa bajja kujja gyendi, era tewali muntu ayinza kujja okuggyako nga Kitange y’Amuwaludde.” Aleeruuya! Kiki ekyabamuwaluza? “Nnabamanya nga n’ensi tennatondebwa. Bwe nnatta Omwana gw’endiga, nnamutta wamu Naye.” Amiina. “Ekkanisa Nnagiteekerateekera dda.” Kiki ekyateekerateekerwa? Kkanisa. Ekkanisa ogiyingiramu otya? “Ku bw’Omwoyo omu ffenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu.” Yamanya, nga n’ensi tennatondebwa, nti twali ba kubeerawo. “Era abo be yamanya Ye, era yabayita. Abo be yayita, n’abaggyako omusango. Abo be yaggyako omusango, yamala dda okubagulumiza Ye.”

283 Mu Bitabo bya Katonda, yakyogera dda nti Alinsisinkanayo. Emizimu gy'omu ggeyeena gyonna gyandibaziyiza okubeera awalala wonna naye tegiyinza kubaziyiza kugendayo, kubanga Katonda yakyogera dda, era ekyo kimala. Bwe kiba nga emyaka obuwumbi kikumi emabega eri nga ensi tennatondebwa, emmunyeenye z'oku nkya zaayimbira wamu n'abaana ba Katonda ne baleekaana olw'essanyu, nga n'ensi tennabaawo, olaba, nga tewannabaawo musi-. . ., Bamalayika abo na buli kimu kyonna byakisanyukira, ne kibireekaanya, nga n'ensi tennatondebwa, kati ssetaani aliyinza atya okunziyiza okuva mu nfuufu y'ensi? Takisobola. Oli mutuufu.

284 Leka tulabe, kaakati. Obudde mbukute mu ngeri ya bannakibiina kya demokulasiya, wano eno. Ebulayo eddakiika abiri okuwera essaawa ettaano. Ddakiika abiri zokka ze zibulayo okuwera essaawa ennya. Si bwe kiri, Ow'oluganda Wood? Bwe kiri, eddakiika abiri okuwera essaawa ennya. Buli omu musanyufu?

O, mpulira kati nsobola okweyongerayo mu lugendo,
Mpulira kati nsobola okweyongerayo mu lugendo;
Amaka gange ag'omu Ggulu gatangalijja era malungi ddala,
Era mpulira kati nsobola okweyongerayo mu lugendo.

O, mpulira kati nsobola okweyongerayo mu lugendo,
Mpulira kati nsobola okweyongerayo mu lugendo;
Amaka gange ag'omu Ggulu gatangalijja era malungi ddala,
Era mpulira kati nsobola okweyongerayo mu lugendo.

285 Ennyimba ez'edda nga ezo muzinyumirwa? Waliwo oluyimba olumu olw'edda lwe twayimbanga olwali, lugamba nti, "Ekisa n'okusaasira byanzuula. Emmunyeenye ey'Enkya bwe yayaka." Luyimba ki olwo, Mwannyinaffe Gertie? Leka tulabe. Engeri . . . Luyimba ki olwo, Ow'oluganda Neville? Olaba, olulimu ebigambo ebigamba nti, "Ekisa n'okusaasira byanzuula. Awo Emmunyeenye Eyaka ennyo ey'Enkya n'eyoleka E . . .?. . . okunneetooloola." U-huh. Weewaawo. "Mu musaalaba." Tuwe eddoboozi lyalwo, mwannyinaffe, olwo olugamba nti, *Kumpi n'Omusaalaba*. Jangu wano, Ow'oluganda Neville. O, nzaagala nnyo ezo. Bameka abanyumirwa ennyimba ez'edda ezo eziriko amafuta? Musobola okuba ne zino ezammwe ez'okubuukabuuka n'okwesukunda eza bugi-wugi ze mwagala. Naye nze mpa luno

olugamba nti, "Wano ekisa n'okusaasira we byansanga." Bwe kiri. Kale, kaakano mu buseeneekerevu.

Ai Yesu, nkuumira kumpi n'omusaalaba,
Awali ensulo eyo ey'omuwendo,
Omugga oguwonya, ogw'obuwa eri bonna,
We gukulukutira nga guva ku lusozi olw'e Kalivaaliyo.

Mu musaalaba, mu musaalaba,
Leka bulijjo mwe mba nneenyumiririza;
Okutuusa emmeeme yange ejjudde essanyu lw'erifuna
Ekiwummulo emitala w'omugga.

286 [Ow'oluganda Branham atandika okumuumuunya *Kumpi n'Omusaalaba*—Omuk.] O, nga kirungi nnyo! Kirowoozeeko! Watya ssinga tewaaliwo Mulokozi? Watya ssinga tetwalina Kigambo kino? Watya ssinga teyakuyita? Watya ssinga yali teyakumanyirawo edda, nga oli eyo mu bintu by'ensi eno ebirala akawungeezi kano? Mumwagala? O, bannange! Temwerabira enkuŋŋaana z'oku makya, kaakati, ez'oku ssaawa ssatu n'ekitundu.

Mu musaalaba, mu musaalaba,
Leka bulijjo mwe mba nneenyumiririza;
Okutuusa emmeeme yange ejjudde essanyu lw'erifuna
Ekiwummulo emitala . . .

287 Kati tuwe eddoboozi lya *Waliwo Ekifo Ku Nsulo*. Oluyimba luno olulungi olw'edda olugamba nti, "Waliwo ekifo ku Nsulo." Bameka abalumanyi? "Ekifo, ekifo, weewaawo, waliwo ekifo, ekifo ku Nsulo." Nga bw'okikola kaakano, kyuka mpola mpola, eri akuliraanye, okwateko ow'oluganda oyo mu ngalo. Omanyi, waliwo ekifo eri Abamesodisiti bonna. Waliwo ekifo eri Ababaputisiti. Waliwo ekifo eri Abapentekoote. Waliwo ekifo eri ffenna kaakano, awo ku Nsulo. Oluyimba olwo olw'edda bameka abalumanyi? O, ddala mulumanyi. Abamu ku mmwe abakadde ab'edda kaakati, luno luyimba lwa mu Kentucky, olulungi olw'edda.

Ekifo, ekifo . . .

Mukwataganeko mu ngalo.

. . . weewaawo, waliwo ekifo,
Waliwo ekifo kyo ku Nsulo;
Ekifo, ekifo, weewaawo, waliwo ekifo,
Waliwo ekifo kyo ku Nsulo.

O, ekifo, ekifo, waliwo ekifo ekimala,
Waliwo ekifo kyo ku Nsulo;
O, ekifo, ekifo, weewaawo, waliwo ekifo,
Waliwo ekifo kyo ku Nsulo.

288 Kati, nninayo akantu akatonotono ke mubadde temusuubira. Obubaka bwonna obukyasembyeyo okubuulirwa, n'obutabo na buli kimu kyonna, bijja kuba bitundibwa ku ludda lw'ekkanisa luli, wiiki ejja, mu nkuŋŋaana; kaseti z'amaloboozi na buli kimu, n'ebirala byonna, nga bikubiddwa mu bitabo. Wajja kubaawo emmeeza emabega wali, mu kimu ku bisenge. Era ebitabo, n'obubaka obukyasembyeyo okubuulirwa, n'ebimu ku byasooka okufulumizibwa, biribaawo mu bitabo ebipya, ebirongooseddwamu, byonna biribaawo, ne ku—ku nkomerero y'ekizimbe, akawungeezi k'Olw'okusatu luno olujja.

Era tusuubira ekiseera ekirungi mu Mukama waffe. Mujje, mu mbeera ey'okusaba, kati. Kaakati muyite abalwadde bammwe n'abanyigirizibwa, mubawandiikire ebbaluwa. Mubaleete munda wano. Tujja ku . . . Katonda ajja kutambula mu ngeri ey'amaanyi. Era kati tumanyi nga Ajja kukikola.

289 Kale kati nsisinkanye abantu bonna be mbadde mmanyi, ababadde n'okusoowagana. Bwe wabaawo ekintu kyonna ekibadde kitannatereezebwa kaakano, mujjukira, nnali nnabagamba ekiseera kinene emabega, nti twali tugenda kubaako ne bye tugonjoola. Era mmanyi nga mukimanyi nti waliwo omwoyo ogw'enjawulo ku ogwo ogwaliwo. Mukiraba? Mukiraba? Mukiraba? Bwe kiri. Kaakati, temuguganya kuddamu kuvaawo. Mbakuutira mu maaso ga Yesu Kristo, temuguganya kuvaawo. Mubeere wano nagwo, mulaba, mugonjoole buli kimu mweyongereyo mu maaso. Muli baaluganda. Muganda wo oba mwannyoko si y'akola ekibi; guba mwoyo gwa ssetaani nga gwe gumuyingiddemu. Mukiraba, y'abeera amuyingiddemu. N'olw'ekyo ow'oluganda oba mwannyinaffe musaasire, okitegere nti Ssetaani y'abasoowaganya. Bwe mubeeramu n'enneewulira yonna bw'etyo, mugyeggyeemu mu bwangu ddala, mukiraba, kubanga ejja kubalwaza kookolo. Weewaawo, ejja kubalwaza. N'olw'ekyo, mugyewalire ddala. Mujjukire nti.

Waliwo ekifo, ekifo, ekifo ekimala,

Waliwo ekifo eri Abamesodisiti, ekifo eri Ababaputisiti, ekifo eri Abapulesibiteriyani. Waliwo ekifo eri bonna.

Ekifo, ekifo, weewaawo, waliwo ekifo,
Waliwo ekifo kyo ku Nsulo.

290 Bameka abakyajjukira oluyimba lwaffe olw'edda olutusiibula, olwa?

Twalanga Erinnya lya Yesu,
Ggwe Omwana ow'ennaku n'okukaaba;
Linaakuwa essanyu n'eddembe,
Litwale buli gy'odda.

Kale ssinga mubadde musobola okusigala naffe, Ow'oluganda Jeffreys, ggwe ne Mwannyinaffe Jeffreys, n'abalenzi abo, n'abo bonna.

Bwe tulivunnamira Erinnya lya Yesu,
Ne tweyala wansi ku bigere Bye; (O, bannange!)
Tulimutikkira engule nga Kabaka wa bakabaka,
Nga olugendo lwaffe luwedde.

Twalanga Erinnya lya Yesu,
Litwale nga Engabo olwa leero;
O, ebikemo bwe bisembera,
Yatula bwatuzi Erinnya eryo mu kusaba.

O, ekyo nkyagala. Mmwe temukyagala? Erinnya eddungi eryo erya Yesu! Kati, leka tuyimirire kaakano, nga bwe tuyimba kati. Kale.

Twalanga Erinnya lya Yesu,
Ggwe Omwana ow'ennaku n'okubonaabona;
Lijja . . . ( . . . ? . . . )

O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;
Erinnya ery'omuwendo, (O, Erinnya ery'omuwendo) O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

291 Kino kyawukanamukko katono kaakati. Leka tukoteke emitwe gyaffe kaakano, era, mu kasiriikiriro, leka tuyimuse omukono ogumu. Tugambe nti:

Bwe tulivunnamira Erinnya lya Yesu,
Ne tweyala wansi ku bigere Bye,
Tulimutikkira engule nga Kabaka wa bakabaka,
Nga olugendo lwaffe luwedde.

Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;
Weewaawo, Linnya lya muwendo, O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

292 Nga tukyakotese emitwe gyaffe, tugambe nti . . . [Ow'oluganda Branham atandika okumuumuunya *Twalanga Erinnya lya Yesu*—Omuk.]

58-0927 Lwaki Tetuli Kibiina Kya Ddiini?
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2021 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

## Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org